- OLUGENDO -

# OLUGENDO LWOMUKYAALO

Yiga okugabana n'abalala okwagala kwa Yesu n'obubaka bwe

DIGNITY

www.dignityonline.org.uk

**Olugendo**

Omusomo gwa Dignity ogutendeka

## Olugendo Lwomukyaalo

Omusomo guno, gw'addamu okufulumizibwa mu mwaka gwa 2023

Luganda

**Obwa nnannyini ku musomo guno n'amateeka ag'afuga enfulumya yagwo (ey'omulundi ogwokubiri, yaliwo mu December wa 2023)**
Omusomo guno mu bulambalamba bwa gwo guliko obwa nnannyini mu Dignity owa 2023 nga ojjeeko obutundutundu obunnyonnyola mu kiwandiiko kyonna.

Abawaandiisi bakyesigalizza obuyinza bwonna ku bitabo ebyasooka okukubibwa. Omulimu guno gusobola okwokebwamu nate mu bujjuvu bwa gwo ne gusaasaanyizibwa Dignity (Worldwide), ekitongole ekisibibwa etteeka ery'okusasulira obutanwa bwonna obuyinza okutuukawo mu biwandiiko bino. Kyawandiisibwa mu Bungereza ne mu Wales ne kiweebwa e Nnamba 6394480. Era ng'ekitongole ekigaba obuyambi Nnamba 1122656.

Abantu ssekinnoomu bakkirizibwa okwokesaamu akatabo kamu kokka ak'omulimu guno gwonna ngabweguli bwe baba baagala okukeekozeseza bokka. Ekiwandiiko kino kiteekeddwa kwokebwamu mu bulambalamba bwakyo kyonna so si mu butundutundu ate nga tekikyuusibbwamu mu ngeri yonna. Tewali akkirizibwa kwokesaamu butabo obusukka mu kamu.

Bw'oba ggwe oba ekitongole kyo nga kyetaaze okwokesaamu obutabo ebuwerako, osabibwa okutuukirira Dignity kikuwe olukusa. Oyinza okubaako ssente z'osabibwa okusasulayo.

Mu buli ngeri omulimu guno tewali akkirizibwa kugwokesaamu olw'ekigendererwa ky'okugutunda okujjako Dignity (Worldwide) Ltd.

Dignity
6 Barlow Moor Road
Didsbury
Manchester
M20 6TR
United Kingdom

Email: hello@dignityonline.org.uk
Essimu: +44 (0)7340 573 937

**Abantu abali emabega w'Olugendo**
Abawandiisi ne Bannamawulire: Jon Paul Witt, Rebecca Burr, Ethan Witt ne Jo Kimball
Ab'awunda endabika y'akatabo kano: Akash Sunny ne Jo Kimball
Essomo 8: Akatabo akayigiriza ku kusabira awamu kalimu ebitundu ebyasooka okuwandiikibwa Sarah Small ne Tobbias Ngala

**Ebyawandiikibwa bya Baibuli**
Ekitabo Ekitukuvu ekiyitibwa Baibuli Endagaano Enkadde n'Empya
Luganda Bible 1968 Edition © United Bible Societies 1968, and British and Foreign Bible Society, London, England, 1954, 1967, 1972, 1994 and The Bible Society of Uganda, 2013.

**Obubonero bw'obufaananyi obulagirira**
Buno bwakubibwa ab'ekitongole ekiyitibwa Metro Icon Studio 5 ne bufulumizibwa aba SyncFusion. Obufaananyi bwakozesebwa oluvannyuma lw'okufuna olukusa.

# Ebirimu


Ebikwata ku *Lugendo* ........ 1
Engeri y'okukozesaamu Akatabo kano........ 2
Ab'emikwano mu Lugendo ........ 5
Engeri y'okukuuma abaana obulungi nga emisomo gy'Ebibiina by'Obulamu gigenda mu maaso 7
**1: Emiti egy'Amaanyi egy'Obutuukirivu ........ 8**
**2: Olugendo lwa Dignity ........ 21**
AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Tambula ne Yesu........ 32
**3: Enjiri kye kki? ........ 35**
**4: Obulamu Buyitira mu Maka ........ 46**
AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Okuteekateeka abantu ba Katonda........ 55
**5: Buli omu alina e Kifo ........ 58**
**6: Okuddukanya Ebibiina by'Obulamu Ebinene ........ 70**
AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Beera Omusumba ........ 82
**7: Okugabana Okwagala n'obubaka bwa Yesu ........ 85**
**8: Okusabira Abantu ........ 96**
AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Okuyiga Obutakkiriziganya ........ 107
**9: Beera n'Okukkiriza ........ 110**
**10: Mu bufunze – Ngizemunki? ........ 120**
Olukalala lw'ebifaananyi ........ 130

# Ebikwata ku *Lugendo*

Abatume be baali abantu ab'atumibwa mu ntandikwa y'ekkanisa. Pawulo n'abatume abalala b'atambula engendo empanvu ennyo ez'okukkiriza. B'azuula enkola ez'okubuulira abantu ku bubaka bwa Yesu era b'atwala ebiseera okulaga okwagala kwa Yesu n'amaanyi ge mu bitundu by'ebyaalo bingi. Okuva ku ntandikwa b'ayigiriza abantu okutambulira mu mazima ga Yesu, okusaasaanya obubaka nga beteekera okwagala kwa Yesu mu nkola. Kino tekyesigamizibwa ku batume bokka, kyesigamizibwanga ku buli kinoomu mu bo.

Kati ggwe wano w'oyingiriramu. Dignity ezimbye omusomo oguyitibwa ***Olugendo***, okukuyamba okutambulira mu bigere by'abagoberezi ba Yesu abaasooka. Twagala ggwe obeere nga oyiga engeri y'okwetwalira eddaala eryo.

Mukuyigirizibwa kw'***Olugendo*** ojja kuba n'omukisa gw'okumanya engeri y'okukolera awamu ne Katonda, nga otandikira mu kitundu ky'ekyaalo kyo oba mu kifo mw'owangaalira. Tekigenda kukwetaagisa kugenda mu ssomero. Ogenda kubeera nga oyigira awo wooli, wamu ne mikwano gyo egikwetoolodde.
Omusomo gye gunaagenda nga gweyongera ogenda kugabana obubaka bwa Yesu n'okwagala kwe okwa buli lunaku mu bitundu mw'obeera.

***Olugendo*** lusengekeddwa mu butabo buna. Mu buli katabo ogenda kuyigiramu engeri y'okugabana okwagala kwa Yesu n'obubaka bwe nga otondawo Ebibiina by'Obulamu oba okuyamba obalala okukikola. Kikulu okuba nga oteeka mu nkola ebyo ebikwetaagisa n'emirimu. Kino kigenda kukuyamba okusimba omulimu gwa Katonda nga ogulaga mu bikolwa okusinga okugusomako obusomi. Olwo olyoke ogende ku katabo akalala nga omulimu gw'otadde mu nkola guggweredde ddala.

***Olugendo Lwomukyaalo*** luyamba abantu ssekinnoomu okutegeera embeera eba eriwo mu kiseera kyennyini kye baba balimu mu kyaalo kyabwe era n'engeri Ekibiina ky'Obulamu gye kiyinza okuleeta okwagala kwa Yesu n'okuzimba obumu. Akatabo kano we kaggwerako nga buli omu atandiseewo Ekibiina ky'Obulamu.

***Olugendo lw'omukitunduluyamba*** ssekinnoomu okukula n'okugaziya omulimu gw'Ebibiina by'Omulamu nga bayingizaamu abalala, n'okusimba Ebibiina bb'Obulamu ebirala. Akatabo kano wekagenda okuggwerako nga abantu ssekinnoomu basobodde okuba nga bayambye Ekibiina ky'Obulamu ekimu okutandikawo Ekibiina ekirala.

***Mukulungamya Olugendo*** mulimu okuzuula engeri y'okutandikawo Ebibiina by'Obulamu mu bitundu ebipya era mu bantu abapya. Akatabo kano wekagenda okuggwerako nga abantu ssekinnoomu basobodde okuba nga bayambye abalala okutandikawo Ebibiina ky'Obulamu ebipya mu bitundu ebipya.

***Okukulembera Olugendo*** kuyamba ssekinoomu okuzimba okwolesebwa kw'okutandikawo Ebibiina by'Obulamu okwetooloola eggwanga lyonna. Akatabo kano wekagenda okuggwerako nga abantu ssekinnoomu basobodde okuba nga benyigidde mu mulimu gwa Dignity okwetooloola eggwanga lyonna.

# Engeri y’okukozesaamu Akatabo kano

**Kiki ekiri mu katabo kano**
Mu katabo kano ogenda kuyiga okugabana okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe nga otandikawo Ebibiina by’Obulamu oba nga oyamba abalala okukikola. Kino ogenda kukikola nga omaze okuyita mu masomo 10 agali mu katabo kano, kuno kwe kuyigiriza okuli mu biseera ebikulu eby’okuyigiririzaamu. Buli ssomo lisaanidde likwatibwe mu ssaawa 1.5 ku 2. Era ky’amagezi okuba nga omusomo guno ogumaliriza mu wiiki emu yokka.

Buli omu kuffe ayagala okukolera awamu ne Katonda obulungi. Mu katabo kano, era mulimu abusanduuko buna obw’ebiwandiikiddwa okukuyamba okulowooza ku kukola (kukuweerereza) awamu ne Katonda, okuzimba obulamu bwo oba okukuwa obubaka. Buli kiwandiiko kigenda kukutwalira eddakiika 30 okukisoma n’okukirowoozako. Mulimu ebibuuzo eby’okukuyamba okulowooza ku bubaka, obusobozi bw’okutuukiriza by’osomye oba okukulungamya ku ebyo by’osomyeko.

**Bye weetaaga ku lwa buli ssomo**
Amasomo gasengekeddwa mu ngeri etegeerekeka era tegeetaaga bingi eby’okugoogerera. Ogenda kwetaaga:


- Akatabo kano kennyini, ***Olugendo Lwomukyaalo***
- Akatabo k’okuwandiikamu
- Baibuli
- Ekkalaamu ya bwino

Waliwo n’ebigoogerako ebirala Dignity by’eyawandiika, ogenda kwongera okubizuula gy’onookomya okugenda nga oyita mu misomo n’ebiwandiikiddwa ebirala.

**Akataboko ak’okuwandiikamu**
Bwe wabaawo ekibuuzo oba eky’okukola mu katabo kano osobola okuwandiika ekyokuddamu kyo mu kataboko.

Okuwandiika by’osomye oba eby’okuddamu eri ebibuuzo mu kataboko eba ngeri yakugaziya kutegeerakwo na kujjukira by’oyize. Okutwaala ekiseera okuwandiika eby’okuddamu byo eri ebibuuzo, okubirowoozako n’obwegendereza ate era n’okuddamu okubisoma kugenda kukuyamba okuwulira kiki Katonda kyayogera gy’oli mu kuyigakwo okw’***Olugendo Lwomukyaalo***.

**Obubonero obw’okukuyamba**
Okukuyamba okumalako emisomo gino tutaddemu obubonero obw’okukutegeeza buli kanyomero k’omusomo kyekali. Obubonero bulagiddwa wammanga wamu n’amakulu gaabwo. Kakati twalako akaseera nga weetegereza omanye buli kabonero kye kategeeza era n’okuyita mu misomo egimu olabe engeri obunero gye bukozeseddwa. Kino kigenda ku kwanguyizaako nga oyiga.



**Ekigendererwa**
Buli ssomo lirina ebigendererwa 2 oba 3. Bino biringa okapande okakulagirira ekkubo essomo gye ligenda okukwata.



**Okutunulako Emabega**
Ku buli ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okulowooza ku ssomo eriba lyakaggwa era olowooze ku by’oba wakoze mulyo era na kiki Katonda ky’aba yakuyigirizza.

Ogenda kuba nga osabibwa okulowooza ku ebyo bye wayiga mu wiiki eyayita, n'engeri gye wabiteeka mu nkola na baani bewagabana nabo ebyo bye wayiga.



**Ebyafaayo**

Ebyafaayo ky'ekitaangaza eky'amaanyi ekikuwa engeri y'okuyiga ku kintu ky'omanyiridde. Buli lw'olaba akabonero kano kiba kikulu nnyo okuba nga osoma ekyafaayo kyonna n'okulowooza ku masomo ki ge kiba kitusomesezza. Bw'obanga osomera wamu n'ekibinja ky'abantu soma n'eddoboozi eriwulikika ate nga era oteekamu engeri ya katemba, abantu basobole okutegeera.



**Ensomesa**

Buli lw'olaba akabonero kano kabeera enjigiriza enkulu ey'essomo, n'olwekyo soma ebitundu bino mpolampola n'obwegendereza. Bw'oba osomera wamu mu kibinja somera mu ddoboozi eriwulikika abantu bonna basobole okuwulira, soma mpolampola buli omu asobole okutegeera. Buuza abantu obanga waliwo ebigambo oba emboozi ze baba batategedde, osobole okubaddiramu obeere nga oddamu okubannyonnyola mu bigambo byo.



**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

Bw'olaba akabonero kano wekakase nti osoma ekyawandiikibwa mpolampola, oyinza n'okwagala okukisoma emirundi ebiri era n'okukikebera mu Baibuli nate. Bw'oba osomera wamu mu kibinja era nga n'abantu mu kibinjakyo tebalina buzibu mu kusoma, muyinza okusomera mu mpalo ebyawandiikibwa bya Baibuli. Oba osobola okubisoma emirundi ebiri okukakasa nti buli muntu mu mmwe awulidde era abitegedde.



**Ebibuuzo**

Ebibuuzo y'engeri ey'amaanyi esobola okukuyamba okuyiga era n'okulowooza. Ddamu ebibuuzo ebiri mu kataboko ak'okuwandiikamu, mu ngeri eyo osobola okubiddira. Bw'oba osomera wamu mu kibinja kozesa ebibuuzo ebiri mu ssomo lino musobole okukubaganya ebirowoozo, buli omu asobole okugabana eky'okuddamu kyalina. Okukubaganyiza awamu ebirowoozo ku bibuuzo kugenda kubayamba mwenna okubijjukira.



**Ekyokukola**

Akabonero akalaga ekyokukola kategeeza nti ojja kwetaaga okubaako ky'okola kisobole okukuyamba okuyiga, oyinza okukozesa akataboko ak'okuwandiikamu mu bitundu bino. Bw'oba osomera mu kibinja musobola okukolera awamu ebibalagiddwa okukola. Musobola okuddamu nga mukozesa okukubaganya ebirowoozo okuyamba abantu basobole okuyiga.



**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**

Bino biba byafaayo ebyaaliwo mu bantu abakolagana ne Dignity. Twagala ebyafaayo bino bibeeko kye bibayigiriza mmwe okubaako kye mukola nga kifaananira ddala n'ebiri mu kyaalo kyo. Bwe muba nga muyigira wamu mu kibinja muyinza okulondawo okuzannya ebimu ku byafaayo bino wamu. Kino kisobola okubibajjukiza!



**Saba**

Twagala okubazzaamu amaanyi okusaba buli lwe kiba kisobose. Bw'olaba akabonero kano twalako akaseera okusaba ku lwa buli kyonna kye muba musomye mu musomo, oba olyaawo nga Katonda waliwo abantu b'akujjukizizza oba embeera ze muyinza okusabira. Bwe muba musabira wamu mu kibinja musabire wamu oba mu bubinjabinja obutono. Buli muntu muwe omukisa gw'okusabira mu ddoboozi eriwulikika era n'okugabana ekintu kyonna kye muwulira nga Katonda ayogera.

**Eky’okulola Wiiki Eno**
Mu kuyita mu musomo gw’ekyo ky’olina ‘Okukola Wiiki Eno’ ogenda kuba nga ogoberera emitendera egyetaagisa okutandikawo Ekibinja Ky’Obulamu. Mu kiseera w’onoomalirako akatabo kano ogenda kuba nga okunze ekibinja era nga mutandise okukungaana n’okuzuula amakubo ag’okugabana okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe.

**Yaniriza omuntu bwe mukwatagana**
Buli omu eyetaba mu musomo **gw’*Olugendo lwomukyaalo*** ateekeddwa okubeera ‘n’omuntu gw’akwatagana naye’ – ono ye muntu ow’omukwano mu lugendo, abeera akuzzaamu amaanyi era nga muyambiwo. Akabonero kano kijjukizo ekikuyamba okutuukirira omuntu gw’okwatagana naye.

**Baako by’owandiika**
Nga omaze okuteeka mu nkola emirimu egyo, kirungi okubaako by’owandiika bisobole okukuyamba okujjukira. Buli ssomo libaamu ekijjukizo ky’okubaako ky’okola, nga bigenderako n’ebibuuzo eby’okukuyamba.

**Okukozesa akatabo kano n’ekibinja**
Akatabo kano kaasengekebwa mu ngeri ya kusomebwa ssekinnoomu, wadde nga kasobola okusomebwa ekibinja. Okuyita mu musomo n’abalala kugenda kubayamba okusaasaanya okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe n’eyo mu byaalo byabwe. Okukuyamba, kalimu ebirowoozo ebigenda okufuula amasomo gano okuba nga ogakozesa n’abantu abalala musobole okuyigira awamu.

Bw’okozesa akatabo kano n’abalala, kikulu okuba nti oyingizamu buli omu ayetabye mu lusoma. Si kusoma busomi musomo n’okubuulira abantu kiki kye balina okukola. Tukkiriza nti buli ssekinnoomu alina ekintu eky’enjawulo ky’asobola okusonda era nti Katonda atusomesa nga ayita mu ebyo ebitwetoolodde. Ggwe nga omukulembeze w’ekibinja weetaaga okusiikuula emboozi era n’okugiyamba obutawaba, naye teweetaaga kubeera nga weefuze okwogera kwonna. Osaanidde okuzzaamu abalala amaanyi abo ba kalinsonyi era n’abasirise okugezaako okubaako kye boogera bwe baba basobola. Osaanidde okuzzaamu amaanyi abo aboogerayogera ennyo era nga ba muliro basobole okukkiriza n’abalala bafuneko akakisa k’okugabana ebirowoozo byabwe. Ekibinja bwe kiba tekikozesa lungereza oba nga tekisobola kusoma, osobola okubavvuunulira oba okubasomera.

# Ab'emikwano mu Lugendo

Kirungi lubeerera okutambula n'emikwano. Abeemikwano basobola okugabana ebiro ebirungi b'ebiro ebizibu naffe. Basobola okusoomooza, okuzzaamu amaanyi n'okutulwanirira.

Yesu yatulaga obukulu bw'okuba n'emikwano. Yagabana obulamu bwe n'abatume 12. Mu Lukka 24 tusangamu ebyafaayo bya Kulyoppa ne mikwano gye nga batambula okwolekera Emawo. Bwe baali batambula nga boogeraganya bokka na bokka ku byaali bibaddewo mu nnaku entono ezaali zakayitawo Yesu mwe yali afiiridde era nga n'engambo zaali zibunye nti yali 'azuukidde.'

*"Awo olwatuuka baali nga banyumya era nga beebuuzaganya, Yesu yennyini n'abasemberera, n'atambula wamu nabo. Naye amaaso gaabwe ne gaziyizibwa baleme okumutegeera."* (Lukka 24: 15-16)

Mukutandika omusomo gw'***Olugendo***, kikulu okukikola n'ab'emikwano.

**Omuntuwo gw'Okwatagana naye**
Nga ogenda mu maaso n'omusomo gw'***Olugendo*** era nga otandika Ekibiina ky'Obulamu wagenda kubeerawo ensozi n'ebiwonvu. Wagenda kubeerawo ebintu bingi eby'okuyiga era n'ebibuuzo by'oyagala okubuuza. Oyinza okubaako n'omuntu gwe weetaaga okwogerako naye ku bintu eby'amaanyi ebigenda bibeerawo wamu n'ebikusoomooza. Ow'omukwano omukulu ennyo mu lugendo lwo agenda kubeera oyo ey'akwaniriza okwetaba mu kuyiga omusomo guno. Kisoboka okuba nga oyo yandiba nga alinako obumanyirivu bw'okutandikawo Ebibiina by'Obulamu era nga alina n'obumanyirivu ku nsozi n'ebiwonvu mu kukola kino. Kale kigenda kuba kizzaamu amaanyi gyemuli mwembi singa muba n'enkwatagana buli omu ne munne.

Bw'oba tolina muntu gw'okwatagana naye, oyinza okukwatagana ne Dignity ku ndagiriro eno hello@dignityonline.org.uk obaku WhatsApp +447340573937. Tugenda kukukwataganya n'omuntu ali mu kitundukyo ali mu Bibiina by'Obulamu.

**Agnes, Mutambo ne Asisi**
Gy'onookomya okuyita mu musomo gw'***Olugendoogenda*** kuba nga ogoberera obulamu bw'abantu ab'ateeberezebwa obuteeberezebwa okuba nti baali babaddewo nga buli omu yali ku mutendera gwa njawulo ogw'***Olugendo***. Ogenda kuba nga owulira ebibakwatako buli kinnoomu mu katabo kano konna, kale nno balindirire! Bagenda kuba nga bakuyamba okulowooza ku kyaalo kyo era n'okubaako ky'okola.



**Agnes**
Agnes awangaalira mu Kalambwa. Yayanjulirwa amasomo ga Dignity okuyita mu Fred kizibwe we abeera mu kitundu ekiweza 500km okuva waali. Yewandiisa okusoma omusomo gw'*Olugendo* era okumala wiiki eziwerako abadde ayiga Ekibiina ky'Obulamu kye kitegeeza era lwaki kintu kirungi okutandika. Mazima mweteefuteefu okutandika ekibiina era yamala dda okwogerako n'abantu bangi. Abadde awuliziganya ne Julius akulembera omusomo mu Zambia, abadde amuzzaamu amaanyi. Agnes n'abamu ku mikwano banaatera okutandika Ekibiina kyabwe Eky'Obulamu mu wiiki ntono eziri mu maaso.



**Mutambo**
Mutambo ye mukulembeze w'Ekkanisa eyitibwa High Faith Church wabweru w'ekibuga Johannesburg, mu South Africa. Alina omutima ogw'okuyigiriza ekkanisa okudda awamu esobole okugenda mu byaalo ebibaliraanye. Yakwatagana ne Dignity era abadde akola nga akolagana n'abantu mu kitundu kyewaabwe. Abadde abayamba okukolera mu Lugendo lwomukyaalo ne mu

Lugendo lwomukitundu. Mutambo yasoma obutabo buno ku lulwe omwaka ogwayita era bwe yali abusoma era nga ateeka emisomo egirimu mu nkola, yalungamizibwa okuyamba abalala okukola kye kimu.



**Asisi**

Awangaalira Kenya era yalaba akalango akaali kawandiikiddwa nga koogera ku Dignity. Olw'okuba nti omusomo gwali gwa bweereere ne yewandiisa, n'ayiga engeri y'okutandika Ekibiina ky'Obulamu era n'agenda n'atandika. Asisi abadde ayiga okuzzaamu abantu abalala amaanyi babeere nga batandikawo Ebibiina. Bakola nnyo okulaba engeri Ekibiina ky'Obulamu ekiriwo gye kiyinza okutandikawo Ebibiina ebirala bazimbe obubondo bw'Ebibiina. Alina essuubi lingi nnyo mu ebyo ebiri mu maaso.

# Engeri y'okukuuma abaana obulungi nga emisomo gy'Ebibiina by'Obulamu gigenda mu maaso

Ffenna nga twegasse wamu twakkiriziganya ku mateeka amangungu agayinza okutuyambira abaana baffe okukuumibwa obulungi oba nga tuli mu maka gaffe oba nga tuli mu misomo gy'Ekibiina ky'Obulamu. Amateeka gano makulu nnyo bwe gaba gakozesebbwa ne mu bitundu ebirala. Oba nga tuli mu nnimiro zaffe, mu kkanisa oba nga tuli mu mikwano gyaffe, Katonda atwagaza tube nga twekakasa nti abaana baffe bali mu bukuumi obumala.

Buli omu eyetaba mu musomo gw'Ekibiina ateekwa okwekakasa nti abaana baabwe bali bulungi mu maka gaabwe era nga balabirirwa abantu ab'obuvunaanyizibwa oba batambule nabo nga bajja mu musomo.

Abakulembeze b'Ebibiina bateekwa okujjukiza abantu mu Bibiina bekakase nti abaana baabwe bali mu bukuumi obumala eka era nga balabirirwa abantu abalina obuvunaanyizibwa ate era baanirize n'abaana mu Bibiina.

Omuntu yenna ali mu Kibiina nga akola mu baana tateekwa kukola yekka naye n'omuntu omulala oba owokubiri oba abasingawo. Bwe baba babiri, tebatwekwa kuba nga baviira mu maka gamu. (Bateekwa kuba nga baviira mu maka ga njawulo.)

Abo abakola mu baana mu kibinja bateekwa okuba nga babadde beetaba mu musomo bulijjo wakiri okumala emyezi nga 3.

Abakulembeze b'Ebibinja n'abantu tebateekwa kukuba baana bifaananyi nga betabye mu mirimu gy'Ekibina Ky'Obulamu.

Abaana bwe baba bali ku lujjuliro lw'emmere mu kiseera ky'okukungaana kw'ekibinja, wekakase nti emmere eyo ntuufu okulya.

Mu kukyaala kwa bantu mu maka ag'enjawulo abantu mu Kibinja bateekwa kutambula kinnababirye, eky'okulabirako abasajja 2 okukyalira omusajja 1 oba abakazi 2 okukyalira omukazi 2.

# 1



# Emiti egy'Amaanyi egy'Obutuukirivu

**Balyoke bayitibwe miti gya butuukirivu, Mukama gye yasimba, alyoke aweebwe ekitiibwa ye.**

Isaaya 61:3

**Ekigendererwa**

Ggwe n'abalala abagoberera Yesu mulina omulimu omukulu mu kyaalo kyammwe. Essomo lino lijja kukuyamba okutegeera ekyo Katonda ky'akugamba ku kyaalo kyo nga osomye mu Isaaya 61:1-4.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Tegeera omuti ogw'amaanyi ogwa Katonda kyeguli
- Tegeera nti olina ekifo ekikulu mu ekyo Katonda ky'akola
- Lowooza ku mbeera eri mu kyaalo kyo oba mu kitundu mwowangaalira

**Ebyafaayo: Pilius alina kye yakola**

Pilius yali awangaalira mu kitundu ky'e kyaalo munda e Zambia.
Nnyina ne Kitaawe bombi b'akolerera nga nnyo amaka gaabwe. Baalimira emirembe mingi era buli kiseera enkuba mwe yatonnyeranga b'asimbanga ebirime okuliisa amaka gaabwe. Mwaka ku mwaka eno ye yali embeera y'obulamu bwabwe. Mu kiseera Pilius we yawereza emyaka ekkumi, ekyo kyokka kye yali amanyi mu bulamu bwe.

Amaka gaabwe gaali maavu nnyo, maavu ddala nti n'ebiseera ebimu tebaasobolanga kufuna kya kulya era nga tebasobola na kuweerera baana baabwe mu masomero. Ebbeeyi y'ebitabo, yinifomu n'ebibuuzo yali nga ya waggulu nnyo ku bo. Obulamu bwa Pilius n'amaka gaabwe obw'omu maaso ne butalabika kuba butangaavu.

Lwali lumu, Pilius n'azuula omuti oguyitibwa omupani. Emiti emipani giba migumu nnyo era nga wadde gimala ekiseera kiwanvu nnyo okukula, gifuuka ekibala ekisobola okutundibwa essente ennyingi ennyo. Si ekyo kyokka, n'ekisiikirize kyagyo kiwummuza abantu abalafuubana ennyo ab'ebyaalo bwe baba bawummulidde wansi wagyo. Wansi w'omupani waaliwo ensigo mpitirivu ezaali zikunkumuse nga zisaasaanye okwetooloola omuti. Pilius n'akungaanyako ezimu n'agenda nazo ewaabwe. Obudde bwe bwali tebunnaziba n'azisimba ne yeyambisa empeke entonotono ez'ekigimusa ezaali zisigaddewo n'azissaako gisobole okukulirako.

Emyaaka bwe gy'agenda gyetooloola eno nga Pilius bwakula, emiti nagyo nga gikula. Oluvannyuma lw'emyaka 10, yali atandise okufuuka omusajja naye nga era emiti bwe gyeyongera okukula. Ensigo endala nnyingi zaali zeyongedde okuvaamu era nga n'emiti emirala gyongedde okusimbibwa. Oluvannyuma lw'emyaka 20, Pilius awo yali asajjakudde, nga ali mu myaka 30 egy'obukulu. N'atunuulira namungi w'emiti egyaali gibunye mu kyaalo kyaabwe gye yali yasimba. Kyaali kifo kya bisiikirize, abantu mwebaakoleranga emirimu nga tebokebwa kasana kangi. Pilius n'ajjukira ebbeeyi eyali mu miti egyo, ne batemako ogumu ne batunda enku. Omwaka ogwo ne bafuna emmere nnyingi okusinga emabega eri.

Ebyaalo ebirala ne bitunuulira ekyaali kigenda mu maaso, nabyo ne bitandika okusimba emiti egyo era ebiseera bwe byayitawo bingi byatandika okukungula emiganyulo gy'ebisiikirize, essente n'enkyuukakyuuka emiti bye gy'ali gireese mu kyaalo.

Bino byonna byatandikibwawo omulenzi omuto, nga asimba ensigo. Yagirabirira, n'afaayo nnyo kugyo era ne yekakasa nti gyeyongera okukula obulungi. Ebikolwa bya Pilius byakyuusiza ddala ekyaalo kye obutaddayo mu mbeera mbi nate.

**Ebibuuzo**
(Jjukira okuwandiika ebyokuddamu byo mu katabo ko akokuwandiikamu)

- Pilius yakola bikolwa ki?
- Ebikolwa bya Pilius byaleeta nkyuukakyuuka ki mu maka gaabwe ne mu kyaalo kyaabwe kyonna?
- Kiki ekyandibaddewo singa Pilius teyaliiko ky'akola?
- Olowooza olugero lwa Pilus lutuyigiriza ki?

**Ensomesa: Emiti egy'amaanyi**
Omuti omupani kyakulabirako ekyomuti ogw'amaanyi. Emiti gituwa ebisiikirize ne tuwona okwokebwa akasana akangi mu ttuntu ly'okunaku era negituwa obuddukiro okuva mu nzikiza y'ekiro. Omuti ogumu bwe gusimbibwa, kiba kyangu okutandikawo ekibira ky'emiti mu kyaalo ekireeta ekisiikirize n'obuddukiro eri buli omu.

Baibuli lubeerera eyogera ku bantu ba Katonda nti miti gya maanyi. Abantu bano baleeta ekisiikirize n'obuddukiro okuva mu bizibu n'embeera ezisituka mu kyaalo. Oba oli awo omuntu wa Katonda asobola okubaako gw'ayamba mu kiseera ky'enzikiza atalina kya kulya, okutereeza embeera ezisiikuuse mu kyaalo nga ayamba abo bannamwandu oba ba mulekwa oba n'abo ababoolwa. Ekibinja ky'abantu nga emiti egy'amaanyi basobola okuleeta enjawulo ennene mu kyaalo kyabwe nga baleeta ekisiikirize, obuddukiro n'okwagala eri buli omu!

Baibuli erina eddaala lye yeyongerako okulinnya nga eyogera nti abantu be miti gya maanyi egy'obutuukirivu. Obutuukirivu tebwogera ku kubeera muntu mulungi; eyogera ku kubeera na nkolagana ennungi ne Katonda era ne wakati w'abantu n'abantu, nga buli omu assaamu munne ekitiibwa n'okwagalana. Kino tusobola okukikola kubanga twafuna okwagala okuva eri Katonda era twatabaganyizibwa wamu naye. Kale obutuukirivu butegeeza 'kubeera bumu ne Katonda era n'abantu'.

***Olugendo*** lwogera ku kuteekawo njawulo mu bulamu bwo ne mu bulamu bw'abantu. Dignity mugendo gw'abantu abakola enjawulo mu bitundu mwe bawangaalira, na buli we babeera. Tukkiriza nti abantu abatuufu okukola enjawulo mu kitundu ye GGWE era n'ABANTU ABAKWETOOLODDE.

**Ebyafaayo: Kkanisa yomukyaalo**
Olugero luno lugenda kukuyamba okutegeera ebimu ku bintu ebigenda bibeerawo era na lwaki bibeerawo. Lwekebejja omulimu gw'ekkanisa era na ngeri ki gy'eyinza okuyamba oba obutayamba.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja:**
Bw'oba oleeta okugero luno oyinza okulonda abantu ab'enjawulo okuzannya ebitundu. Mu kusomera abantu olugero b'owadde ebitundu eby'enjawulo buli omu azannya ekikye nga ggwe bw'obalungamya. Okuzannya ebitundu kuyamba abantu okutegeera ekigenda mu maaso ate era kireeta okunyumirwa. Goberera olugero, osobozese abantu okukola katemba asaanidde mu bitundu byalwo.

Ojja kwetaaga abantu abewaayo okuzannya ebitundu eby'enjawulo:

- Abasumba basatu
    - Omusumba Daka

- Omusumba Kenneth
    - Omusumba Lungu
- Bannakyaalo
    - Grace
    - Mupeta ne Hope
    - Bright ne Masiye
    - John ne Bernard
- NGO/omukozi w'ekitongole ki nnakyewa - Rebecca
- Abatandisi b'amakanisa - Mabo ne Cheswa
- Aba Jehovah's Witnesses

Luno lugero olw'ekyaalo, oba olyawo ekyaalo ekifaananako nga eky'ewammwe! Kyaalo kitonotono mu Bukiikaddyo w'obugwanjuba bwa Zambia. Abantu baamu bakozi nnyo mu kufuba kwabwe naye ekyaalo kisigala kirina ebizibu bingi. Mu kyaalo kino mulimu ekkanisa satu.

Ekkanisa ya Anglican ekulemberwa Omusumba Daka. Mumalirivu mu by'akola era afuba nga bw'asobola. Alowooza nti yetaaga abantu bangi mu kkanisa ye okusobola okuyitamu. Alowooza nti ekkanisa YIYE si ya Katonda. Abuulira obubaka obuzzaamu abantu amaanyi naye nga ebiseera ebimu ayogera ebigambo ebiwaliriza abantu okusigala mu kkanisaye eyo. Mu buli lukungaana abala abantu ababa bazze!

Kkanisa ya Baptist kitundutundu ku nzikiriza ennene, naye ekkanisa eyo esigala mu kufuba bufubi kubanga enzikiriza yonna teteeka nnyo maanyi ku bitundu by'ebyaalo. Ekitegeeza nti Omusumba Kenneth n'ekkanisa tebalina buyambi bumala. Temuli kusomesa era ne Baibuli tebazirina. Abantu mu kkanisa bafuba bufubi okutegeera era tebamanyi kye kitegeeza okubeera omukristaayo.

Kkanisa ya ba Pentekooti ekulemberwa Omusumba Lungu, mubuulizi mulungi era abantu balokoka mu kkanisa. Abantu bano basanyufu okugoberera Yesu era b'asalawo okwegatta ku Anglican oba Baptist olwokubanga mikwano gyabwe gyegisabira. Omusumba Lungu kino kimuluma era n'asunguwala era n'agamba nti amakanisa gali gabeera gabba abantu bano mu kkanisa ye!

Mu kyaalo, mulimu abantu bangi abafuba! Bangi abayala, ababonaabona olwa HIV era nga badaazibwa ettamiiro. Grace mukyaala mukulu asabira mu Anglican era Katonda amukozesa okutuukirira abantu bano. Agenda n'ayogera n'abo, n'afuuka mukwano gwabwe era n'ategeera ebyetaago byabwe bwebiri. Abamu kubo bakkiriza Yesu ne bagenda mu kkanisa gyasabira – ekintu ekyewunyisa! Naye abantu abamakanisa gali amalala bakwatibwa obujja, n'abo baagala abantu abapya mu makanisa gaabwe! Kale bagenda ne bayamba ababonaabona, naye bakodo tebassaayo mwoyo ku bwetaavu bwa bantu ababonaabona. Kino ne kiretera Grace ne Katonda okunakuwala. Abakulembeze b'ekkanisa benyigira mu mbeera eno ne bakaayana nga bebuuza kanisaki abantu bano mwebasaanye okugenda!

Waliwo abantu bangi abalungi mu kyaalo abaagala bannaabwe, naye ebiseera ebimu tebategeerera ddala kyekitegeeza okubeera omukristaayo. Balowooza nti okugenda mu kkanisa kye kintu ekisinga obukulu. Kino ne kitegeeza nti okuyamba abantu abali mu bwetaavu mu kyaalo tekirina nnyo makulu, mumazima abamu balowooza nti tekyetaagisiza ddala. Eky'okulabirako, Mupeta tafa ku bayala kubanga abeera yeyuna kutuuka mu kkanisa. Hope yefuula atalaba

namwandu ali awo yekka mu kiwuubaalo kubanga yetaaga okugenda mu lukungaana. Nga kya nnaku! Tewali n'omu ku bantu bano mu mazima ategeera oba alina obumanyirivu bw'amazima g'okumanya Yesu.

Bangi balowooza nti obuyambi bugenda kuva wabweru wa kyaalo, naye lumu Rebecca, ow'ekitongole NGO/kinnakyewa najja mukyaalo nga asuubiza obulamu obulungi obwomumaaso! N'atandikawo enteekateeka y'emirimu n'abaako byagabira abantu ku bwereere, engoye ne sente ez'okwewola. Newabaawo essanyu mu bantu lingi kulwenteekateeka eno! Abakyaala abapya mu Baptist abalina abaana, Bright ne Masiye nebatwalira abaana baabwe engoye, naye abalala ne bazitunda butunzi. Abamu ku baami, John ne Bernard, okuva mu Anglican ne mu Pentekooti ne batwala ssente ez'okwewola naye olw'obutaba na magezi ne bafiirwa sente zonna! Kino ne kinakuwaza abantu bonna kubanga baali basuubidde okuba nti obuyambi obwali buvudde ebweru wekkanisa bugenda kutereeza ekyaalo naye ne bukyonoonera ddala.

Mabo ne Cheswa ne basanyuka nga abatandisi bamakanisa abaaviira mu kibuga nga bajja mu kyaalo. Nate, abantu ne basanyuka nga balowooza nti kuluno enkyuukakyuuka zigenda kubeerawo ne bagenda balabe ekigenda mu maaso. Mabo ne Cheswa nga bantu abasaasizi era nga abaagala Yesu naye ate nga tebategeera bizibu ebisangibwa mu byaalo olwokubanga baviira mu kibuga. Abantu abamu abatonotono ne bajja okwegatta ku kkanisa empya nga bamaze okulokoka. Ate abakulembeze bali abalala ne bawulira nga batidde olw'ekkanisa empya etutumuse mu kitundu era kino nebatakyagalira ddala, ne beemulugunya nga batolotooma ne batuuka n'okusalawo balumbe ekkanisa okugiyimiriza!

Awo aba Jehovah's Witness webaayingirira mu kyaalo. Mu kusooka tewali yabategeera; eno nga abakulembeze bekkanisa bali mu kuyomba na kukaayana, nga n'abatuuze bekyaalo n'abo bali mu kunakuwala era nga buli omu g'akaaba g'akomba tewali ayamba munne. Eno nga abamu batandise okwegatta ku ba Jehovah, ne b'agenda nga beyongera bweyongezi okubeegattako! Awo abakulembeze b'ekkanisa we baalabukira nti mu kiseera bo n'abatuuze b'ekyaalo we baabeerera mu ku kaayana n'okwemulugunya olw'abantu abaali okumpi n'abo kino wekyabeererawo.

**Ebibuuzo**: **Ekkanisa y'omu Kyaalo**

- Mu kyaalo kino, olowooza abantu ddala bategeera Yesu? Lwaki oba lwaki nedda?
- Abantu abayala n'abo abaasibibwa omwenge kiki kye b'alaba? Olowooza kino kibakosa kitya?
- Olowooza abantu abava wa bweru w'ekyaalo (aba NGO/bannakyewa n'abatandisi bamakanisa) balina ekirowoozo ky'okwettanira okutegeerera ddala ebifa mu kyaalo n'okwewaayo kukyo oba okumanya ebisoomooza abantu baamu?
- Singa abakulembeze b'ekkanisa tebettanira kwemulugunya na kuyomba ne bakolera wamu, kiki ekyandibaddewo?

Singa abakulembeze n'abantu b'omukkanisa baali bonna nga bakolera wamu, abayala bandibadde baliisibwa, abo abatamiivu bandibadde basumululwa era abantu bandibadde bakwatagana! Kino kyandibadde kyakulabirako eky'amaanyi g'okwagala kwa Yesu era bangi bandimumanye.

Kaakati lowooza ku kyaalo kyo.

- Mulimu abantu abayala oba abatamiivu?
- Ani abafaako?
- Eriyo abantu abava ebweru w'ekyaalo kyo okugezaako okuyamba? Kiki ekibaawo?

- Amakanisa g'omu kyaalo kyo gayombagana era ne gatakkiriziganya?
- Embeera eno kiki ky'ereese mu kyaalo kyo kyonna?



*"Lwali lumu n'atandika okwogerako n'abantu mu kyaalo ne nkizuula nti ddala twali twetaaga Katonda okuyamba ekyaalo kyaffe. Abantu b'ekyaalo ne bambuulira ku nnyombo ze baalina, ezikwata ku bantu abaali baboolwa wakati mu bo ne nkizuula nti mwalimu abantu bangi abaali tebalina mmere ebamala! Kino nali sikimanyi! Nalowooza nti ekyaalo kyaali ekifo ekirungi okubeeramu naye Katonda nandaga nti tusobola okuba obulungi okusingawo era nga yayagala okukyuusa ebintu!"- Agnes*



*"Lwali lumu n'atandika okwogerako n'abantu mu kyaalo ne nkizuula nti ddala twali twetaaga Katonda okuyamba ekyaalo kyaffe. Abantu b'ekyaalo ne bambuulira ku nnyombo ze baalina, ezikwata ku bantu abaali baboolwa wakati mu bo ne nkizuula nti mwalimu abantu bangi abaali tebalina mmere ebamala! Kino nali sikimanyi! Nalowooza nti ekyaalo kyaali ekifo ekirungi okubeeramu naye Katonda nandaga nti tusobola okuba obulungi okusingawo era nga yayagala okukyuusa ebintu!" - **Asisi***



**Ensomesa: Kiki ekisobola okubaawo mu kifo kya kiri?**

Okutandikawo ekkanisa endala mu kyaalo mu lugero lwaffe tekisobola kutereeza mbeera. Era nga bwetulabye, ekkanisa endala eyinza kuleetawo kuvuganya era tesobola kutabaganya bantu mu kyaalo. Teebereza singa ekintu eky'enjawulo kibaawo ne kireetera abantu okwetaba mu kutereeza ekitundu ne kiganya abantu okumanya Yesu, okuyamba abantu mu bikolwa.

**Olaba otya singa kino kibeerawo mu kyaalo kyo?**

Olaba otya singa osobola okukungaanya abantu abatonotono okuva mu kyaalokyo. Osobola okwaniriza abantu okuva mu makanisa ag'enjawulo, nga wegendereza ne musobola okukungaananga mu kiseera ekitabalobera kugenda nga mu biseera ebyabulijjo ekanisa byesaanye okukungaaniramu. Ne mutandika okuyigira awamu, okusabira awamu era n'okwaniriza omuntu yenna. N'oyaniriza abantu abayala, abasinda n'abo abatamiivu okubeera ekitundu ku kibinja. Mwenna wamu ne mutandika okuwaayo ekiweebwayo ekyokuyamba abantu mu kyaalo. Kino ne kifuuka embeera ey'obutangaavu kubanga buli omu atandise okugabana okwagala kwa Yesu!

Muntandikwa, abakulembeze bekkanisa abamu bayinza okusikattira, naye ekiseera bwe kin agenda kyeyongera bagenda kulaba nti ekibiina kino sikiringa biri ebya bulijjo mu kkanisa, naye kirina ekigendererwa eky'okuyamba ekkanisa mu bugazi bwayo era n'okuyamba ekyaalo. Era ekiseera bwe kineeyongera ekitundu ekirala ekyekkanisa kisobole okuzzibwamu amaanyi era n'okunywezebwa bwe balaba okwagala kwa Yesu nga kugabanibwa mu kibinja era ne wabweru.

Mu kifo ky'okubeera n'akavuyo ne tubeera n'obumu, mukifo kyokukaayana ne tutandika okukolera awamu. Kino ne kiba entandikwa y'okukyuusa ebyaalo byaffe. Bwe tuba ne Yesu tukolera wamu era GGWE osobola okubeera ekitundu ku nkola eyo!

Eno y'entandikwa y'okubeera **omuti ogw'amaanyi mu kyaalo kyo!**

*"Abantu abasinga obungi mu kyaalo kyaffe tebalowooza nti ekyaalo kirikyuuka. Abagabi b'obuyambi n'abatandisi b'amakanisa bagezaako okuleeta enkyuukakyuuka mu kyaalo ezigasa naye tebatumanyi oba okumanya ebyeetaago byaffe era tebatwala kiseera kimala mu ffe nga batulimu okusobola okuzuula biki bye twetaaga. Abatuuze b'ekyaalo betaaga okukkiriza nti basobola okuleetawo enjawulo mu maka gabwe, mu bitundu byabwe ne mu byaalo era n'okukolera awamu okusobola okuyambagana. Kino kisobola okubaawo singa abantu basalawo okuweera ddala obulamu bwabwe eri Yesu. Awo ekyaalo lwe kisobola okukyuukira ddala ne kidda mu mbeera ennungi!"- **Agnes***

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

Ebyawandiikibwa ebibiri ebiddako byogera ku mazima ga Katonda era n'engeri gye gakola mu kyaalo kyaffe okuleeta obulamu eri buli omu. Olunyiriri okusooka luva mu bbaluwa omutume Pawulo gye yawandiikira abakkiriza abe Rooma. Ennyiriri eziddako ziva mukitabo ky'omusajja wa Katonda owedda ayitibwa Isaaya.

*16 Kubanga Enjiri tenkwasa nsonyi; kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli akkiriza, okusookera ku Muyudaaya era n'Omuyonaani.*

*Abaruumi 1:16*

*1 Omwoyo gwa Mukama Katonda guli ku nze;*
*kubanga Mukama anfuseeko amafuta*
*okubuulira abawombeefu ebigambo ebirungi;*
*antumye okusiba abalina emitima egimenyese,*
*okulangirira eddembe eri abawambe,*
*n'abasibe okuggulirwawo ekkomera;*
*2 Okulanga omwaka gwa Mukama*
*ogw'okukkiririzibwamu,*
*n'olunaku lwa Katonda waffe olw'okuwalanirwamu*
*eggwanga;*
*okusanyusa bonna abanakuwadde;*
*3 okubateekerawo abanakuwalidde mu Sayuuni,*
*okubawa engule mu kifo ky'evvu,*
*amafuta ag'okusanyuka mu kifo ky'okunakuwala,*
*ekyambalo eky'okutendereza mu kifo ky'omwoyo*
*ogw'okukungubaga;*
*balyoke bayitibwe miti gya butuukirivu,*
*Mukama gye yasimba, alyoke aweebwe ekitiibwa ye.*

*4 Kale balizimba ebyazika eby'edda,*
*baliyimusa amatongo agaasooka okubaawo,*
*era baliddaabiriza ebibuga ebyazika,*
*amatongo ag'emirembe emingi.*

*Isaaya 61:1-4*

**Eky'okukola: Isaaya 61:1-4**

Ennyiriri eziri mu Baruumi zitutegeeza nti enjiri, amazima ga Yesu Kristo, ge maanyi ga Katonda okuleeta obulokozi eri buli omu. Ennyiriri eziri mu Isaaya zitutegeeza nti enjiri si ya muntu

ssekinnoomu naye nti ezzaawo ebintu byonna. Isaaya atulaga nti Katonda ayagala okuddamu okuzimba ebyedda ebyayonooneka, kitegeeza nti ayagala kuddamu okutuzimba, okuzimba ebyaalo byaffe n'ensi. Kino akikola nga asimba emiti egy'amaanyi (be bantu be) aboolesa ekitiibwa kye era ne baleeta ekisiikirize, obuddukiro n'okuwummula eri buli omu mwabo abatwetoolodde.

Ebyawandiikibwa ebiri mu Isaaya bisobola okutuyamba okutegeera kino. Byakozesebwa Yesu yennyini mu Lukka 4 bwe yayogera ku kiki Masiya (kino kigambo kya Lwebbulaniya ekitegeeza Omulokozi) kye yayitibwa okukola. Yali yeyogerako ye yennyini! Kale ennyiriri zino zogera ki? (Jjukira okuwandiika ebyokuddamu byo mu kataboko akokuwandiikamu.)

- Tunulako mu Isaaya Isaaya 61:1-4 era owandiike ebikolwa byonna ebifuula abantu ab'eddembe mu mwoyo (eky'okulabirako, bagenda kuweebwa omwoyo w'okutendereza)
- Wandiika ebikolwa byonna ebifuula abantu abeddembe mu nneewulira ne mu mubiri (eky'okulabirako, okusanyuka eri abo abanakuwadde)

Bulijjo tulowooza nti waliwo ekibulako mu bulamu bwaffe, mu kyaalo kyaffe oba mu bantu be tuwangaala nabo. Netulowooza nti byonna birungi, naye ate nga waliwo ekibulako. Tusobola okugamba nti obulamu bwaffe oba ekyaalo kyaffe 'tebituukiridde' – waliwo kyetutannayitamu ekibulako. Ddamu otunuulire Isaaya 61:1-4.

- Bikolwaki mu byawandiikibwa bino ebitereeza omuntu yenna omulamba?
- Bikolwaki mu byawandiikibwa bino ebitereeza abantu be tuwangaala n'abo mu kitundu?

Ekigendererwa kya Katonda kwe kuzzaawo ebintu byonna. Awo ekibi (abantu webakolera buli kye baagala nga tebafuddeyo kumanya Katonda kyali n'amakuboge) wekyayonoonera ddala ensi gyetulimu n'obulamu bwaffe, ayagala okutufuula abalamu n'ensi yaffe nate, okutusobozesa okubeera abalamu emirembe gyonna (mu ggulu nga tuli naye). Katonda ayagala ffe okuddamu okuzimba ebisenge ebyayonoonebwa edda n'okuzza obuggya ebibuga ebyamenyebwa. Ekyo bwe tukikola mu byaalo byaffe, ayagala okubifuula ebiramu nate nga abizza mu mbeera ennungi. Eyo y'ensonga enkulu ddala! Enjiri egenda kutereeza nate ebyaalo byaffe.

Kino Katonda akikola atya? Akikola nga ayita mu 'Miti egy'obutuukirivu' (laba olunyiriri 3). Emivule giba miti migumu era egy'amaanyi. Mu byawandiikibwa bino giraga ekifaananyi ky'abantu abalinga emiti egy'amaanyi ku lwa Katonda mu kyaalo kyabwe. Bano be bantu abazimba, abawa ebibala era ne baleeta ekisiikirize eri buli omu. Mu bigambo ebiri mu byawandiikibwa, ekitiibwa kya Katonda kirabisibwa okuyitira mu bulamu bwabwe, bo bisimbe bya Katonda bye yeesimbira ye yennyini. Tusobola okufuuka nga emiti egy'amaanyi mu kyaalo kyaffe era tusobola okuyamba obalala okufuuka emiti egy'amaanyi mu byaalo byabwe.

Enjiri, amazima ga Katonda era okukola kwa Katonda mu byaalo byaffe bisinziira ku miti egy'obutuukirivu. Kisinziira ku bantu be n'okwewaayo kwabwe mu kukkiriza okubeera ebisimbe bya Mukama.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja:**
Gamba abantu bawandiike eby'okuddamu byabwe eri abibuuzo ebiri mu ky'okukola kino, olwo buli omu

agabane ekyo kyazzeemu ne banne buli omu asobole okuba nga ategeera kiki kyabadde tafunye bulungi**.**

Abantu abamu bayinza okwetaaga obuyambi obusingako oba ebiseera okuba nga bamaliriza omulimu guno. Bw'olaba nga bafuba bufubi okufuna eky'okuddamu, bazzeemu amaanyi basome nate ekyawandiikibwa n'okuwuliriza eby'okuddamu bya bannaabwe.

**Ensomesa: Banyan n'e Bitooke – Tuli miti gya ngeri ki?**
Omuti oguyitibwa banyan gwagaagala nnyo. Gusimba emirandira gyagwo ku muti ogwamera edda ne gugwetooloola ne 'gufunza' guli gu kansangwawo. Guno gu banyan gusimba emirandira gyagwo egy'amaanyi ne gwefuga ekitundu. Waliwo enjogera egamba nti "tewali kiyinza kukulira wansi w'omuti oguyitibwa omubanyan"

Tewali n'akamu! Woowee! Buli kimu kifa kubanga omuti omubanyan guwambye buli kintu. Kino kye kifaananyi, osobola okulaba emirandira emingi nga gyetoolodde omuti guli ogwasookawo.



**Ebibuuzo: Banyan n'e Bitooke – Tuli miti gya ngeri ki?**

- Omanyi engeri ekitooke gye kikula?
- Njawuloki eriwo wakati wekitooke n'omuti omuBanyan?

Ekitooke kya njawulo. Bwe kiba kikula nga eno bwe kissa abibala, kiba kizaala abaana abapya wansi ku kikolo. Ekiseera bwe kigenda kyeyongera, ekitooke ekikulu ekyasooka kifa era mukukola bwe kityo, kiba kiwa ekifo n'obulamu biri ebito webinaakulira. Ekyatandika nga kiri ekitooke kimu mu bwangu ddala bifuuka ebitooke bingi olw'engeri gye bigenda nga bissa enkota n'okuwa obulamu ebyaana ebito ebigenda nga bikula okwetooloola ekikolo. Buli kitooke kigenda kifa awatali kkomo.



Kale ggwe oli muti ki? Ekika ky'omuti ky'ofaanana ky'ekiraga obumalirivu bw'obanga ogenda kuweereza Katonda mu kyaalo kyo.

Abantu bangi balinga omuti omubanyan, beegaziya ne beefuula ab'amaanyi. Kino kitegeeza nti abantu abalala tebasobola kuba balamu nga bali n'abo. Abalala balinga ekitooke. Bakozesa obulamu bwabwe, ebiseera byabwe ne bye b'alina okugabirira abalala ne b'abawa obulamu.

Ekigendererwa ky'obulamu bw'omukristaayo si kweggaggawaza, naye kusinza Katonda n'okuweereza abalala. Mu kukola kino tuzuula ekigendererwa Katonda kyatulinako. Bwe tuba tutunuulidde nate ekyawandiikibwa kya Isaaya 61:1-4, buli kintu ekiri mu nnyiriri ebbiri ezisooka kwe kukola ekyo omulokozi, Yesu, kyaalikola era ne kikyuusa. Mu lunyiriri 3 mbagirawo 'bo' be balibeera ebisimbe bya Mukama, naye si ffe. Ekigendererwa kyaffe kwe kukuza abalala. Twayitibwa okubeera nga ekitooke, nga tugaba obulamu eri abalala era n'okubasobozesa okufuuka emiti egy'amaanyi.

**Ensomesa: Ebibiina by'Obulamu – Kino engeri gye Kiyinza Okukola mu Kyaalo**
Ojjukira olugero lw'ekyaalo?

Abantu abalinga emiti egy'amaanyi egy'obutuukirivu, nga bayimiridde wamu, basobola okukola enjawulo ennene mu kyaalo mu ngeri eyo. Ne mu kyaalo kyo bayinza okuleetamu enjawulo!

Buli omu mu kyaalo asobola okuba obulungi nga ali mu kibiina ky'abakristaayo abayiga ku Yesu, nga beeweereddeyo ddala okukolera ekyaalo kyabwe, nga balinga emiti egy'obutuukirivu.

Dignity eyita ebibiina bino ebyabantu nti Bibiina by'Abulamu. Bya kukozesa eby'amaanyi Katonda by'asobola okukozesa okukola mu kyaalo kyo. Waliwo ebikulu mu Bibiina bino:

- Tebirina nzikiriza mwe byesibye.

- Tebiri awo omusumba w'abuulira, naye biri awo buli omu wabeera ne banne nga bayigira wamu.
- Bya buli omu mu kitundu era buli muntu ayanirizibwa.
- Si bya kkanisa yaffe yokka (wadde nga ebiseera ebimu emisomo gimanyiirizibwa mu makanisa).
- Byewaayo okwagala Katonda n'okwagala baliranwa baabyo.
- Bizuula amakubo ag'okuweereza n'okwagala abo abali mu bwetaavu mu bitundu.
- Byanjula Yesu eri buli omu.

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Ebibiina by'Obulamu bingi ebitandikiddwa mu Tanzania. Ekisoomooza ekinene ennyo ekiriyo kye ky'abantu mu bitundu eby'ebyaalo okubanga bajjudde eddiini, naye nga si ba mwoyo. Kino kitegeeza nti abantu mu kugenda mu makanisa bagezaako kugoberera mateeka, naye nga bafuba bufubi. Ebiseera bingi okukkiriza kwabwe tekulina nkola ereeta okwagala mu bantu ababeetoolodde.

Ekibiina ky'Obulamu ekyasooka bwe kyatandikibwa, abantu bangi mu kitundu baateebereza nti waliwo ekkanisa empya eyali etandikiddwa oba eddiini empya ezzeewo mu kitundu era ne batayagala kwetaba mu ntegeka eno. Naye nga wayiseewo ekiseera abantu baakizuula nti ekibiina kyali kisimbye essira ku Yesu era nga tebalina kirala wabula kumanyisa oyo Yesu yekka. Okuteebereza ne kugenda nga kuseebengerera era abantu be kitundu ne babakkiriza. Kino kibeerawo mu buli kitundu ky'abantu mwe babeera.

Misozi* yakamala emyezi 3 gyokka nga yetaba mu misomo gy'Ekbiina ky'Obulamu era kati amaze okwezuulamu ekikyuuse mu bulamu bwe:

> *"Waliwo ebikyuuse bingi mu nze okuva lwe negatta ku Kibiina Ky'Obulamu. Mpulira nti kati nsumuluddwa kubanga ebintu bingi bye nali sitegeera, kati mbitegeera!"*

Abakulembeze b'Ebibiina by'Obulamu basuubira nti ekigambo kya Katonda kigenda kusaasaanira ebitundu bingi era mu bugazi.

Basuubira nti obumu bw'ebibiina byabwe bugenda kukakasiza ddala eri abantu b'ebitundu byabwe nti tebaliiwo kutandika ddiini mpya oba okubakolamu ssente, naye babaagala bwagazi mu linnya lya Yesu. Basuubira nti Ebibiina by'Obulamu bigenda kubakolamu nnyo n'okusobola okuyamba buli omu okubaako kyasonda mu kukyuusa ekitundu, nga baleetera amadiini amangi okujja mu bumu.

Kino kya kulabirako eky'Ekibiina ky'Obulamju okukola nga emiti egy'amaanyi mu kyaalo, omuntu nga afuuka omuti ogw'amaanyi era nga n'ekibinja kikyuusa ekitundu kyonna

** Ekigambo ekitegeeza okweyawula kyakyuusibwa olwa twekisize*

**Saba**
Sabira abantu ababonaabona mu kyaalo kyo (nga abayala oba abatamiivu) basobole okufuna essuubi nti Katonda asobola okukyuusa entambula y'empisa zaabwe ezibakuumidde bo n'abalala mu busibe okumala ebbanga eddene.

Sabira abakristaayo mu kyaalo kyo nti Omwoyo Omutukuvu abawe okwolesebwa kw'ekyaalo kyabwe n'okuyaayana mu mitima okukola omulimu gwa Katonda. Saba Katonda abayambe bakule bafuuke emiti egy'amaanyi mu butuukirivu, mu kyaalo kyo.

**Eky'okulola wiiki eno: Tandika okutegeera ekyaalo kyo**
Ekisookera ddala, twala ekiseera okulowooza n'okusabira ebibuuzo bino, eno nga bw'owandiika ebirowoozo byo mu katabo ko ak'okuwandiikamu:

- Kiki Katonda ky'akuyitira okukola?
- Olowooza Katonda akuyitira kufuuka muti gw'amaanyi era n'okuyamba abalala n'abo bafuuke emiti egy'amaanyi?
- Obadde nga kitooke oba nga omubanyani okutuusa kati?
- Oli mweteefuteefu okufuuka nga ekitooke ekyewaayo obulamu bwakyo okuyamba abalala bakule?
- Katonda akwagaza kutandika EKIBIINA KY'ABUMU? Oli mwetegefu okugoberera okuyitakwe?

Eky'okukola wiiki eno kwe kutandika okulowooza ku mbeera eri mukyaalo kyo. Kino kitegeeza nti oyogere n'abantu b'omukyaalo ku mbeera gye bayitamu eyo mukyaalo, ebibanguyira oba ebibakaluubirira, kiki kye balabye nga ekkanisa egonjoola. Gabana n'abo ebyawaandiikibwa ebiri mu ssomo era obabuuze kye bategeera mu ekyo ekya Katonda okukozesa abantu be nga emiti egy'amaanyi mu kyaalo kyo.

Tambulatambula nga wetooloola ekyaalo kyo nga bw'osaba. Okusaba okw'engeri eyo kukolebwa n'ekigendererwa ekyokwogera ne Katonda nga otambula n'okusabira abantu n'ebifo by'ogenda nga oyitamu. Mu kugenda nga oyita mu kyaalo kyo saba Katonda akulage abantu baayagala okuyimusa nga emiti egy'amaanyi, abantu abatalina be bakolagana n'abo mu ngeri ennungi era ozuule lwaki, era n'abantu ababonaabona. Bw'otegeera embeera, omuntu oba abantu ab'engeri emu mu kutambula kwo, kyandiba nti Katonda y'ayogera naawe ekyo ky'alaba. Buuza Katonda engeri gy'ayagala oyambe mu.

**Baako by'owandiika**

- Abantu ab'ekyaalo biki bye baakugambye ku ebyo bye bayitamu mu mbeera zaabwe mu kyaalo?
- Bwe wagabanye ebyawandiikibwa bya Baibuli n'abo b'agambye ki era ngeri ki Katonda gy'akozesaamu abantu be nga emiti egy'amaanyi? B'akikkirizza? B'akiwakanyizza? B'azzibbwamu amaanyi? B'akyagadde eky'okufuuka emiti gya Katonda egy'amaanyi?
- Kiki kye weetegerezza mu kusaba kwo nga otambula? Oba olyawo nga wasisinkanye n'omuntu gw'oteetegerezanga oba okulaba abantu b'ekyaalo nga bayambagana.
- Olowooza Katonda ayagala oyambe otya abantu bano mu mbeera eri mu kyaalo?

**Eby'okukola Ebirala**
Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Genda ofune ekitooke, olina akatooke akato konna k'olaba nga kakula oba ekitooke ekikulu nga kifa. Kakati owandiike ky'olaba.

**Eky'okulondako 2:** Simba ekitooke okyetegereze nga kikula mu myezi egiggya mu maaso. Era obeere nga owandiika buli ky'ozuula mu myezi egyo.

**Eky'okulondako 3:** Funayo ab'emikwano nga baviira mu makanisa ag'enjawulo. Oyinza okubabuuza:

- Kiki ekizibu oba ekyangu mu kubeera mu kkanisa?
- Gabana n'abo olugero lw'amakanisa agalwanagana era obabuuze obanga emakanisa eyo mu kitundu kyo nayo eri bwetyo?
- Ekkanisa bagirabye batya mu kuyamba ekitundu?
- Kiki ekisibye ekkanisa emabega mu kitundu?
- Ekkanisa ekula? Balowooza lwaki kino kiri bwe kityo mu mbeera eyo?
- Basomere ebyawandiikibwa ebiva mu ssomo era obabuuze kiki kye balowooza era ngeri ki gye muyinza okufuuka emiti egy'amaanyi.

Wandiika mu katabo ko ebiva mu kunnyumya emboozi yammwe eyo.

**Eky'okulondako 4:** Zuula omuti omunene mu kyaalo kyo otuule wansi wa gwo okumala eddakiika 20. Olowooze ku bunene bwa gwo, engeri gye gukuwamu ekisiikirize n'owona omusana oba n'otakubwa nkuba. Otunuulire olabe obanga waliwo ebinyonyi oba ebisolo byonna gye byafuula omuti ogwo amaka gaabyo agataliiko buzibu. Saba Katonda ayogereko naawe akuyambe okufumiintiriza engeri ggwe n'abalala mu kitundu kyammwe, gye muyinza okubeera nga emiti egy'amaanyi nga muleeta obukuumi n'obulamu mu kyaalo kyammwe kyonna. Wandiika mu katabo ko ebyo by'olowoozezza era na biki Katonda by'ayogera.

# 2



# Olugendo lwa Dignity

'Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja
ekkulu ery'oku nsonda,
eddonde, ery'omuwendo omungi;
Era amukkiriza talikwasibwa
nsonyi.'

1 Peetero 2:6

**Ekigendererwa**
Oyinza okubeera ekitundu ku lugendo lwa Dignity! Essomo lino lijja kukuyamba okutegeera kiki Katonda ky'agamba gy'oli ku bikwata ku kyaalo kyo nga okozesa Abaefeso 2:19-22.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Manya engeri Dignity gye yatandikamu era n'engeri gy'oyinza okubeera ekitundu ku lugendo lwa Dignity
- Engeri gy'olungamiziddwamu okutandikawo ekintu ekipya mu kyaalo kyo
- Tegeera obukulu bwa buli muntu ali mu kyaalo kyo era na bukulu ki obuli mu kukolera awamu

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kye wayiga mu ssomo eryayita ku miti egy'amaanyi egya Katonda?
- Wiiki eno wetooloolako ekyaalo kyo mu kutambula okw'okusaba? Katonda yayogera ki naawe?
- Wagabanako n'omuntu yenna ku ebyo bye wayiga wiiki eno?

**Ebyafaayo: Olugendo lwa Dignity**
Okukuyamba okutegeera engeri emiti gya Katonda egy'amaanyi engeri gye giyinza okuteekawo enjawulo mu kyaalo kyo, katukulombojjere olugendo lwa Dignity.

Jon, omusajja ey'ava Ebungereza, yakoleranga mu Bakristaayo Ebungereza era ne mu Afirika okumala emyaaka mingi.
Mu 2004, yatandika okulaba nga ebiseera ebisinga engeri ekkanisa gy'ekolamu yali terina njawulo gy'ereetawo. Yawulira nga amaanyi gamuweddemu okulaba abakulembeze abaatendekebwa era nga balina ebirowoozo ebirungi, naye nga tebaliiko kye bakola. Jon n'asaba Katonda amulage enkola y'ebintu ey'enjawulo, Katonda kwe kumuwa olunyiriri lino:

> *Balyoke bayitibwe miti gya butuukirivu, Mukama gye yasimba, alyoke aweebwe ekitiibwa ye.*
>
> *Isaaya 61:3b*

Ojjukira olunyiriri luno mu ssomo eryayita?

Ekibuuzo Jon ky'eyabuuza Katonda kyaali nti: '*ofuula otya omuntu okubeera omuti ogw'amaanyi ayolesa ekitiibwa kya Mukama*?'

Jon yategeera nti Katonda yateeka dda abantu mu buli kifo era na mu buli kyaalo era nga ekyetaagisa kwe kuyambibwako basobole okukula, okugoberera Katonda n'okwetwalira ku ebyo Katonda by'alina ku lwabwe. Olwo abasajja n'abakazi balyooke bakyuuse ensi yaabwe n'okusingawo. Mu kifo ky'okutandika n'abakulembeze, kino kitegeeza kutandikira ku **bantu ba bulijjo**, nga ggwe nange!

Mu 2007, Jon yakyaalako mu katundu ak'ekyaalo mu Zambia n'awuliriza abantu bye baali banyumya. Mu mboozi zaabwe mwalimu ebyaali byewunyisa! Abantu baali baazukizibwa okuva mu bafu, nga b'awonyezebwa era nga bangi baali b'alokoka. Baali baataambula nga bagenda mu bitundu by'Africa eby'ebyalo era nga balabye Katonda nga akola ebikulu. Naye baalabika nga baamalibwamu amaanyi nga banakuwavu. Ensonga eri emu yokka nti kubanga tewali ku byonna ebyali bikoleddwa ekyaali kikyagenda mu maaso.

N'olwekyo mu 2008 Jon yakungaanya abantu abatonotono okusaba n'okulowooza ku kibuuzo, *'Tusobola tutya okufuula <u>buli omu</u> omuti ogw'amaanyi ayolesa ekitiibwa kya Mukama ekiribeerera?'* Baasisinkana abantu mu kifo ekisimibwamu Kkopa e Zambia bonna ne bakolera wamu okulaba nga batandikawo Ebibiina by'Obulamu bitaano mu kyaalo kyaabwe. Ebibinja bino byakungaaniranga mu makanisa ga ttaka, mu masomero ne wansi w'emiti!

Oluvannyuma lw'omwaka 1 waali wawezeewo Ebibiina by'Obulamu 10 nga biweza abantu 200 abeenyigiddemu. Oluvannyuma lw'emyaaka 10 Ebibiina by'Obulamu byaali biweze 700 era nga biweza abantu 14,000 abeenyigiddemu!

Ebibiina by'Obulamu bino bikyagenda mu maaso okwekubisaamu era n'ebipya bikyeyongera okutandikibwa. Teebereza mu myaaka 10 mu maaso balibeera bameka?

Teebereza singa waaliwo Ekibiina ky'Obulamu ekikola enjawulo mu kyaalo kyo? Era nga nakyo kivuddemu Ebibiina by'Obulamu ebingi? Era Ebibiina by'Obulamu nga bitandikiddwawo mu byaalo ebibaliraanye olw'okubanga nabo baawulira ekyaali kigenda nga kikolebwa.

Jon abadde mu lugendo lw'okulaba nga ebibiina by'Obulamu bitandikibwa, naye ensonga yennyini eyaleetera kino okukolebwa eri nti Katonda yennyini yakikola b' amaanyi g'abantu abaabulijjo abaakola ebintu ebitali bya bulijjo kulwa Yesu. Abantu bano abaabulijjo mu byaalo okubuna ogutundutundu ogw'obukiikaddyo bw'eddungu Sahara mu Africa **miti gya Katonda egy'amaanyi!**

Olugendo lwa Dignity lukyawandiikibwa era osobola okufuuka ekitundu ku lwo. Wandyagadde okubeera ekitundu ku ekyo Katonda ky'akola mu kyaalo kyo n'okweyongerayo? Osobola okufuuka omuti ogw'amaanyi era n'oyamba obalala n'abo okukula ne bavaamu emiti egy'amaanyi.

Jon yali muti gw'amaanyi eyewaayo obwewi okukola ekyo Katonda kye yamulagira okukola. Yesanga nga n'abantu beyasisinkana n'abo bafuuse kye kimu, b'agezaako okukola ekyo Katonda kye yali abaagaza. Olugero lwa Dignity lukyeyongerayongera okuwandiikibwa abantu abalala nga bakola ekyo Katonda kyabaagaza.

Tekikwetaagisa ggwe kumala kufuuka mukulembeze. Teweetaaga kumala kutendekebwa nnyo. Teweetaaga sente mpitirivu. Katonda asobola okukozesa buli omu era na buli muntu yenna – kale asobola okukukozesa!

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Soma ku ekyo Precious, Esther ne John kye b'ayogera ku Bibiina By'Obulamu ebiri mu kyaalo kyabwe.

**Precious**: *"Mu kiseera ekyo nali muntu mubi. Nakola ebintu ebibi nendowooza nti oba oli awo siyinza kusobola kubeera mu nteekateeka ya Dignity. Naye kaakati nsaba Katonda era akyusizza*

*obulamu bwange. Kakati, ndi musomesa era nsomesa abantu abalala. Ndaba nga abantu basanyukidde Ebibiina by'Obulamu kubanga bawulira nga bateekeddwamu obwesigwa okukola omulimu era baweereddwa obuvunaanyizibwa. Balinga eggye ekkuumi."*

**Esther**: *"Dignity kireese okwagala mu byaalo era n'abantu abatwetoolodde. Kisomesezza okwagalana, n'okuyambagana."*

**John**: *"Obubaka bwa Dignity bwanzizaamu amaanyi n'ensobola okubeera eky'okuddamu eri ebyaalo byaffe. Kirina amaanyi okukyuusa abantu."*

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli: Amayinja Amalamu**
Bwe twogera ku miti gya Katonda egy'amaanyi kiyamba okulowooza ku bantu abafuuka emiti emirungi, emigimu egibala ebibala ebingi. Bakolera abalala ebisiikirize (baagala abalala era babagumya mu kukkiriza kwabwe) era ne babala ebibala (baakisa, basanyufu era baleeta emirembe mu buli omu). Naye nno, ebiseera ebimu emiti giyimirira ku bwa gyo. Tetwetaaga bwetaazi muti gumu ogw'amaanyi okubeera awo nga gwesimbye bwantoogo mu kyaalo, twagala buli omu ayagale Yesu, ayagale abalala era aleetewo enjawulo!

Kale mu ssomo lino tugenda kukozesa ekifaananyi kya njawulo okusobola okutuyamba. Tugenda kwogera ku buli muntu mu kyaalo kyo nga ejjinja. Waliwo amayinja mangi mu kyaalo n'ebitundu ebyetoolodde ekyaalo kyo. Mu kyaalo kyo mulimu abantu bangi.

Teebereza singa buli muntu mu kyaalo kyo abadde jjinja. Buli jjinja lirina enkula ya njawulo, obunene bwa njawulo n'endabika ya njawulo. Ejjinja erimu liyinza obutalabika nga erisobola okukola enjawulo ku bwalyo, lisobola okusuulibwa amangu. Naye Katonda akulagidde okukungaanya amayinja gano ag'omuwendo gonna era ogateeke wamu. Bw'okungaanya wamu amayinja gayinza okukola ekisenge ekigumu, buli limu lituukana ku linnaalyo obulungi okusobola okuzimba ekintu ekirungi ennyo era nga kigumu ddala okusinga ejjinja eriri awo ku bwa lyo lyokka.

> *[4]Mujje eri oyo ejjinja eddamu, eryagaanibwa abantu, naye eri Katonda ddonde, lya muwendo mungi, [5]era nammwe ng'amayinja amalamu muzimbibwamu ennyumba ey'Omwoyo mubeerenga bakabona abatukuvu, okuwangayo ssaddaaka ez'Omwoyo, ezisiimibwa Katonda mu Yesu Kristo. [6]Kubanga waliwo mu kyawandiikibwa nti,*
>
> *"Laba, nteeka mu Sayuuni ejjinja ekkulu ery'oku nsonda,*
> *eddonde, ery'omuwendo omungi;*
>
> *Era amukkiriza talikwasibwa nsonyi."*
> *[7]Kale eri mmwe abakkiriza omuwendo mungi, naye eri*
> *abatakkiriza,*
> *"Ejjinja abazimbi lye baagaana,*
> *eryo lye lyafuuka omutwe ogw'oku nsonda;"*
> *[8]era*
>
> *"Ejjinja eryesittalwako, era olwazi olusuula."*
> *Beesittala kubanga tebaagondera kigambo, nga bwe*
> *baali baateekeddwa okukola. [9]Naye mmwe muli*
> *ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu,*

*bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo*
*eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kitangaala*
*kye eky'ekitalo.* [10]*Edda abataali ggwanga, naye*
*kaakano muli ggwanga lya Katonda; abaali*
*batasaasirwa, naye kaakano musaasiddwa.*

*1 Peetero 2:4-10*

[19]*Kale bwe mutyo temukyali bannamawanga na bayise, naye muli ba kika kimu n'abatukuvu,*
*era ba mu nnyumba ya Katonda.* [20]*Kubanga mwazimbibwa ku musingi gw'abatume ne*
*bannabbi, Kristo Yesu yennyini nga lye jjinja eddene ery'oku nsonda.* [21]*Mu ye buli nnyumba*
*yonna, bw'egattibwa obulungi, ekula okubeeranga Yeekaalu entukuvu mu Mukama waffe;*
[22]*era mu ye nammwe muzimbibwa wamu okubeeranga ekisulo kya Katonda mu Mwoyo.*

Abaefeso 2:19-22

**Ensomesa: Amayinja Amalamu**

Wali ozimbye ekisenge oba ennyumba? Amayinja agasookera ddala mu musingi gegasingira ddala okuba amakulu kubanga ekitundu ekisigaddeyo ku nnyumba kigenda kuyimirira ku go. Kigeetagisa okuba amagumu ddala era nga tegaliiko kigabulako.

Mu 1 Peetero 2:4-10 kyogera ku Yesu nga 'ejjinja eddamu' era naffe ne twogerwako buli ssekinnoomu nga 'amayinja amalamu'. Yesu gwe musingi gw'ennyumba ya Katonda era naffe tuli mayinja amalamu abateeka obwesige bwaffe mu ye era ne tuteeka obulamu bwaffe ku musingi gwa Yesu.

Mu Baefeso 2:19-22 ekyawandiikibwa kijuliza Yesu nga ejjinja ekkulu eryokunsonda. Ye ly'ejjinja eggumu ffe kwetuzimbira obulamu bwaffe, ye gwe musingi omunywevu ogutamogoka.

Abantu abamu bagenda kugaana Yesu ejjinja eddamu obulamu bwabwe babuzimbire mu ngeri zabwe bo. Abantu bano tukyabaagala era tubayamba okutegeera nti okuzimbira obulamu bwabwe ku Yesu kye kintu ekisingayo obulungi kye bayinza okukola!

Ffe abamukkiriza, era nga amayinja amalamu tusobola okuzimba ekintu ekirungi awamu nga tuli ne Yesu! Ebyawandiikibwa ebiri mu 1 Peetero byogera ku Katonda nga omuzimbi omukulu, atuzimbamu ennyumba ey'omwoyo Katonda gy'alaba nga esanyusa. Katonda atuyungayunga wamu okubeera abalondebe, yeroboza buli jjinja n'obwegendereza (ye ggwe n'abantu bomukyaalo kyo) n'abateeka wamu mu ngeri ennungi. Ekizimbe kino ne kifuuka ekifo Omwoyo Omutukuvu mwawangaalira; Katonda awangaalira mu bantu be. Katonda alaba nga buli jjinja lya muwendo mungi, naye era ayagala tukwatagane tukolere wamu nga tuli b'amaanyi tuzimbe ekintu ekyewunyisa! Y'ensonga lwaki Katonda agamba nti kikulu nnyo ffe okutabagana ne tukolera wamu mu makanisa gaffe, mu byaalo byaffe, mu bitundu byaffe ne mu ggwanga lyaffe.

**Ebibuuzo: Amayinja Amalamu**

- Wali ozimbye oba wali otunuulidde ekintu nga kizimbibwa? Oba nga kyaali kibaddewo, kye kiki?
- Wawulira otya nga ozimba era ne bwe wali omaze okuzimba?
- Biki bye wakozesa okuzimba?
- Ebyo bye wakozesa okuzimba byonna byaali bya muwendo nga byetaagisa oba ebimu byaali bisingako ku binne waabyo?

**Ensomesa: Dignity byeraba nga byebyomuwedo**
Ekigendererwa ky'okubeerawo kwa Dignity kwe kuleeta abantu eri Yesu nga kiyitira mu bitundu abantu mwebali era mu kukola ekyo kisiguukulule obwavu obwa buli kikula kyonna. Kino kitwaliramu obwavu bw'omwoyo, obwomumubiri, obwomubitundu abantu mwe bawangaalira, obw'essente n'e mbeera z'abantu.

Ebintu ebisatu ebyetaagisa okukola kino bye bino:

1. Okutandika
2. Abantu
3. Okukolera awamu

**1. Okutandika**
Dignity kirina ekigendererwa eky'okuyamba ebitundu ebirimu ekkanisa ennafu ddala. Twetaaga okuzimba era n'okutendeka abantu mu byaalo, ebiri ewala ennyo n'enkulakulana okutandikawo ekintu ekipya mu bitundu byabwe basobole okuteekawo enjawulo!

Tukkiriza nti ggwe olina byonna byeweetaaga okutandika Ekibiina ky'Obulamu era n'okukyuusa ekyaalo kyo. Ggwe wamala dda okubeera n'abantu bwe mukolagana era b'okwatagana n'abo mu kyaalo kyo. Tumanyi nti olina omutima ogwagala okugoberera Katonda n'okwagala obalala olw'okubanga oyisiddwa mu musomo guno. Olina Katonda ali naawe agenda okukuyamba!

Tulowooza nti kyamuwendo okuba nti wetwalidde eddaala ery'okukkiriza okukola omusomo oguli mu katabo kano, era nti olina omutima ogw'okuyiga era nti olina omutima ogw'okuteekawo enjawulo mu kitundu kyo. Olina byonna byeweetaaga, kyetwagala kwe kukuyambako, so si kukukolera buli kintu, naye nga tukuyamba okuyiga okukola ggwe wennyini nga osomesa abalala. Kasita ggwe omanyidde ddala bulungi ekyaalo kyo bwekiri okusinga ffe! Ogenda kutandikawo ekintu ekirina amaanyi okukula n'okubeerera ebbanga eddene ennyo, ennyo, nga kikola mu kyaalo kyo kyonna n'okussukkawo.

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Tembo* abeera mu Ganze, Kenya. Yatandikawo ebintu bingi mu kyaalo kye era ne mu byaalo ebiriraanyewo, atandiseeyo Ebibiina by'Obulamu bingi, kale twamubuuza atubuulire lwaki akikola era akikola atya!

Tembo yannyonnyola nti mu kitundu ky'e Ganze mulimu emizikiti mitono nnyo egy'ali gizimbiddwa era nga abantu bangiko abaali batandise okugenda mu mizikiti mu kifo ky'okugenda mu kkanisa. Kino ne kikosa Tembo. Yategeeza nti waliwo omukisa ogw'okubaako n'ekikolebwa nga eddiini y'ekiyisilaamu tennaba kugaziwa nnyo mu kitundu ekyo.

Tembo yatandikawo Ekibiina ky'Obulamu okumpi n'amakage mu 2008 era yazzibwamu amaanyi okulaba nti ow'omukwano eyali yakatandika okugenda mu muzikiti yajja gyaali okutegeera biki Baibuli byegamba. Okuva ku olwo omuntu oyo yasalawo okugoberera Yesu era n'akomawo mu kkanisa, n'okubeeranga mu Kibiina Ky'Obulamu. Kino ne kiraga Tembo nti Ebibiina by'Obulamu bya mugaso okukozesebwa mukuyamba abantu okuzuula era n'okutegeera kye kitegeeza okugoberera Yesu era alowooza nti kino kyetaagisa nnyo mu kitundu kye.

Okuva kw'olwo Tembo yegungirawo enkola eyiye ey'okutandikawo Ebibiina By'Obulamu. Ekibiina kye ekyaasooka bweyakitandika ne kitandika okutambula yafuba okulaba nti alondayo omuntu omu mu kibiina okukulembera ekibiina ekyo. Kaakati ye wamu n'abantu abalala okuva mu kibiina

kye ne boogerako n'abantu mu kitundu ekibaliraanye ne beewaayo okugenda babayambe okutandikayo Ekibiina ky'Obulamu. Bonna wamu bagendanga buli wiiki okukungaana wamu n'ekibiina kino ekipya okutuusa lwe beekakasa nti kati ekibiina kisobola okwetambuza ku bwakyo kyokka.

Tembo ne mikwano gye ne bagenda mu kitundu ekirala ne bakola kye kimu nate! Alina olukalala lw'ebitundu mwayagala okutandika ebibiina, bwanagoberera enkola ebaddewo, tukkiriza nti ajja kusobola!

** Ekigambo ekitegeeza okweyawula kyakyuusibwa olwa twekisize*

**Ebibuuzo: Olugero lwa Tembo**

- Kipya ki Tembo kye yakola?
- Tembo yakola ki mu kyaalo kye era ne mu byaalo ebimuliraanye?
- Olowooza Tembo yalina essente nnyingi, ne nnyumba ennene oba obuyigirize bungi okutandika Ekibiina kye? Yakozesa ki okutandika ebibiina?
- Kiki ky'olinawo ekisobola okukuyamba okutandika Ekibiina ky'Obulamu?

*"Nalowoozanga nti netaaga ebintu bingi oba ebikozesebwa okusobola ekuteekawo enjawulo mu kyaalo kyange. Nalowooza nti saalinawo kintu kyonna eky'omuwendo ekiyinza okuteekawo enjawulo. Bwenalowooza kukutandikawo Ekibiina ky'Obulamu n'azuula nti eby'omuwendo ebisinga ennyo gwe mukwano n'abantu n'okutegeera embeera ekosa ekitundu kyange. Bino byombi nali mbirina!"- **Mutambo***

**2. Abantu**

Abantu bakulu nnyo. Abantu aba bulijjo basobola okukolera Yesu ebintu ebisukkulumye ebya bulijjo!

Tukkiriza nti mu buli kitundu mulimu abantu Katonda be yateekamu b'ayagala okukola n'abo. Ye GGWE! Wali okitegedde nti Katonda yakuteeka mu kyaalo kyo kubanga ayagala okukukozesa okubeera ejjinja eddamu okungaanye amayinja amalamu amalala? Ekyo nga kyewunyisa?

Abantu y'ensibuko y'ekyokuddamu ekikulu mu kyaalo kyo. Ge mayinja ag'enjawulo gotoyinza kugerageranya na kintu kyonna Katonda g'ayagala okukozesa.

**Ekyokukola: Amayinja Amalamu**

Bwe twogera ku miti gya Katonda egy'amaanyi kiyamba okulowooza ku bantu abafuuka emiti emirungi, emigimu egibala ebibala ebingi. Bakolera abalala ebisiikirize (baagala abalala era babagumya mu kukkiriza kwabwe) era ne babala ebibala (baakisa, basanyufu era baleeta emirembe mu buli omu).

Naye nno, ebiseera ebimu emiti giyimirira ku bwa gyo. Tetwetaaga bwetaazi muti gumu ogw'amaanyi okubeera awo nga gwesimbye bwantoogo mu kyaalo, twagala buli omu ayagale Yesu, ayagale abalala era aleetewo enjawulo!

**Bw'oba nga osomera mu kibinja:**
Wandiika olukalala oluli ku jjinja eryokukisenge mu katabo ko olulage ekibiina. Balowoozese ku bantu abali mu kyaalo kyabwe era n'engeri gye bayinza okubeera amayinja amalamu.
Wandiika amannya g'abantu abo ku buli jjinja eryokukisenge. Jjukira okuwandiika amannya g'abantu abo abalala bebatayinza kulowoozako, na bo Katonda ayagala okubakozesa!

**3. Okukolera Awamu**
Tukkiriza nti okuleeta abantu abangi nga ba njawulo awamu okuyita mu Yesu mu kitundu kyabwe gaba maanyi ga waggulu mu kuteekawo enjawulo!

Tukkiriza nti ekyaalo kiba kyamaanyi abantu bwe bakolera awamu. Kino kitegeeza nti abantu mu makanisa bakolera wamu. Kitegeeza nti abantu abava mu makanisa ag'enjawulo bakolera wamu. Kitegeeza nti abantu abatagenda mu kkanisa bakolera wamu n'abo abagenda mu kkanisa. Kitegeeza nti abantu abava mu maka ag'enjawulo bakolera wamu. Era ekyo kitegeeza nti ebyaalo eby'enjawulo bikolera wamu ne bayambagana!

Ebibiina by'Obulamu nkola y'amaanyi ebyaalo gye bisobola okujja awamu ne bikolera wamu okugaggawaza ebitundu byabwe.

Festus ayambye Ebibiina by'Obulamu okutandikibwawo mu byaalo bingi mu kitundu kye. Yagamba, *"Okuva lwe twatandika Dignity mu kitundu kyaffe, abantu okuva mu makanisa agatali gamu b'atandika okukolera awamu, nga bakolagana. Bwetwatandika okukolagana, abantu abatagenda mu kkanisa, abatamanyi Kristo, kakati batandise okutegeera Kristo kulwenkolagana gye balabye wakati mu ffe".*

**Ekyokukola: Okukolera Awamu**
Ddayo mu katabo ko ak'okuwandiikamu olabe olukalala lw'amayinja g'okukisenge. Okwetooloola amayinja wandiika ebigambo byonna ebikujjira mu birowoozo bw'oba olowoozezza kukukolera awamu era na kiki ekibeerawo abantu bwe bakolera awamu. Bino bye bimu ku kubyokulabirako:

- Obumu
- Omukwano
- Okukyuuka

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Wandiika olukalala ku jjinja eryokukisenge mu kataboko era osabe ekibiina okwatula mu ddoboozi eriwulikika ebigambo byonna ebibajjira mu birowoozo bwe balowooza ku kukolera awamu kw'abantu. Wandiika ebigambo bino okwetooloola amayinja.
Bino bye bimu ku by'okulabirako:

- Obumu
- Omukwano
- Okukyuuka

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**

Nkandu* yawulira okuva eri mukwano gwe ebifa ku Dignity eyamwaniriza okwetaba mu lukungaana lw'Ekibiina ky'Obulamu. Nkandu n'agenda naye mu lukungaana era bye yalaba nga bakola ne bye yayiga mu Kibiina ky'Obulamu byamwewuunyisa. Nkandu teyali mutuuze wa mukyaalo ekyo naye yayagala wabeewo ekitandikibwa mu kyaalo kye. Ekibiina ne kimugamba nti ekyo kyangu, era nti kyaali kimwetaagisa kufunayo abantu nga basatu okumwegattako, era n'okutwala akamu ku butabo okutandika enkungaana.

Kale, n'alyooka agenda eka n'atandika okukunga abantu. Mu ntandikwa, yayaniriza abantu nga baviira mu kkanisa ye eya Anglican yokka. Bonna ne bajja ne batandika okuzimba Ekibiiba ky'Obulamu – naye oluvannyuma lw'okukubaganya ebirowoozo ebingi, ne bakizuula nti baali beetaaga okuyingizamu abantu abalala era n'okuzzaamu abantu amaanyi okusobola okubeegattako. Bwe baamala okukisabira Nkandu n'abakubiriza okufuluma bagende buli kinnoomu kubo aleeteyo omuntu omu nga amuggya mu kkanisa ey'enjawulo. Wiiki eyaddako, abantu bangi abaabeegattako Ekibiina ky'Obulamu ne kiba kinene ddala ne bawalirizibwa okweyawulamu ebibiinja bibiri!

** Amannya gakyuusibwa olwa twekisize*

**Ebibuuzo: Enjawulo Ekibiina ky'Obulamu gye kikola**

Ojjukira olugero olwogera ku kyaalo mu ssomo eryayita? Lwayogera ku kyaalo abantu gye baakaayaniranga era nga bavuganya nga tewali akolagana na munne.

- Ebibiina by'Obulamu by'osomyeko olwaleero njawulo ki gye bikola okusinziira ku ebyo ebyaaliwo mu kyaalo mu lugero olwa wiiki eyayita?
- Ebibiina by'Obulamu bikoze ki?
- Olowooza abantu kiki kye baawulira bwe baayanirizibwa okwetaba mu Kibiina ky'Obulamu?

*"Nali ntya okugezaako okutandikawo ekintu ekipya mu kyaalo kyaffe kubanga abantu bangi tebaagala kukyuuka era n'amakanisa gaali gakola ebintu bye bimu okumala emyaaka mingi. Nayaayaaniranga okulaba nga amakanisa gakolera wamu n'okutuukirira ababonaabona, ne mpulira nga Katonda agamba nti nali nnina okukolayo ekintu ekipya. Ekibiina ky'obulamu kyaakola ebintu abyewuunyisa, kyakakasa nti abantu ab'omumakanisa ag'enjawulo batandika okukolera awamu, bonna wamu ne batandika okuyamba abo abayala era n'abasumba ne batandika okusanyuka olw'okulaba nga abantu bakolera wamu. Ndi musanyufu olwokubanga nnesiga Katonda nampa amaanyi kubanga kakati nnyamba abantu okutandika Ebibiina by'Obulamu mu bitundu bingi nnyo nnyini ddala"* ***- Mutambo***

**Saba**

Ddamu otunule ku kifaananyi kye wakubye mu katabo ko ak'okuwandiikamu akaliko amannya g'abantu ku mayinja. Sabira buli kinnoomu ku abo bafuuke amayinja amalamu, bateeke obwesige bwabwe mu Yesu era obulamu bwabwe babuteeke ku musingi gwa Yesu. Basabire basobole okukolera awamu okuleeta enkyuukakyuuka mu kyaalo era n'amakanisa gasobole okukolera awamu okuleeta enkyuukakyuuka mu kyaalo.

*"Mu byaalo abantu ab'amakanisa ag'enjawulo bakaayana era ne bavuganya ku lwa bantu abalina okujja mu makanisa gaabwe era ani asinga okukola ebintu okusinga munne. Nkandu yasobola okuleeta abantu awamu okuva mu makanisa ag'enjawulo kale mukifo eky'okukaayana b'akizuula nti buli omu kitundu ku maka ge gamu, amaka ga Katonda, era basobola okuyamba n'abalala singa bajja wamu"-* ***Asisi***

**Eky'okulola wiiki eno**
Wiiki eno saba Katonda mu ssaala zo akulage omuntu asobola okukuwagira mu lugendo, omuntu agoberera Yesu era nga alina ekiruubirirwa eky'okuleeta enkyuukakyuuka mu kyaalo. Lowooza ku ngeri gyewandyagadde omuntu oyo okukuwagira bwe muba mukkiriziganya. Kola enteekateeka eyokusisinkana era ogabane naye olugendo lwa Dignity, mubuulire ekyakusikiriza era n'engeri gy'oyinza okubeera ekitundu ku kyo. Mubuuza obanga agenda kukuwagira okutandika Ekibiina ky'Obulamu. Musabire wamu Katonda abayambe okutandikawo ekintu ekipya mu kyaalo kyammwe.

Wekakase nti omubuulira engeri gy'oyagala akuwagiremu!

Omuntu ono ayinza okusalawo okukola nga ayitira mu ***Lugendo lwomukyaalo*** wamu naawe, oba okukola enteekateeka ey'okusisinkana naye nga omaze okutegeera buli ssomo era ogabane naye by'oyize.

**Baako by'owandiika**

- Wasisinkana n'ani okugabana naye olugero lwa Dignity?
- Agenda kukuwagira okutandika Ekibiina ky'Obulamu?
- Wandyagadde akuwagire atya?
- Omuntu ono agenda kuyita mu katabo wamu naawe oba kukusisinkana nga essomo liwedde?

**Wiiki eno, kola entegeka eyokusisinka omuntu gw'okwatagana naye**

- Mubuulire ku mbeera eri mu kyaalo kyammwe era n'ekyo ky'oyagala okukola.
- Mutegeeze ku bantu be waabadde okwogera nabo.
- Teekateeka ebibuuzo byonna byobategekedde ebikwata ku Dignity oba okutandika Ekibiina ky'Obulamu.

**Eby'okukola Ebirala**
Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Genda ofune amayinja mu kyaalo kyo, bw'onooba otambula beera nga osaba nti Katonda afuule buli muntu mu kyaalo kyo ejjinja eddamu.

**Eky'okulondako 2:** Teeka ejjinja ettono mu kasawo ko otambule nalyo wiiki yonna. Buli lw'onolikwatangako n'oliwulira, saba Katonda akozese amayinja amalamu mu kyaalo kyo okukolera awamu era babeere bumu.

**Eky'okulondako 3:** Zuula ekisenge oba ekizimbe mu kyaalo kyo era ogende olabe nga bwe kyakolebwa.

- Kigumu?
- Amayinja gakwatagana gatya?
- Ekikula n'ekigera kyaago kye kimu?
- Ekisenge /ekizimbe kyazimbibwa ku ki? Omusingi munafu oba mugumu?

**Eky'okulondako 4:** Bw'oba olina ow'omukwano nga mukulembeze wa kkanisa genda mukubaganye ebirowoozo naye.

- Mubuuze akikola atya?
- Mubuuze ky'awulira mukubeera omukulembeze w'ekkanisa. Akinyumirwa? Asanze nga okubeera omukulembeze kimukaluubirira? Bisoomooza ki by'asanga?
- Mubuuze ky'awulira mu bantu b'akulembera bwebali.
- Mubuuze oba nga amakanisa gakolaganira wamu era akubuulire lwaki oba lwaki nedda.
- Mubuuze oba okutandika Ekibiina ky'Obulamu mu kyaalo kirungi era akubuulire omulala gw'oyinza okugabanako naye.

Wandiika by'ofunye mu mboozi yammwe mu katabo ko.



## AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Tambula ne Yesu

**James Hudson Taylor, yazaalibwa mu May wa 1832 yali mu minsani eyava e Bungereza n'agabana enjiri n'abantu abaali mu bitundu ebitatuukibwangamu mu China. Amanyiddwa nga omuzuuzi w'olukalu lw'obuminsami munda muChina ekibiina ekyasindika ebikumi n'ebikumi by'abaminsani okugabana obubaka bwa Yesu mu nsi ye China.**

Hudson Taylor obuminsani yabutambuza mu ngeri ya njawulo ku y'abaminsani abaaliwo mu kiseera ekyo. Yeyingiza mu buwangwa nga ayiga olulimi, n'atandika n'okwambala nga bo n'ayambala n'enviiri nga abantu b'omukitundu ekyo. Obulamu bwe obusinga yabumala nga avvuunula Baibuli mu Lumandarin n'atendekebwa okufuuka omusawo okuyamba abantu. Era yakulembera ebibiina, nga amala ebiseera n'abantu n'okubayamba okukula muntambula yaabwe ne Katonda.

Hudson yennyini yakkiriza nti teyali musajja w'amaanyi. Obuminsani bwe bwali bujjudde kukola nnyo na bukaluubirivu. Mukyaala we yafa nga aweza emyaaka asatu, abana ku baana baabwe omunaana baafa nga tebannaweza myaaka kkumi, Hudson yennyini yabonaabona n'ebirwadde ebiwerako. Naye era yewalirizanga, mu bwongo bwe temwalimu kintu kikulu nga okugabana amawulire amalungi ag'enjiri n'abantu be China.

Obuweereza bwe bwali bwa kwagala nnyo Katonda. Yali amanyiddwa nga omwegayirizi ow'amaanyi lubeerera eyamala nga ebiseera bye mukigambo kya Katonda. Ne mubiseera bye eby'obunafu n'okubonaabona, yakimanyanga nti asobola okuddayo n'agwa mu maaso gaKatonda eyali amwagala. Mu kamu ku butabo bwe obwokuwandiikamu yawandiika nti *"ndi munafu nnyo sisobola na kusoma Baibuli yange...wadde okusaba, kye nsobola kwe kwebaka obwebassi mu mikono gya Katonda nga omwana omuto n'obwesige."*

Enkolagana eno ne Katonda yeyakulembera Hudson Taylor mu buweereza bwe, yeyamuwalirizanga okugenda mu maaso era n'emusobozesa okuwaayo ebibye byonna eri abantu be China. Enkolaganaye ne Katonda gwe gwali omusingi gw'omulimu gwe gwonna. Singa tewaali biseera bya kwewaayo mu kusaba, okusoma Baibuli n'okutabagana ne Katonda, tewandibadde buwanguzi bwonna Hudson Taylor bwatuukako.

AbaChina nkumi na nkumi baatuuka okumanya Yesu okuyita mu mulimu n'ebyokulabirako by'abaminsani nga Hudson Taylor era n'okutuusa leero, China erina emu kumakanisa agakulira kumisinde emingi mu nsi yonna. Bino byonna bivudde mu nsigo ezo ezasimbibwa emabega emyaaka nga kikumi n'okusingawo.

Ekyafaayo nga kino ekya Hudson Taylor kizzaamu amaanyi era tusobola n'okukemebwa okulowooza nti ekyo Katonda tayinza

kukikola mu bulamu bwaffe. Amazima gali nti na bo baali bantu nga ffe, abaalina enkolagana ne Katonda atali ya bulijjo. Mu bigambo bya Hudson Taylor, “Katonda *tanoonya bantu abalina okukkiriza okwamaanyi, naye anoonya ssekinnoomu omweteefuteefu okumugoberera.”*

AbaKolosaayi 2:6-7 kyogera ku kutambula ne Yesu mu ngeri eno.

> [6]*Kale nga bwe mwaweebwa Kristo Yesu Mukama waffe, mutambulirenga bwe mutyo mu ye,* [7]*nga mulina emmizi, era nga muzimbibwa mu ye, era nga munywezebwa okukkiriza kwammwe, nga bwe mwayigirizibwa, nga musukkirira okwebaza.*

Twafuna Yesu ne tumwaniriza mu bulamu bwaffe ekitegeeza nti tuli mu nkolagana eya nnamaddala naye. Baibuli erina olunyiriri olwogera ku ngeri gyetutakyaali balamu ffe nga ffe mu bulamu, naye Yesu ye mulamu mu ffe era okuyitira mu ffe (Abaggalatiya 2:20). Emikono gyaffe n’ebigere byafuuka bibye.

Twalondawo okutwala obulamu bwe nga obwaffe tubwesigamizza ku bubwe n’okusalawo kwaffe okusinziira ku bubwe kye buli, na biki byatwagaliza. Olumu Yesu yayogera olugero lw’omusajja eyazimba ennyumbaye ku lwazi (Matayo 7:24-27). Omuyaga gwaggya ne gukuba ennyumba naye olwokubanga yali ezimbiddwa ku lwazi, omusingi omutuufu, ennyumba yayimirirawo nga nnywevu. Yesu ali nga olwazi mu lugero lwe, bwe tuba twagala okuyimirira nga tunywedde mu kukkiriza kwaffe ne mu bulamu bwaffe awo nno tuba twetaaga kuzimbira obulamu bwaffe ku ye.

Ekyawandiikibwa ekiri mu Bakolossaayi kigamba nti kitugwanidde okuzzibwamu amaanyi mu kukkiriza. Bwe tulowooza okukkiriza kwaffe okuba enkolagana ne Yesu awo nno kitegeeza nti okunyweza okukkiriza kwaffe kukwata ku kukula nga tuli bumu ne Yesu. Kino tukikola nga twongera okumala ebiseera byaffe naye.

Emu ku ngeri Hudson Taylor gye yakulamu mu kukkirizakwe yali ya kuyitira mu Baibuli. Baibuli ky’ekigambo kya Katonda ekiwandiike era agenze ayogera n’abantu okuyitira mu kigambo ekyo okumala enkumin’enkumi z’emyaka. Bwetumalira ebiseera mu kigambo kya Katonda atubikkulira amazima, atweraga nga bwali era n’abumba obulamu bwaffe ne bufaananira ddala nga ye bwali. Kitugwanidde okutegeera nti ekigambo kya Katonda ye mmere gye twetaaga okutuliisa n’okunyweza okukkiriza kwaffe.

Mu buli nkolagana yonna, empuliziganya nkulu ddala era essaala mwetuyitira okuwuliziganya ne Katonda. Tekitegeeza kumugamba bugambi byetaagala, naye kitegeeza n’okumuwuliriza. Okusaba kuteekeddwa kubeera kwa mirundi ebiri mu mpuliziganya wakati waffe ne Kitaffe ali mu ggulu ekituleetera okumumanya mu ngeri ey’ebuziba, nga tumusembereredde ddala. Okusaba kwali kitundu ekikulu ennyo mu bulamu bwa Yesu. Kwamuwanga embavu, obuvumu n’essuubi okufuka obulamu bwe ku nsi. Era nga Yesu bwe yali, naffe tuteekwa okweroboza okusaba.

Katonda ayagala ggwe obeerenga naye buli kiseera. Ayagala osabe; oyogere naye era owulire bwayogera gy’oli. Akutemedde oluwenda lw’obulamu bwo era ayagala alutambulemu ngaali naawe. Ayaniriza buli omu ku ffe okukula mu nkolagana ey’ebuziba naye. Enkolagana eno gwe musingi Katonda kwasinziira okukola ebikulu ebitalina kkomo mu bulamu by’otoyinza kusaba oba okufumiintiriza (Abaefeso 3:20).

**Kalowoozeeko**

- Enkolagana yo ne Katonda efaanana etya mu kiseera kino? Owulira nga omusemberedde oba omuli wala?
- Obulamubwo obuzimbidde ku Yesu? Mu buli mbeera eba ekwanganze olondawo kubeera ne Yesu?
- Bikolwa ki by'oyinza okweroboza okusobola okukula nga osemberedde Katonda? Osobola okubaako ekiseera ky'oyawulako nga kiseera kya kubeera na Katonda?

Ebirowoozo byo biwandiike mu katabo ko.

3



# Enjiri kye kki?

**Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe; naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda.**

1 Yokaana 3:16

**Ekigendererwa**
Essomo lino lijja kukuyamba okutegeera era n'okunnyonnyola enjiri, obubaka bwa Yesu.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Otegedde enjiri kiki kyeri
- Otegedde lwaki Enjiri mawulire malungi eri ggwe, ebyalobyo n'ensi yonna

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kye wayiga okuva mu ssomo eryayita erikwata kukubeera ekitundu ku lugero lwa Dignity?
- Olugero lwa Dignity walugabanako n'omuntu yenna? Baagambaki?
- Katonda yayogeraki naawe kukutandikawo ekintu ekipya mu kyaalo?

**Ensomesa: Enjiri kye kki?**
John Piper, omusomesa wa Baibuli era omuwandiisi, olumu yannyonnyola mu ngeri eno:

> *"Enjiri ge mawulire amalungi ag'olubeerera agaleeta essanyu erigenda lyeyongerayongera ate nga tegatama, agatutuusa eri Kristo amatiza bulijjo getufuna kubwereere emirembe gyonna olw'okukkiriza okufa okwaleeta okusonyiyibwa ebibi n'essuubi eriva mu kuzuukira kwa Yesu Kristo."* [1]
>
> *John Piper*

Ekitegeeza nti, ekkubo erigenda eri Yesu Kristo liggule era agaba ekirabo kya bwereere eky'okusonyiyibwa n'obulamu obwomumaaso obutaliiko kubuusabuusa mu kuzuukira okuva mu bafu!

**Ekyokukola: Olowooza enjiri kye kki?**
Teebereza nti ogezaako okunnyonnyola omuntu atamanyi kintu kyonna ku Yesu kiki enjiri kyeri. Diramu ebibuuzibino mu kataboko.

- Enjiri kye kki?
- Enjiri eriwo kulwa baani?
- Kiki ekyabaawo bwe wawulira enjiri?
- Kiki ekyabaawo ku bantu b'omanyi bwe baawulira ne bakkiriza enjiri?

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Gamba buli omu awandiike eky'okuddamu kwe eri ebibuuzo mu kwegezesa kuno, olwo nno buli omu alyoke agabane ekyo kyazzeemu ne banne buli muntu awulire ebiva mu munne.

[1] Piper, J 2002, *What is the Christian Gosel?* Bwatuukibwako nga 20 mu mwezi gw'omukaaga 2020. Obusanga ku mutimbagano gwa https://www.desiringgod.org/articles/what-is-the-christian-gospel

Abantu abamu bayinza okufuba nga tebalaba kya kuddamu ne baba nga beetaaga ebiseera ebisingawo. Bakakase nti wemutuukira ku nkomerero y'omusomo guno bagenda kuba nga bategedde kiki enjiri ky'eri era bagenda kuba nga basobola okubuulirako abalala.

**Ebyafaayo: Omukulembeze Omuyindi**

Waaliwo omukulembeze omu mu gamu ku mawanga g'Abayindi eyali abonaabona n'ekyeeya nnamuzisa. Emmere yali ya kkekwa era nga abantu b'omuggwanga eryo batandise n'okubbangana nga banoonya okubaawo.

Omukulembeze n'akimanya nti obubbi bwali bugenda kuleetera abantu b'omuggwanga eryo okufa, n'alyoka alangirira etteeka erigamba nti singa wanaabawo akwatibwa nga abbye bagenda kumutwala mu mbuga y'ekyaalo, asibibwe ku mpagi era akubibwe embooko mu lujjudde lw'abantu. Omukulembeze ono yakimanya nti obwenkanya bugenda kubeerawo.

Olunaku olwaddako, mu bukakafu, omubbi n'akwatibwa. Buli muntu n'ajja okwerolera ani eyali akoze ekyo era balabe kibonereki kye baali bagenda okumuwa. Naye ekyetiisa buli omu, kyasangibwa nga Nnyina w'omukulembeze gwe baali bakutte. Kale kiki kye yali agenda okukola? Yali Mukulembeze mulungi, nga tasobola kuvvoola tteeka ye kkennyi lye yali ataddewo eggulo limu. Yali ateekwa kubeera mwenkanya.

Naye ono yali maamawe yennyini. Yali **amwagala** nnyo. Era yali nnamukadde era nga munafu; nga bwe bamukuba embooko zaali zakumukutula bukutuzi afe. Kale yali asobola atya okumuleetera okubonaabona?

**Ebibuuzo: Omukulembeze Omuyindi**

- Ggwe olowooza Omwami yali alina kukolaki?
- Singa Omwami yali alina kubonereza maamawe, yali alina okwekakasa nti alaga **obwenkanya**. Kino yali alina okukikola? Lwaki oba lwaki nedda?
- Omukulembeze nga bw'aleka maamawe agende nga tamubonerezza, yali alina okuba nti alaga **okwagala**. Kino yali alina okukikola? Lwaki oba lwaki nedda?
- Kyali kisoboka okulaga byombi okwagala **era** n'obwenkanya?

**Ebyafaayo: Olugero lw'Omukulembeze (lugenda mu maaso)**

Omukulembeze kwe kulagira emikono gya nnyina gisibwe ku mpagi kibooko zitandikibwe. Era n'ayita omukubi okuvaayo, n'embooko ye mu ngalo.


Bwe yali anatera okulagira okukubwa kutandike, Omukulembeze n'avaayo n'ayimirira wakati wa maama we n'omukubi. Nalambulula ebibegabega bye n'amalayo omubiri omunafu ogwa nnyina omukadde era n'agubikkira mu gugwe negubuliramu, n'alyoka alagira okukuba kutandike.

Embooko zikkirire, nga zigwa kugugwe, ye yaaba awulira omusera gw'ekibonerezo. Mu kukola ekikolwa ekyo yali alaga obwenkanya, obw'okutuukiriza ekibonerezo, era n'okwagala, nga abonaabona ye kkennyini.

Omukulembeze yalaga okwagala maama we era n'alaga n'obwenkanya.

Ekyo Yesu kye yatukolera ffe.

**Ensomesa: Obubonero 4**
Engeri ey’amaanyi eyokutegeera enjiri n’okuginnyonnyola eri abalala, kwekukozesa engeri ennyangu ***ey’obubonero 4***.[2] Eno nkola nnyangu okujjukira enjiri era nga okozesa obufaananyi 4 okutegeera n’okugabana enjiri.



Obubonero 3 butuyamba okwogera ku mazima g’e njiri, amawulire amalungi aga Yesu. Akabonero akasembayo katwaniriza okusalawo okweroboza okugoberera Yesu.

**Akabonero 1: Katonda anjagala**
Katonda akwagala. Okwagala teba nneewulira; kiba kikolwa. Okwagala kubaako kye kukola. Mu ngeri yemu, Okwagala kwa Katonda kiba kikolwa, kiriko kye kikola. Naye okwagala si kikolwa bukolwa Katonda ky’akola. Katonda kwagala. Katonda ky’ekyokulabirako ekikulu ddala eky’okwagala mu butukuvu ne mu nkula yakwo esingayo. Buli Katonda ky’akola kisindiikirizibwa kwagala.

Katonda agamba:

> *Mukama yandabikira dda ng'ayogera nti, Weewaawo, Isiraeri nkwagadde n'okwagala okutaliggwaawo; kyenvudde nnyongera okukukwatirwa ekisa.*
>
> *Yeremiya 31:3*

Katonda yatwagala nnyo kye yava asindika mutabani we, Yesu, afe mu kifo kyaffe.

> *Ku kino kwe tutegeerera okwagala, kubanga oyo yawaayo obulamu bwe ku lwaffe; naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw’ab’oluganda.*
>
> *1 Yokaana 3:16*

Omukulembeze oli mu lugero yayagala maama we, teyayogerabwogezi nti amwagala naye yalaga engeri gye yamwagala nga alaga ekikolwa kye yakola.

**Akabonero 2: Nayonoona**
Abantu abasinga obungi balowooza nti ekibi kwekuba nga tukoze ekikolwa ekikyamu. Ekibi kisingako kw’ekyo. Baibuli etutegeeza nti ekibi kiba kirowoozo mu bulamu bwaffe, oba tulondawo kubeera mu bulamu ne Katonda oba nga tetulina Katonda. Bwe tuwa Katonda obulamu bwaffe tubeerera ddala balamu.  Bwe tukwata obulamu bwaffe ne tubumuwa, tubeerera ddala balamu. Bwetubumumma, tubatufudde mu mwoyo. Baibuli egamba nti BONNA baayonoona kubanga wabaddengawo ekiseera mu bulamu bwaffe bwe tusazeewo okubeerawo nga tetulina Katonda.

> *Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda*
>
> *Abaruumi 3:23*

[2] Ebisingawo bisange ku mukutu gwa zuula ebirala ku mukutu ogwa www.the4points.com

Katonda bwe tumumma obulamu bwaffe, ekyo ky'ayita 'ekibi' kikula mu bulamu bwaffe ne mu nsi yaffe. Oba kibi ky'oyita ekitono, obuggya, obwenzi oba obutemu buli kibi kituziyiza okutuukana n'omutindo gwa Katonda era kirina ebikivaamu n'ekibonerezo.

Waliwo ebiva mu kibi bingi. Ekibi kikosa enkolagana yaffe ne Katonda, kikosa enkolagana yaffe ne bantu bannaffe, ekitundu mwetuwangaalira n'eggwanga, era kituuka n'okukosa ensi yonna.

Bwe twonoona, tusalawo okwebeerera mu bulamu bwaffe ffekka era ne tukontana ne Katonda. Tuba tuteekwa okubeera mu mbeera eyeebyo ebiva mu kusalawo kwetuba tusazeewo. Mu Baibuli kyogera nti ekibonerezo ky'okwonoona kuba kufa.

> *Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa*
>
> *Abaruumi 6:23*

Bwe tuba tetwagala kubeera mu bulamu obufugibwa Katonda wano era kati, tuba tulonzewo kubeera mu bulamu nga tali naffe emirembe gyonna. Kino ky'ekibonerezo eky'obutasalawo kubeera mu bulamu obulimu Katonda ne twekkiriranya 'n'ekikyamu' mu nsi eno. Katonda atwagala era ayagala okutumanya, ayagala okuddamu okututondera ensi ennunngamu nate. Ate era Katonda mulamuzi waffe era aleeta obwenkanya, kale agenda kulamula ensi naffe era tugenda kusisinkana ekibonerezo ky'ekibi.

Omukulembeze mu lugero lwaffe y'amanya ekikolwa kya maama we nti ky'ali kirina kusasulirwa era waaliwo ekibonerezo kyakyo, n'alagira okuswanyuulwa embooko kubeerewo.

**Akabonero 3: Yesu yanfiirira**

Yesu yali byombi muntu ate nga Katonda era bwe yali ku nsi teyayonoona, obulamu bwe yabubeeramu ne Katonda mu bujjuvu. Yesu yawaayo obulamu bwe okusasulira ekibonerezo ky'ekibiKyo n'ekya buli omu'. Mu kukola bwatyo yali atuggulirawo ekkubo ery'okuzaalibwa omulundi ogwokubiri, okuddamu okufuuka abalamu mu mwoyo n'okubeera ne Katonda. Katonda ayagala tubeere naye era ku lulwe mu nsi muno era n'emirembe gyonna.

> [16]*"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we*
> *eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere*
> *n'obulamu obutaggwaawo.* [17]*Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi, okusalira ensi*
> *omusango; naye ensi erokokere ku ye.* [18]*Amukkiriza tegumusinga; atamukkiriza gumaze*
> *okumusinga, kubanga takkirizza linnya lya Mwana eyazaalibwa omu yekka owa Katonda.*
>
> *Yokaana 3:16-18*

Katonda yayagala nnyo ensi n'okuwaayo naawaayo Omwana we, Yesu, mu nsi. Teyatuma Mwana we assale omusango oba anenye abantu, naye yatuma Omwana we ayambe okuddamu okutereeza ensi nate.

Yesu yafiira ku musaalaba nazuukira nate naabeera omulamu oluvannyuma lw'ennaku ssatu. Yali tasobola kusigala nga mufu kubanga ye ye Mwana wa Katonda era amaanyige gasukkulumye okufa.

Omukulembeze mu lugero lwaffe yayagala nnyo maama we n'atuuka n'okutwala ekibonerezo ekyandibadde ekya maama we era n'ayimirira mu kifo kye afune ekibonerezo kulw'obwonoonyi bwe.

**Akabonero 4: Nteekwa okusalawo okubeera mu bulamu obusaamu Katonda ekitiibwa**
Olina okwesalirawo.

Okwagala kuwa eddembe okusalawo. Nga Katonda bwali okwagala, tatwekakaatikako naye atuganya twesalirewo. Twetaaga okusalawo okukkiriza ekirabo kye eky'okusonyiyibwa tulyoke tubeere ba ddembe eri ekibonerezo, era tweweereyo ddala obulamu bwaffe eri amakubo ge okutandika leero n'okweyongerayo.

Bwe tubeera mu bulamu obulimu Katonda, Omwoyo we ajja n'abeera mu ffe n'atufuula abaggya. Atuyamba okulowooza ne twefanaanyiriza Yesu mu nkola ye kale ffe era n'abalala tusobola okufuuka amaanyi ga Katonda mu nsi eno.

> *kubanga bw'oyatula Yesu nga ye Mukama n'akamwa ko, n'okkiriza mu mutima gwo nti Katonda yamuzuukiza mu bafu, olirokoka.*
>
> *Abaruumi 10:9*

Bwe tusalawo bwetuti, tufuna obulamu obupya mu Yesu kati era ne tuba n'obulamu obutaggwawo okubeera ne Katonda emirembe gyonna.

> *Era okutegeeza kwe kuno nti, Katonda yatuwa obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo buli mu Mwana we.*
>
> *1 Yokaana 5:11*

**Ebibuuzo: Obubonero 4**

- Bwe wasomye ***obubonero 4***, kiki ekyakwewuunyisizza?
- Olina kyewasomye eky'enjawulo ku ngeri gy'obadde otegeeramu enjiri-bwekiba bwe kityo engeri eyo y'eriwa?
- Lwaki enjiri mawulire malungi gy'oli?
- Lwaki enjiri mawulire malungi eri ekyaalo kyo?

*"Nalowoozanga nti enjiri yali ekwata ku biki byenkolera Katonda, nagezangako okukola ebintu ebirungi okumusanyusa era n'empulira nga omusango nga nkoze ekikyamu. Naye bwe nategeera nti obulokozi kirabo kyabuwa ekiva eri Yesu, nenkyuukira ddala! Sikyakola bintu olwokubanga ndowooza nti nteekeddwa, naye njagala abantu kubanga njagala okukikola. Sikyali mukaawu eri abantu kubanga njagala okufuna enkolagana ennungi nabo. Sikyawulira musango olw'ebibi bye nkoze oba byenkola ebiseera ebimu, naye mbisabira ne nzikiriza ekisonyiwo kya Katonda."* ***- Asisi***

**Ensomesa: Enjiri kye teri**
Okutegeera enjiri ky'eri, kiyamba ffe okutegeera kiki enjiri kye TERI.
Wano waliwo eby'okulabirako ebitonotono:

- Enjiri tetegeeza bintu Katonda by'atuwa. Kino kitegeeza nti:
    - Tetegeeza Katonda kutuwa sente nkumuliitu.
    - Tetegeeza Katonda kutuwa kukulaakulana.
    - Tetegeeza Katonda kutuwa bulamu bulungi.
    - Tetegeeza kubeera mu bulamu bulungi mwetutabonaabonera.
    - Tetegeeza kubeera mirembe.
    - Tetegeeza Katonda kutuwa lukisakisa.

- Enjiri tetegeeza kukola bukozi bintu birungi.  Kino kitegeeza nti:
    - Tetegeeza kubeera bulungi okusinga abalala.
    - Tetegeeza kwewangulira kwagala kwaKatonda nga okola bulungi.
- Enjiri si ‘mulimu gwa kinaddiini’. Kino kitegeeza nti:
    - Tetegeeza kufuuka munaddiini.
    - Tetegeeza kubeerabubeezi na njigiriza nnungi.
    - Tetegeeza kubeerabubeezi na nteekateeka ya kugenda mu ggulu. (Katonda anyumirwa bulamu bwo kati.)
- Enjiri tetegeeza kwefaako nze nzekka. Kino kitegeeza:
    - Tetegeeza Katonda kutulokola bulokozi. (Yesu yafiirira buli muntu.)
    - Si y’emu ku nkola ezitufunyisa obulokozi. (Yesu ly’ekkubo lyokka)

?

**Ensomesa: Enjiri kye <u>teri</u>**

Soma mpolampola nga oyita mu lukalala luno era oddemu ebibuuzo bino mu kataboko:

- Waliwo ku ebyo enjiri by’eteri ekikukolera? Lwaki?
- Wali owuliddeko muggwe nti ekimu ku bintu bino ky’ekyo enjiri kyeri mundowoozazo nga ekituufu?
- Londako ku mboozi zino emu oba bbiri.
- Kati wefumiitirize nti walowooza nti bino enjiri by’etegeeza (okusinga byetetegeeza). Weetegereze Mutambo by’ayogera engeri y’okukikola.
    - Ekyo kikuyamba kitya okukakasa ki Katonda ky’ali?
    - Ekyo kikuyamba kitya okukakasa engeri y’okweyisamu nga omukristaayo?

> ***Mutambo**: Bwetukkiriza nti enjiri etegeeza nti Katonda atuwa kukulaakulana awo nno tugenda kukowooza nti Katonda afa ku kukulaakulana kwokka okwomubulamu buno nabyetaago byaffebyokka. Tugenda kwerabira abalala tukodowale. Bwetulowooza bwetutyo tugenda kulowooza nti abantu abakulaakulana mu kyalo kyaffe be batya Katonda era tusuule muguluka abo abatakulaakulana (abaavu, abalwadde, abatamiivu). Naye ate nga mumazima anyumirwa mbala zaffe, engeri gyetwagalamu abalala n’obulamu bwaffe obw’olubeerera gye buliggya. Katonda ayaniriza buli omu, si abo bokka abakulaakulana bokka, okubeera mu nkolagana naye.*

**Ekyokukola: Kati olowooza enjiri kye kki?**

Kati oyise mu kuyigirizibwa, wefumiitirize nti oli mu kugezaako kunnyonnyola enjiri ky’eri eri oyo atanna kiriza Yesu.

- Enjiri kye kki?
- Enjiri eteekwa kubuulirwa eri baki?
- Lwaki Yesu yafa?

**Bw’oba nga osomera mu kibinja**

Nate, gamba abantu bawandiike eby’okuddamu byabwe eri ebibuuzo mu mulimu guno, olwo buli omu asobole okugabana eky’okuddamukye ne munne abantu basobole okuwulira buli omu ky’azzeemu.

*"Nalowoozanga nti enjiri yali ekwata ku kugonza mbeera ya bulamubwo, nalowoozanga nti bwofuba ennyo okukolera Katonda agenda ku kugaggawaza era akukulaakulanye. Naye kino si kye kituufu. Nakizuula nti si kyangu okubeera mubulamu obutya Katonda naye ye lubeerera abeera naffe era ayagala okutuyamba. Kino kitegeeza nti kati sisalira baavu musango oba ababonaabona, naye njagala kubayamba era nga Katonda bw'atuyamba. Kino nakigabana n'EKIBIINA kyange EKY'OBULAMU era ffenna ne tusalawo okutwalira amaka amaavu ddala emmere abomukyalo kyaffe wiiki eno."*- ***Agnes***

**Saba**

Kakati tutegeera enjiri, kiyinzika okuba nti oyagala okuddamu okuwaayo obulamu bwo eri Katonda, yogera nti nnyolwa olw'ebibi byokoze era okkiriza ekisonyiwokye. Oyinza okusaba essaala eno:

*Omwagalwa Katonda,*
*Webale okunfiirira era onjagaliza ekisingayo obulungi mu buli mbeera. Nnyolwa olw'obutafaayo gy'oli era n'enkola buli kintu mu ngeri yange.*
*Ntegedde kati nti ekibi kyange kyakukosa n'abantu abanneetoolodde n'olwekyo, nennyamidde.*
*Webale Yesu okuba nti wajja n'otwala ekibonerezo ky'ekibi kyange.*
*Webale olw'okuwaayo obulamu bwo ku lwange. Nkusaba onsonyiwe era onnyambe kati nga nsalawo okubeerawo mu bulamu obukuwa ekitiibwa.*
*Amiina*

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**

Wa ekibiina omukisa okubaako kyeboogera, mutwale ekiseera mu kasirise okulowooza ku kiki enjiri ky'etegeeza. Ekibiina bwe kiba kyagala okwewaayo obulamu bwabwe eri Katonda nate, saba essaala esangibwa mu katabo.

**Enjigiriza: Obutuukirivu**

Ojjukira bwe twasoma mu ssomo 1 nga bwe twayiga nti abantu ba Katonda Miti gy'amaanyi egy'obutuukirivu? Oyinza okujjukira amakulu g'ekigambo butuukirivu kye kitegeeza?

Obutuukirivu kitegeeza kutuukirira mu maaso ga Katonda era ne mu maaso g'abantu. Yesu y'asingirayo ddala okubeera omutuukirivu – yali atuukiridde mu maaso ga Katonda n'agabantu. Twali tetutuukiridde eri Katonda n'eri bantu bannaffe. Yesu bwe yafa kulwaffe n'atwala ebibi byaffe (obutali butuukirivu bwaffe) n'awaanyisamu kulw'obutuukirivubwe (yatufuula obutuukirivubwe naffe.) yatutuukiriza mu maaso ga Katonda n'abantu si lwa kintu kyonna kyetwakola naye kubanga olw'ekyo Yesu kye yakola.

Yesu yatutuukiriza mu maaso ga Katonda. Gano MAWULIRE MALUNGI!

- Ayagala buli omu atuukirire mu maaso ga Katonda.
- Ayagala buli omu atuukirire eri muntu munne.
- Ayagala buli kintu ekirungi, ekiramba n'okwagala birabisibwe mu kyalo kyaffe, ne mu nsi yaffe.

Yesu yajja atereeze buli kintu nate. Kubanga afaayo eri buli kintu ekigenda mu maaso kati! Ayagala ensi ebeeremu emirembe, okutabagana, okwagala n'obwenkanya.  Buno bwe butuukirivu bwa Katonda obukola mu buli mbeera.



**Ekyokukola: Ekyo sikituufu!**
Ebiseera ebisinga obutali bwenkanya butandikira mu kukaayana na kusoowagana bwe tuba na bwo mu bulamu bwaffe.

**1. Obulamu bwo:** twala eddakiika 5 nga olowooza ku ani gw'osoowagana naye, gw'otoyagala, oba gw'eweyisizzaako obubi era mu butali bwenkyanya. Wayinza okubeerawo omuntu gwe wanyaga oba gwotalaga bwenkanya. Wayinza okubeerawo ekintu ekinene kye weenyigiramu ekyasuula omuntu omu mu katyabaga emabega. Ddamu ebibuuzo bino mu katabo ko ak'okuwandiikamu:

- Mbeera ki oba nkolagana ki mu bulamu bwo Katonda gy'aleesemu birowoozobyo?
- Kyandirabise kitya singa wasalawo okukolera mu kwagala?
- Kyandirabise kitya singa wasalawo okukolera mu bwenkanya?

**2. Ekitundu kyo mwowangaalira:** Twala ekiseera kati okulowooza ku kiki ekitali kituufu mu kitundukyo mwowangaalira. Ddamu ebibuuzo bino mu katabo ko ak'okuwandiikamu:

- Nkolagana ki n'abantu ezitali ntuufu? Baki b'okolagana nabo?
- Mbeera ki ezitali ntuufu? Olowooza abantu lwaki beeyisa mu ngeri eyo gyebalimu?

Olwokubanga Katonda yatufuula batukuvu, tusobola okubugabanako n'abalala. Twayitibwa okubeera abantu ab'okwagala, abenkanya n'obutuukirivu era n'okuwanirira embala zino mu bulamu bwaffe, mu bitundu byaffe ne mu buli mbeera gyetwesangamu.  Ennaku zino Omwoyo Omutukuvu yateekawoembeera nga akolera mu nsi, okuyita mu bulamu bw'abo abalina Omwoyo Omutukuvu mu bo. Si kirungi ekimala okugamba nti tugoberera Yesu naye nga tugaana oba tukola ebintu ebitali bituufu mu nsi mwetuli. Kino si kyangu bulijjo, kitegeeza kubeera muvumu kubanga twagala abantu batuukirire mu maaso ga Katonda n'eri abantu.

**3. Enjiri mu bikolwa:** Bwetumanya nti twatukuzibwa mu maaso ga Katonda awo nno tulina eddembe okwagala abalala era okuyaayaana kwaffe kwa kulaba nti abalala nabo bamanya enjiri. Lowooza ku mbeera z'owandiise, oddemu ebibuuzo bino mu kataboko:

- Kyandibadde kitya singa abo abeetabyemu baasalawo okwagalana?
- Kyandibadde kitya singa obwenkanya bukolebwa?
- Biki ebyandivuddemu?
- Kino kyandikyuusizza kitya abo abakyenyigiddemu n'abo ababeetoolodde?

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
**1. Obulamubwo:** Leka ekibiina kiddemu ebibuuzo bino ku lwabwe, olwo obagabanye mu bubinja bwa babiri oba basatu bagabane ebyokuddamu byabwe.
**2: Ekitundukyo mwowangaalira:** Ekibiina kibuuze ebibuuzo bino era okulembere okukubaganya ebirowoozo.
**3: Enjiri mu bikolwa:** Buuza ekibiina ebibuuzo bino era okulembere okukubaganya ebirowoozo.

**Ebyafaayo by’Ekibiina ky’Obulamu**
Mu kyaalo kye Kundamfuma, mu bukiikaddyo we Mansa, eriyo Ekibiina ky’Obulamu. Mu kyaalo abasajja babiri, Salaka* ne Ng’oma* baali bakaayana ku bikwata ku mwana wa Salaka eyali omulwadde. Omusamize w’omu kitundu yali agambye Salaka nti omwana yali mulwadde kubanga Ng’oma yali yakolimira omwana kwe kumulwaza.

Kino si bwe kyaali, eraNg’oma yanakuwala era nasunguwala. Okukaayana nekutuuka ku ntikko y’okusajjusa embeera ne bawalirizibwa okugenda ewomukulembeze w’ekitundu. Naye, n’omukulembeze teyasobola kuzikiza lutalo. Kale Ng’oma, ataalina musango, n’atwala Salaka mu mbuga z’amateeka, nga ayagala okwesasuza olw’engeri kino gye kyali kikosezza obulamu bwe.

Wano wetutuuse, abakulembeze b’Ekibiina ky’Obulamu ne basalawo okukyalira Omukulembeze okugonjoola ensonga engeri gyebaali banakuwadde olw’embeera eyo mu kyaalo kyabwe. Ekibiina ky’Obulamu ne kibuuza oba nga kikkiriizibwa okugenda bagezeeko okutabaganya abasajja bano bombi wadde nga emitendera emitongole gyali gitandikiddwako. Omukulembeze yasanyuka okulaba nti waliwo abantu abalala abaali abeeteefuteefu okuyamba.

** Amannya gakyuusibwa olwa twekisize*

**Ebibuuzo: Ebyafaayo by’Ekibiina ky’Obulamu**
- Kiki kye tuyinza okuyigira ku lugero luno?
- Ekibiina ky’Obulamu ky’akola ki?
- Abasajja bano kiki kye baafuna mu kutabaganyizibwa?
- Ekyaalo kyafunamu kitya mu kutabaganyizibwa kw’abantu bano?
- Kiki ekyandibaddewo singa Ekibiina ky’Obulamu tekyayingira mu nsonga zino ne kibaako kyekikola?

**Saba**
Tunuulira olukalala lw’ebyo ebitateredde mu kyaalo kyewammwe, osabe Katonda ayambe okulaba embeera n’abantu abakwatibwako nga bwalaba. Sabira okwagala kwa Katonda n’obwenkanya mu buli mbeera era osabe enjiri eyingire mu bulamu bw’abekyaalo.

**Eky’okulola wiiki eno**
Wiiki eno wandiika olukalala lw’abantu b’omanyi mu kyaalo kyo abatambulira mu bulamu obutya Katonda era abalina okuyaayaana kw’okugabana okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe mu kyaako. Saba Katonda akulage baki b’oteekwa okuteeka ku lukalala olwo era obasabire omu ku omu, basobole okufuuka emiti egy’amaanyi. Lowooza ku bantu abomu makanisa ag’enjawulo n’ebikunsu eby’enjawulo, abasajja n’abakazi, abavubuka nabakadde era n’abantu

Tuukirira abantu 5 abali ku lukalala lwo, obalambululire ensonga nti oyagadde okubayamba nga obayigiriza by’oyiga mu katabo kano, na bo basobole okubituusa ku balala. Bategeeze nti oyagala kino ggwe nabo mukikolere wamu nga mutandikawo ekibiina mu kyaalo, ekiyitibwa Ekibiina ky’Obulamu. Kino mukukikolera awamu, mugenda kufuna omukisa okuyigira awamu, okuzzanganamu amaanyi okukula mu kukkiriza, okuyamba ebyaalo ebirala n’okusomesa abalala ababeetoolodde.

Babuuze oba bandyagadde okwetwalira omukisa guno. Beera wa ddembe okubaleka basalewo kye baagala mu kino okukkiriza oba okugaana. Abantu abamu bajja kugaana okukyetabamu era ekyo tekirina kabi. Abamu bagenda kuwulira bulungi. Obabuuze oba nga bayinza okujja ne

mukungaanirako wamu wiiki eddako. Abantu bano nebabeera nga beebasoose okuyingira mu Kibiina Ky'Obulamu, mugenda kukungaana era mukole enteekateeka era musabire wamu nga temunnatandika Kibiina Kya Bulamu era mwanirize n'abalala mu wiiki endala mu maaso.

**Baako by'owandiika**

- Wandiika olukalala lw'abo b'omanyi mu kyaalo kyammwe abatya Katonda nga balina okuyaayana okugabana okwagala n'obubaka bwa Yesu n'ekyaalo. Londa abantu 5 b'onootuukirira wiiki eno.
- Baki bewayogerako nabo wiiki eno kukufuuka ekitundu ku Kibiina Ky'Obulamu?
- Kiki kye baddamu? Baasanyuka okubeera ekitundu ku kyo? Baasikattira? Olowooza baategeera kye wali obannyonnyola? Bwebaba tebaategeera oyinza otya okubayamba okutegeera?

**Eby'okukola Ebirala**

Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Kuba akafaananyi ku bubonero buli 4 mu katabo ko ak'okuwandiikamu owandiike emboozi nga ekaliraanye nga ennyonnyola buli kabonero kye kategeeza.

**Eky'okulondako 2:** Ddayo otunuulire eby'okuddamu byo eri omulimu gwo olabe ***Ebitali bituufu!*** Wewawandiika embeera ezitaali nnungi mu bulamu bwo. Wiiki eno sabira engeri gy'oyinza okulongoosa embeera nezitereera. Waliwo weweetaaga okwetonda? Oyagala okukyuusa amakubogo? Oyagala okubaako gw'olaga okwagala? Kola enteekateeka okugenda okulongoosa embeera oleete enkyuukakyuuka ya Katonda mu mbeera eyo. Bwe wabaawo omukisa, wekakase nga onnyonnyola embeera eyo bweri era lwaki oyagala okugitereeza era olage na biki by'oyize mu musomo gwa wiiki eno. Wandiika ekintu kyonna kyewasazeewo okukola n'ekiyinza okuva mu kukikola.

**Ekyokulondako 3**: Tunulako emabega kuby'okuddamubyo eri omulimu guno **Ebitali Bitereevu**! We wawandiika ebitali bitereevu mu kitundukyo mw'owangaalira.
Wiiki eno teekateeka ekiseera okugenda n'omu oba babiri ku mikwano gyo mwogereko n'abantu ku ngeri gyemuyinza okuyamba okutereeza ezimu ku mbeera ezitateredde musobole okuleeta enkyuukakyuuka ya Katonda mu yo. Omukisa bwe gubaawo, kakasa nga onnyonnyola lwaki oyagala okutereeza embeera eyo era na biki by'oyize mu ssomo wiiki eno. Wandiika buli ky'osazeewo okukola era na kiki ekisobola okuvamu kikolwa kino.

# 4



# Obulamu Buyitira mu Maka

**Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye.**

Yokaana 1:12

**Ekigendererwa**

Katonda atwaniriza mu maka ge! Amaka gakolera wamu, gakolera mu ntematema y'emirimu, negatunuulira ebyo ebibagatta era nebaaniriza n'abantu abalala okubeera ekitundu ku go.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Tegeera kiki amaka ga Katoda kye gali na ngeriki Katonda gy'akoleramu
- Yiga ku kiki ekyawulayawula abantu era na kiki ekibagatta
- Yiga engeri Ekibiina ky'Obulamu gye kiyinza okugatta awamu akyaalo

**Okutunulako Emabega**

Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Wayigaki mu ssomo eryaggwa ku njiri n'enjawulo enjiri gy'ereeta?
- Olina omuntu gwe wagabana naye enjiri nga okozesa ***Obubonero 4***? Wakisanga nga kyangu oba kikakanyavu? Abantu b'akitwala batya? Bayagala okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda?
- Wayagala okutereeza embeera wiiki eno? Wakola ki?
- Njawulo ki gye kyaleetawo?
- Wagabanako byewayiga n'abantu abalala wiiki eno?

**Okutunulako emabega: Amaka gange**

- Bw'oba nga oli kitundu ku maka, amakago gali gatya?
- Bw'oba nga tolina maka, kiki ky'olabye mu maka amalala?
- Kirungi ki ekiri mu kubeera amaka?
- Kizibu ki ekiri mu kubeera amaka?

**Ebyafaayo: Ekijjulo ky'omukulembeze**

Waaliwo omukulembeze w'ekitundu eyayaniriza abantu abangi ku kijjulo abaali mu matwale ge ku mukolo ogwali omunene. Abantu ne bava ebule n'ebweya okujja okwetaba ku mukolo ogwo. Buli omu yayambala olugoye lwe olusinga obulungi era n'aleetera omukulembeze envujjo. Waaliwo abantu bangi abaali baviiridde mu bitundu eby'enjawulo. Ekyo kyasanyusa Omukulembeze. Yali abayise kubanga yali ayagala kulaba abantu abali mu bwakabaka bwe, abantu abaali mu maka geyali afuga.

Bwe waayitawo ennaku, n'eyetegereza nga abantu bangi mu ggwanga lye baakaayana. Baakaayana ku ani ayali asinze okukuuma obuwangwa. Ne bakaayana ku baki ab'ayimba enyimba ezisinga obulungi. Nebakaaya n'abantu bwe baaviira ku kyaalo ekimu. Kyali kituuse ne mubitundu abantu abakulira ebyaalo gye basisinkananga n'abantu ab'enjawulo era n'ekireetera abantu obutakungananga lunye.

Omukulembeze n'atabulwa nnyo olwekyo. Yeewuunya engeri abantube gye beeyawulayawula. Naalyooka asalawo okubaako ky'akola.

Ekiro kimu n'akungaanya abakulu b'ebibinja eby'enjawulo abaali bazze awamu. Waggulu mu kisenge gaggadde eyo mu kasolya n'asibayo ekiso ne kyewuubira mu bbanga. N'agamba nti omu

kubakulembeze b’ebitundu an’asobola okukunukkiriza n’akwata ku kiso ekyo yekka agenda kumwongera ekitiibwa mu bwami. Yali agenda kumuteera obwakabaka bwe bwonna. Abakulembeze nebasamaalirira era mu maddu amangi buli omu n’atandika okulwana nga ayagala akituuke. Buli omu n’agezaako okuwalampa ekisenge, ne balemwa. Bangi kubo nga balwana, okutuusa buli omu bweyatuuka n’okwerabirira ddala ensonga ebalwanya. Bwe waayitawo essaawa nnamba buli omu yali ayaba buyabi era nga aterebuse.

Olwo nno omukulembeze n’avaayo n’abuuza nti, “lwaki mulowooza nti kino buli omu asobola okukikola? Kizibu, akasolya kali waggulu nnyo temusobola kutuukayo.” Naalyooka aleeta abasajja bataano nebayimirira ku ttaka, nalagirira abalala basatu okuyimirira kubibegabega byabwe, era nayongerako babiri ne bayimirira ku bibegabega by’abasatu. Abakulembeze ne bakola nga bwe baali babagambye ne bayimirira ku mitwe gya bannaabwe. Nebabanga abatuuse kukasolya naye nga babulako katono. Omwami omukulu yennyini n’alyooka alinnya ku bo waggulu natuuka ku kiso ye kennyini.

Buli omu nayagala okumanya kiki omukulembeze kyeyayagala okwogera. Gyebaakomya okulwanagana nga buli omu ayagala amalirize ekigezo yekka tekyaasoboka. Kyatwala bo bonna kwegatta okusobola okutuuka ku kiso. N’Omukulembeze omukulu yennyini yali tasobola kukituukako yekka yali yeetaaga obuyambi bw’abalala okukikola.

**Ebibuuzo: Ekijjulo ky’omukulembeze**

- Olowooza olugero luno lutegeezaki?
- Lwaki omukulembeze y’agamba abantu okugezaako okuwanulayo ekiso?
- Kiki kyebaayiga bwe baakolera awamu?
- Olowooza empisa z’abantu zakyuuka zitya oluvannyuma lwa kino?
- Olowooza kiki ekyabaawo buli omu bwe yaddayo mu kyaalo kyewaabwe?

**Ensomesa: Ekifaananyi ky’ekkanisa**
Kino ky’ekifaananyi ky’ekkanisa kyeri mu byaalo byomu Afirika. Kisoboka okuba nga ky’ekifaananyi ky’ekkanisa awantu wonna. Waliwo omwami omukulu ye Katonda, era atutunuulira n’alaba abantu be, ekkanisa, nga yesalasalamu, nga tulwanagana fekka na ffekka nga tukaayana mu buntu obutaliimu. Era nga omwami mu lugero bwali, ne Katonda ayagala okulaba abantu be, eggwanga lye nga liri bumu.

Ekiseera mwetuba tukaayanira, era nga abasajja abakulembeze b’ebitundu bwe beerabira ensonga y’ekiso, naffe twerabira ebitukwatako mu mirimu gye tulina okukola. Bangi baboonaabona, bangi tebamanyi Katonda era tusigala nga tweyamba ffekka oba nga tukaayana bukaayanyi.

Edmund Burke yagamba nti, “ebyo byonna ebyetaagisa okufuna obuwanguzi bw’ekibi be bantu abalungi obutabaako kyebakola.”[3] Gyetukomya okuba nga tuwuguliddwa omulabe waffe aba azimba omulimu gwe, kumpi nnyo ne nnyindo zaffe.

**Ekyokukola: Okweyawulayawula okuli mu Kyaalo kyange**
Jjukira nti mu ssomo eryasooka twalaba engeri ebyaalo ebingi gye byawukanyeyawukanyemu. Oba olyawo waliwo bewayogerako nabo mu kyaalokyo ku nsonga eno. Wandiika eky’okuddamu kyo mu kataboko ako:

[3] Kijjiddwa mu Burke, Edmund (1770) *Thoughts on the Cause of Present Discontents*, olufulumya 3rd, Pall Mall, J Dodsley

- Era nga abantu abaagenda ku mukolo gw'omukulembeze ogw'ekijjulo, waliwo obuwangwa n'obulombolombo obwawukanya abantu ab'amanyi Katonda, Omukulembeze Omukulu. Bintu ki ebimu ebyawukanya abantu mu kyaalo kyo?

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Mukubaganye ebirowoozo ku bintu ebyawukanya abantu mu kyaalo kyo.



*"Bazadde bange bambuuliranga nti abagagga n'abaavu tebatabagana, nti n'amakanisa ag'ebitundu eby'enjawulo tegatabagana era n'amawanga ag'enjawulo tegatabagana nagannaago. Nendowooza nti eno y'engeri gye tuteekwa okweyisaamu. Naye Katonda alina engeri empya eyokukolamu ebintu gye yandaga era nti mu ggulu temulibeera bika oba bitundu ebyenjawuloyawulo. Kyennava nsalawo okwaniriza abantu b'amakanisa ag'enjawulo mu Kibiina Ky'Obulamu ekyewaffe mbagambe nti olwokubanga ffenna tukkiririza mu Yesu y'ensonga yokka etugatta era tulina kutunuulira eyo. Ne njogerako n'Omukulembeze era naye nannyamba okwogerako n'abakulembeze ab'ebika eby'enjawulo, ne mbabuuza obanga waliwo ekintu kye tusobola okukola okusobola okuleetawo obumu. Ne basaba eby'okulimisa mu nnimiro. Twali tetusobola kwegulira byakukozesa mu nnimiro ebipya, netusala amagezi twereetere eby'okulimisa ebyewaffeera twewe n'ebiseera. Kati tulimira wamu, tuliira wamu era mbabuulira engeri Katonda gyatwaniriza ffenna mu maka ge*"- ***Asisi***



**Ensomesa: Enzikiriza ya Ba Masai**
Katonda tayagala byaalo, oba bitundu bye tuwangaaliramu, n'amakanisa ebyawukanye. Ayagala tukolere wamu era tuyambagane nga twagalana. Okuyaayaana kwa Katonda kuli nti kukolere wamu nga **amaka agali awamu.**

Engeri emu ey'okukolera awamu kwe kuzuula bye tukkirizaganyako. Eno y'ensonga Omukulembeze gye yali aluubirira okutuukako mu lugero. Abantu buli omu yali atunuulidde njawulo ye, oba baali batunuulidde kintu kimu ekyali kibagatta. Okuwanulayo ekiso **buli omu** kye yali ayagala okukola, n'olwekyo ekyo buli omu kye yandibadde ataddeko essira era ne bakolera wamu okulaba nga bakifuna.

Mu 1960 aba Masai mu buvanjuba bwa Afirika baakola n'abaminsani okuwandiika *Enzikiriza ya ba Masai*. Bino bye biwandiiko ebimpimpi ebinnyonnyola ebyokukkiriza byekikristaayo ebikulu.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Soma enzikiriza mpola era oddemu okugisoma mpola. Buuza ekibiina oba waliwo ekitundu ekyemalirira oba ekibeewunyisa era lwaki.

Soma lwatu bw'oba osobola era soma mpola mboozi ku mboozi.

*Tukkiririza mu Katonda omu ali waggulu, oyo eyatonda ensi ennungi olwokwagala era na buli kintu kirungi ekigirimu. Yatonda omuntu era n'ayagala omuntu abeere musanyufu mu*

*nsi.  Katonda ayagala ensi nabuli ggwanga n'abantu baamu mu mawanga gabwe ku nsi. Katonda on ali waggulu twamutegerera mu nzikiza, kaakano tumumanyi mu kitangaala. Katonda yasuubiza mu kitabo ky'ekigambo kye, Baibuli, nti alirokola ensi n'amawanga gonna n'ebika.*

*Tukkiriza nti Katonda yakola bulungi ebisuubizo bye nga atuma Omwana we, Yesu Kristo, omuntu mu mubiri, mu kika kyabayudaaya, eyazaalibwa nga mwavu mu kaalo akatono, eyaleka amaka gewaabwe era nga bulijjo yabanga mu ngendo nga akola bulungi, nga awonya abalwadde olwamaanyi ga Katonda, nga asomesa ku Katonda n'omuntu, nga alaga nti amakulu ge ddiini kwe kwagala. Yagaanibwa abantu be, n'abonyabonyezebwa era n'akomererwa emikonogye n'ebigere ku musaalaba, n'afa. Neyeebaka mu ntaana nga bamuziise, naye obubi tebwamukomako, era ku lunaku olw'okusatu, naazuukira okuva mu ntaana. Nasitulibwa mu bwengula. Ye Mukama.*

*Tukkiriza nti ebibi byaffe byonna byasonyiyibwa okuyita mu ye. Bonna abalina okukkiriza mu ye bateekwa okwenenya ebibi byabwe, ne babatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu wa Katonda, nebeekuuma amateeka g'okwagala era nebamenyera wamu emigaati mu kwagala, okulangirira amawulire amalungi eri abalala okutuusa Yesu lwalikomawo. Tumulindiridde. Mulamu. Abeerawo. Kino tukikkiriza. Amiina.*[4]

Enzikiriza yabaMasai ennyonnyola kyekitegeeza okubeera Omukristaayo, Abakristaayo bayinza obutakkiriziganya ku bintu bya njawulo mu kkanisa naye bateekwa okukkiriza kino okubeera ekituufu era olwokubanga bonna bakkiriziganya ku bintu bino basobola okukolera awamu. Bwetulaba bye tulina mu bumu, ebyo ebitwawula bibula.

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**
Ekyawandiikibwa kye Baibuli kyogera ku kifaananyi ekipya era n'amaka amapya getuli ekitundu ku go. Ekitabo kya Yokaana kyawandiikibwa Yokaana omuyigirizwa eyamanya Yesu. Okuviira ddala ku ntandikwa y'ekitabo ayogera ku maka era n'ekyo kye tuli. Kiteekwa kuba nga kyali kikulu gyali.

*[10]Yali mu nsi, ensi yakolebwa ku bubwe, era ensi teyamutegeera. [11]Yajja mu matwale ge, naye abaali mu matwale ge tebaamusembeza. [12]Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye; [13]abataazaalibwa musaayi, newakubadde okwagala kw'omubiri, newakubadde okwagala kw'omuntu, naye abaazaalibwa Katonda.*

*Yokaana 1:10-13*

**Ebibuuzo: Abaana bakujjukizaki?**
- Olina abaana oba olina abaana b'omanyi mu maka gammwe oba ku kyaalo?
- Bafaanana ani?
- Beeyisa nga ani?

**Ensomesa: Ekika ekipya**
Ekibuuzo kye twakabuuza kiraga engeri abaana ebiseera ebisinga bafaanana bazadde baabwe. Mu ngeri y'emu, Katonda azaala buli mukristaayo. Ffenna twazaalibwa Omwoyo y'omu. Twaweebwa

[4] Enzikiriza yaba Masai yagungibwa ba Masai mu buvanjuba bwa Afirika nga bakolagana nabaminsani abaava mu kibiina ky'Omwoyo Omutukuvu. Tugikoppye mu biwandiiko ebiri ku mutimbagano ku mukutu gwa: Tekimanyiddwa 9 Marsi 2018, *Masai Creed* Obusanga ku mutimbagano gwa 27 gw'omunaana 2020. Obusanga ku mutimbagano gwa: https://en.wikipedia.org/wiki/Maasai_Creed

obuyinza okuyitibwa abaana ba Katonda. Abakristaayo bakiyita kuyingizibwa mu maka ga Katonda. Bwe tufuuka abakristaayo, tuyingizibwa mu maka ga Katonda ag'ensi yonna.

Era nga amaka bwe gayinza okuyingiza omwana atali muzaale wa musaayi gwamu, ne Katonda bw'atyo bw'atufuula abalamu n'atuyingiza mu maka ge. Tetwalina kitaffe mu mwoyo, naye kati tetukyaali, fenna tulina Kitaffe nga ye Katonda, Mukama wa bonna. Gyetugenda nga tukula tulifaanana nga Kitaffe lubeerera.

Engeri endala ey'okunnyonnyola kino eri nti tuli kitundu ku kika ekipya eky'abantu. Oba tuli Basoga, Baganda, Banyarwanda, Bakiga, Bateeso, (oyinza okukozesa amannya ga mawanga mangi nga bwoyagala wano). Kakati tuli kitundu ku kika kya Yesu. Si nsonga oba tuli bakibiina kya ngeri ki, oba tuviira wa, oba baavu oba bagagga oba beeru oba baddugavu, tuli ba kika kimu.

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Hope*ye muto wa banne bonna omunaana, yali yebunguluddwa okwagala kwa bazaddebe era ne bagandabe. Kakati, alina abaana ababe b'asatu era asobola okubalaga okwagala kwe kumu n'ekisa.

Kakati Hope abeera Nairobi gy'akkiriza nti eriyo abaana nga 60,000 abo ku nguudo, bangi ku bo banywa enjaga, ne banuusa n'obugolo era bakwatagana n'ebibinja eby'akabi.

Hope bwe yali yakasooka okusengukira eNairobi, yekkanga okulaba abaana bangi nnyo ku nguudo. Yatabulwa olw'abaana bano era ne yebuuza lwaki baali tebaagalwa. Teyasobola kufuna mirembe buli lwe yabalowoozangako n'olwekyo yatandika okubasemberera ab'amanye asobole okubayamba mu ngeri ennyangungu gye yali asobola. Bwe waayitawo ekiseera, abaana baatandika okumumanya n'okumussaamu ekitiibwa. Buli lwe baamulabanga nga balekera awo okulwana.

Okutuusa lumu bwe yalaba abalenzi babiri be yali amanyi nga balwana. Ne bwe yagenda gye baali, beeyongerabweyongezi okulwana okutuusa omu lwe baamusindika eri nga bamukoonye n'azirika.

Kati wano, Hope yamanya nti bingi byaali birina okubaawo. Yatandika okusisinkana n'ekibinja ky'abakazi 15 okugezaako okukolera awamu okuyamba abaana b'okuluguudo. Ye wamu n'abalala, abadde ayamba abaana ababeera ku nguudo z'e Nairobi okumala emyaaka egisukka mu 20.

Hope alabye nti ekizibu tekitandikira mu Nairobi, naye mu bitundu abaana gye baviira. Ekyennaku, kya bulijjo bakazibajja ne ba taata batulugunya oba tebafaayo ku baana abatali baabwe bwoya. Abaana baddukira ku nguudo z'omukibuga okusobola okuwona. Abaana bulijjo bakemebwa okujja bagezeeko okukola ssente mu kibuga ekinene. Balowooza nti basobola okumalayo wiiki ntonotono, bakoleyo ku ssente bamale baddeyo eka. Naye amazima gali nti mu bwangu ddala, mu wiiki bbiri zokka, bakiraba bulabi nga balina kwetaba ku kibinja ekiri ku luguudo okusobola okuba abalamu. Naye nga ebibinja ebyo bya gayisa gabi nnyo okutandika nago.

Hope agamba nti okukwata ku kizibu tulina kuddayo ku nsibuko yakyo. Tuteekwa kukolera wamu n'ebyaalo abaana gye baviira okusobola okukomya abaana okuvaayo. Akigezezzaako mu ngeri eziwerako okumala emyaaka era n'alabika nga atera okuyitamu nga ayamba abaana okuddayo ewaabwe, wabula afuba okusobozesa ebitundu ebyo okukwata ku nsonga awamu.

Hope akkiriza nti Ebibiina by'Obulamu bisobola okuyamba Abakristaayo batunule wa bweru w'ebisenge ebina eby'ekkanisa zaabwe era bayambe abo ababaliraanye. Akkirza nti obumu n'ebikolwa Ebibiina by'Obulamu bye bitondawo bisobola okuleeta enkyuukakyuuka ne biyamba abaana okubeera n'obukuumi mu maka.

**Erinnya likyuusibbwa olwatwekisize*

**Ebibuuzo: Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**

- Olowooza olugero lwa Hope luyigirizaki?
- Yakola bikolwa ki?
- Ebikolwa bya Hope byakwata bitya ku baana?
- Ebikolwa bya Hope bigenda kukwata bitya ku byaalo?
- Kiki ekyandibaddewo singa teyaliiko kyaakola?

*"Ndowooza nti singa abantu ab'omukyaalo ky'ewaffe bategeera nti ffenna tuli kitundu ku kika kya Katonda bandikoze mu ngeri yanjawulo. Tewandibadde njawukana wakati w'abantu abomu makanisa ag'enjawulo, tewandibadde njawukana wakati w'abaavu n'abagagga, abantu tebandibadde bakodo era nga beetegese okuyamba obalala."- **Agnes***

**Ebibuuzo: Amaka ga Katonda**

- Olowooza abantu bayinza kukitwala batya bwe bayiga nti kati bafuuse kitundu ku kika kya Katonda?
- Ekibiina ky'Obulamu kiyinza kuyamba kitya ekyaalo kyo okufuuka amaka?
- Ekibiina ky'Obulamu kiyinza kuvvuunuka kitya ezimu ku njawukana zewazuula mu kyaalo kyo?
- Baki beweetaaga okwaniriza mu Kibiina ky'Obulamu basobole okutegeera nti basobola okubeera ekitundu ku maka ga Katonda?

*"Nakuzibwa mu maka agaalimu okwagala n'okufaayo eri bannaffe. Nendowooza nti buli muntu embeera eyo gye yayitamu. Bwe nakulakulamu ne nkizuula nga waliwo abantu bangi abataali mu maka oba abantu ba maka gaabwe tebaabalaga kwagala. Kino ne kinnakuwaza. Bwe nnawulira nti ffenna tusobola okubeera ekitundu ku maka ga Katonda ne njagala okwaniriza buli omu okubeera ekitundu ku maka ga Katonda. Ndowooza nti abantu abamu mu kkanisa balowooza nti Katonda alinayo abantu ab'enkizo beyeetaaga mu maka ge, oba abagagga, oba abanaddiini. Naye Katonda ayagala buli omu! Bwe nnategeezako Ekibiina kyanga Eky'Obulamu ku nsonga eno, wiiki eyaddako twagenda ne twaniriza abo bonna mu kyaalo abataalina maka, oba abo bebataalabangamu ka buntu, oba be baaboola. Bajja mu Kibiina kyaffe Eky'Obulamu era ne tubalaga okwagala ne tubabuulira ku maka ga Katonda – bonna ne baagala okumanya ebisingawo!"- **Agnes***

**Saba**

Saba buli lunaku nti Katonda akulage abantu abo abaaboolwa mu kyaalo kyo era nti osobole okugabana okwagala kwa Katonda nabo era obagambe nti basobola okubeera ekitundu ku maka ga Katonda nga bamukkiriza!

**Eky'okulola wiiki eno**

Wiiki eno teekawo ekiseera eky'okusisinkaniramu n'abantu abakkiriza ekirabo kyo ekyokwewaayo okukolera awamu nabo okutandikawo Ekibiina ky'Obulamu. Twalako ekiseera nga osabira abo b'olowooza nti Katonda akugamba olage okwagala nga otandikawo Ekibiina ky'Obulamu. Lowooza ku bibiina bya bantu mu kitundu kyammwe abanyoomebwa oba abatassibwamu kitiibwa, lowooza ku bantu abatamanyi Yesu. Saba Katonda akubuulire baki baayagala oyanirize okwegatta ku maka ge okuyita mu Kibiina Ky'Obulamu.

Mukulowooza ku kutandika ekibiina ekipya weetaaga okulowooza ku baani abalina okubeera bannannyini kibiina kino. Era olina okulowooza wa ekibiina ekipya gyekirina okukungaanira. Kyandibadde kyangu okutandika ekibiina n'abantu betwagala mu kifo ekitwanguyira okutuukamu amangu. Bino bye biyinza okuba ebisaanira – naye era Katonda atwagaza okwagala abalabe baffe n'okusabira abo abatuyigganya. Tuteekwa okubeera abeeteefuteefu okwagala era n'okuweereza abalala ne bwe kiba nti kikaluba.

Yogera era osabire wa awasaanidde okubeera ekifo ekirungi okukungaaniramu nga ekibiina. Weetaaga okulowooza ku kifo ekirabika nga kirimu obukuumi bwa bantu bano era nga kyanguyira buli omu ku bo.

Okutuukiriza ebyetaagisa bino kibeetaagisa kwesaddaaka. Saba Katonda akuyambe okulaba abantu abo nga ye bwakola era n'okukuwa okwagala okutondawo abantu abalina endowooza emu.

Buuza ekibiina obanga bandyagadde okusisinkana wiiki eggya okukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye musobola kino okukikolera awamu.

**Baako by'owandiika**

- Nga mukolera wamu, baani be wasalawo na bo nti b'oyagala okwaniriza mu Kibiina ky'Obulamu?
- Kifo ki kye mwasalawo okubeera nga Ekibiina ky'Obulamu gye kisaana okukungaanira era ddi? Lwaki kino kyemwasalawo?

**Wiiki eno, kola entegeka eyokusisinka omuntu gw'okwatagana naye**

- Babuulire bemwasalawo okwaniriza okukuyamba okutandika Ekibiina ky'Obulamu.
- Babuulire ebintu by'oyize era n'engeri gye biyinza okuyamba abantu b'omu kitundu kyo.
- Tegeka ebibuuzo byonna by'olina okubabuuza ku Dignity oba okutandika Ekibiina ky'obulamu.

**Eby'okukola Ebirala**

Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Yogera n'abamu kumikwano abalina abaana era onoonyereze amaka gabwe gali gatya:

- Bintu ki by'osinga okweyagaliramu ggwe nga ekitundu ku maka?
- Amaka gakolera gatya awamu obulungi?
- Oyaniriza abantu abalala mu maka go? Lwaki oba lwaki nedda?
- Bya kusoomooza ki bye musisinkana nga amaka?
- Abaana bo bali nga ggwe mu ngeri ki?

**Eky'okulondako 2:** Oba waliwo omuntu gwotategeeragana naye, weeweeyo okumusisinkana mutabagane naye. Kino kigenda kukwetaagisa kubeera n'obuvumu, kiyinza okwetaagisa gwe okwetonderagana n'okusonyiwagana. Kino kiyinza okulabikanga ekigumu naye kikulu okukikola mu maka.

**Eky'okulondako 3:** Baako gw'ozzaamu amaanyi atalina maka gage kububwe, malako ekiseera naye era omunnyonnyole nti asobola okubeera ekitundu ku maka ga Katonda ag'omwoyo. Gabana naye enjiri nga osinziira mu ssomo 3.



# AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Okuteekateeka abantu ba Katonda

Mu bukiikakkono bw'obugwagwanjuba bwa Zambia eriyo akabuga n'ogutundutundu gw'ebyaalo bya Mwinilunga. Kino ky'e kitundu abaminsani abakristaayo abaasookera ddala gye baasinziiranga. Emabegako katono, ebitundu byabwe oba obuweereza bwabwe gye busibuka babadde bakyaaza abaminsani abaZambia wamu n'abaminsani ab'ensi yonna gye baddukanyiza ebitongole eby'enjawulo okwetooloola obubugabuga n'ebyaalo. Obulwaliro bwomu bitundu buzimbiddwa, nayikondo ne zisimibwa era n'enkungaana z'ekikristaayo ne ziyitibwa, byonna nga birina ekigendererwa kya kuweereza bantu b'eMwinilunga. Abantu batindigga engendo okubuulira, ne baleetera abantu okumanya Yesu era ne batandika amakanisa amapya.

Okwogera n'ekibiina ky'abatandisi b'amakanisa kirina kye kyakwekula ekyewunyisa. Wadde nga waliwo okukola ennyo era n'okukulaakulana kungi ababuulizi b'enjiri bano baalekebwa nga baweddemu amaanyi. Bonna wamu baayogera nti, "Tewali ku bino kyetukoze ekigenda okubeerera! Tugenda mu kifo, enkyuukakyuuka n'ejja ne kikoma awo. Obugabirizi bwa ssente ne bukoma. Okuzimba ebintu ebikulaakulanya ebitundu ne kugenda nga kuddirira!"

Oba buyambi bw'abantu bomubitundu oba kubuulira njiri, byonna wamu bimalamu amaanyi bw'oba obyetegerezza okusinziira ku abo abawaddeyo obulamu bwabwe okuweereza ekitundu ekyo. Ekizibu kitegeerekeka. Omulimu ogusinga obunene gwebakola gulabika nga ogumala akaseera akatono mu bulamu bw'abantu kulwensonga bbiri. Ensonga esooka, abatuuze b'omubyaalo tebamanyi njiri era tebalina busobozi bwa kugisomesa nga bo bennyini, n'ensonga eyokubiri, tewali ntegeka yakubayamba okukikola. Okumala emyaaka mingi, obuweereza bwa baminsani okwetooloola olukalu lw'Afirika boogera olugero lwe lumu.

Ekyokuddamu kyangu ate nga kigazi nnyo. Katonda alina abantu beyalonda okubeera emiti egy'amaanyi egy'obutuukirivu mu bitundu byabwe. Omulimu gwaffe kwekuteekateeka n'okusobozesa abo abagenda okutwala mu maaso omulimu gw'okubuulira enjiri, nga bafuula abantu abayigirizwa era n'okufuula abantu ba Katonda abakyuuse mu kukyuusa ekitundu bo bennyini. Baibuli eyogera kino mu Baebbulaniya 13:20-21:

> [20]*Naye Katonda ow'emirembe, eyakomyawo okuva mu bafu omusumba w'endiga omukulu olw'omusaayi ogw'endagaano ey'olubeerera, ye Mukama waffe Yesu,* [21]*abatuukirize mu buli kigambo ekirungi okukolanga by'ayagala, ng'akolera mu ffe ekisiimibwa mu maaso ge, ku bwa Yesu Kristo; aweebwenga ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.*

Ennyiriri zino ssaala ya bantu ba Katonda. Buli muntu mu bwa nnamunigina bwe amanyi Katonda yayitibwa okuba nga atwala mu maaso okwagala kwa Katonda. Omutima gwa Katonda eri ebitundu byaffe kwekulaba abantu nga badda gyali n'abantu b'omu kitundu okutegeera okwagala kwa Katonda mu buli kanyomero k'obulamu. Ayagala okulaba abaana be, nga endabirwamu,

bwereeta ekifaananyikye mu bulamu bwabwe nga baweereza baliraanwa babwe era nga bagenda eri abaabula.

Kino okukikola, abantu beetaaga okubeera nga bateekebwateekebwa. Beetaaga okukula mu nkolagana ya ssekinnoomu ne Katonda, okumanya Baibuli n'okutegeera kiki Katonda kyabayitira okukola. Beetaaga okubeera ekitundu ku mubiri gw'abakkiriza, amaka, kino okusobola okukituukako. Ebintu ebikozesebwa era omuva byonna Ebibiina by'Obulamu byebikozesa biwa abantu ebyo bye beetaaga okutambula obulungi nga abakkiriza. Kino kireeta enjawulo eri buli muntu.

Buli nsibuko ya byetaagisa Dignity gyekozesa egabirira engigiriza ya Baibuli era omusingi omunywevu eri buli omu ayagala okutuukirira abomukitundukye. Ebirowoozo babiteeka ku kufuula abantu abayigirizwa nga kwekutegeeraYesu n'okukkiriza obulamu bwo okukyuusibwa ye. Okukozesa ebintu bya Dignity mu Bibiina byammwe eBy'Obulamu kuwa abantu engeri yokukolera kino awamu mu buziba. Okufuula abantu abayigirizwa kusobola okubeerawo mu kitundu kyo.




***Emisingi*** lye ssomo lyaffe ekkulu erivaamu eby'okukozesa ebiyamba abantu okuzuula era ne bakula mu nkolagana yabwe ne Katonda era ne libayamba okuweereza ekitundu kyabwe. Essomo ly'**emisingi** liri mu nsengeka ya bitabo bina, nga buli kitabo kirimu engigiriza esengekeddwa mu ngeri ey'okukubaganya ebirowoozo wakati w'ebibinja by'abantu ya mirundi kkumi n'esatu nga gikozesa ennyiriri z'ebyawandiikibwa ebyokukwata obukusu, engero, emizannyo era n'emirimu gy'okukola okuyamba Ebibiina by'Obulamu okutegeera obulamu mu Yesu kye kitegeeza. **Emisingi** ly'essomo eryawandiikibwa abantu abaakyaala nga bava mu bitundu eby'enjawulo mu nsi yonna nga bakola nga ba nnakyewa, era ne bakungaanya wamu emisomo gye baawaandiika ne gisunsulwa ab'ekitongole ekiyitibwa Dignity.

Era tukozesa ne ssomo erifaanako na lino eryavvuunurwa mu bitundu ebingi eriyitibwa ***Okusimba emmizi mu Yesu***, (www.rootedinjesus.net). Tukkiriza nti kikulu nnyo abantu okumanya Katonda nga basomesebwa mu nnimi zaabwe. Emisomo gino gyombi giyamba omunnakyalo yenna okusobola okutuukirira era n'okusomemesa abantu era n'okugunjaawo ekibiina ekyabwe ku bwabwe.




***Simba*** eno nsibuko esobola okukozesebwa omuntu yenna, azimba omusingi omugumu mukumanya engeri y'okutandikawo Ekibiina ky'Obulamu. Linnyonnyola lwaki Ebibiina by'Obulamu kirowoozo ky'amaanyi era n'engeri y'okutandika n'okuddukanya Ekibiina ky'Obulamu. Bw'oba oyagala okuwa omuntu endagiriro, kino kyakukozesa eky'amaanyi. Oba okulembera Kibiina Kya Bulamu mu kyaalo kyo oba onoonya kukitandika kumuliraano, kozesa ***Simba*** nga endagiriro eyamba ggwe era n'okugabana n'abalala.







**Oyagalanga...** nsengeka ya misomo gya kuyiga Baibuli nga giwa n'ebyokukola. Yesu yatulagira okwagala Katonda n'okwagala baliranwa baffe. Ennono zino ziteekeddwa okubeera ku buli mutima bwa buli Kibiina Kya Bulamu. Tetusobola kwogera bwogezi nti tuli Bakristaayo, twetaaga okwagala n'okutambulira mu bulamu obulinga obwa Yesu bwe yatambula. Kaakano waliwo obutabo bubiri obutambulira awamu, ***Yagala ekyaalo kyo***

akayigiriza engeri gye tuyinza okwagala ekyaalo kyaffe n'akalala ***Yagala abaana bo***akayigiriza okwetegereza ekitundu era n'obukulu bw'okutuukirira n'okulabirira abaana mu bitundu byaffe.

Mu kutuukirira abantu n'obubaka bwa Yesu, mu kutandika Ekibiina ky'Obulamu era n'okusindika abantu okufuluma, tukola omulimu gwa Katonda mu bitundu bwaffe. Eby'okukozesa bino bisobola okutuyamba ffenna okuteekebwateekebwa obulungi okukola. Mu kukozesa bino, osobola okuwa abantu amaanyi mu kitundu kyo okubeera ekitundu ku kintu ekisobola okukusukkuluma ggwe, ekiribeerera.



**Kalowoozeeko**

Jjukira okuwandiika ebyokuddamu byo mu katabo ko akokuwandiikamu

- Ebyetaago by'abantu mu Kibiina kyo Eky'Obulamu ne kyaalo bye biki? Olowooza bitaboki ebisaanye okukozesebwa mu kibiina kyo mu kiseera kino?
- Lwaki okuteekateeka abantu mu ngeri eno kwa njawulo ku eyo gye tutera okulaba mu makanisa? Oyinza okulowooza ku nsonga lwaki enkola eno esobola okubeerawo ebbanga eddene oba okweyongera ewala?
- Ojja kwetaaga okufuna ekitabo ***ky'Emisingi*** nga otandika Ekibiina ky'Obulamu mu bwangu. Bw'oba tolina kitabo kino ***eky'Emisingi*** osobola okwogerako n'omuntu gw'okolagana naye oba nnakyeewa wa Dignity. Bwekitaba kityo, oyinza okutuukirira Dignity nga okozesa email ku hello@dignityonline.org.uk oba nga okozesa WhatsApp ku +44 7340 573 937.

# 5



# Buli omu alina e Kifo

**Naye mugende muyige amakulu g'ekigambo kino nti, 'Njagala kisa, so si ssaddaaka,' kubanga sajja kuyita batuukirivu, wabula abantu ababi.**

Matayo 9:13

**Ekigendererwa**
Buli omu alina ekitundu eky'okukola mu maka, buli muntu alina obuvunaanyizibwa obw'okutuukiriza okusobola okugasa buli omu era okusobola okuyamba abantu okuzuula kino.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Otegeedde kiki 'Omubiri gwaKristo' kye guli
- Otegeedde nti buli omu mu Yesu Kristo yenkanankana ne munne era buli omu alina ebirabo byasobola okukozesa
- Oyize engeri Ekibiina ky'Obulamu gyekikola mu kyaalo

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kyewayiga mu ssomo eryayita eryali likwata ku bulamu mu maka?
- Eriyo amaka gewayogerako nago wiiki eno? Kiki kye wayiga ku kubeera ekitundu ku maka?
- Wagabanako bye wayiga n'omuntu yenna mu wiiki eno?

**Olugero: Emboga e Nnene**

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Mukuleeta olugero luno oyinza ofunayo omuntu okwefuula omulimi. Mwanirize ayimirire awantu buli omu wasobola okulaba ono yefuule nga akuula ekikolo ky'emboga okuva mu ttaka. Ono eyewaddeyo okwefuula omulimi musabe agende alondeyo omuntu ajje azannye ekitundu kyomukyaala omufumbo. Omuntu ono owokubiri ayinza okulondayo omuntu omulala okuzannya ekifo kyomwana omulenzi n'abalala okutuusa ku nkomerero y'olugero nga waliwo azannya ekifo ky'emmese! Okuzannya ebitundu bino kuyamba abantu okutegeera ekigenda mu maaso ate era kisanyusa. Mugoberere olugero, nga buli omu yenyigidde mu katemba oyo mu bitundu nga bwe bigenda.

Bano abazannya ebitundu na bo bwe baba abasanyufu okuzannya, kirungi okuyimirira emabega w'omulimi mu lunyiriri nga buli omu akutte mukiwato kya munne ali mu maaso ge. Kino kiwa ekifaananyi ekiraga nga abasikira awamu ekintu okukikuula mu ttaka.

Waaliwo Emboga ennene mu ttaka. Yali nnene nnyo nga omulimi takyayinza kweyongera kugirinda ekulirire okusinga awo nasalawo agikuule agende agitundemu ssente ennyingi.

Omulimi n'agenda akuule emboga. Y'asika, n'asika era n'asika. Y'agisika n'amaanyige gonna-naye nga WA! Teyasobola kukuulayo mboga.

Omulimi n'alyoka alowooza ani ayinza okumuyamba okukuulayo emboga. Nagamba nti "njakugenda mpite mukyaala wange".

Omulimi ne mukyaala we ne b’asika ne b’asika ne basika. Naye emboga n’eremera mu ttaka. Kale ne bagenda ne bayita mutabani waabwe.

Omulimi ne mukyaala we ne mutabani waabwe ne b’asika ne b’asika ne b’asika. Naye emboga n’eremera mu ttaka. Ne b’agenda ne b’anona muwala waabwe.

Oyinza okwefumiitirize olukalala lw’abantu bano bonna mu kasana akangi ennyo okugezaako okukuula oguboga guno ogwakula ne guwola?

Omulimi, mukyaala we, mutabani wabwe, ne muwala wabwe baasika ne b’asika ne b’asika naye ne batasobola kugiggyayo. Bonna nga batuuyanyetuuyanye era nga tebamanyi mulala gwe b’ayinza kusaba ajje abayambe!

Omulimi n’ajjukira nti eka waliyo ebisolo! N’agenda n’anona embwa ejje eyambe.

Omulimi, mukyaala we, omutabani n’omuwala wamu n’embwa ne basika, ne b’asika era ne b’asika, naye era emboga nga teyeenyeenya!

Omukyaala kye yava agenda n’anona ka pusi.

Omulimi, omukyaala, omutabani, omuwala, embwa ne pusi ne b’asika, ne b’asika, ne b’asika okutuusa lwebaalemererwa. Nga bali kumpi n’okubivaako!
Omutabani kwe kufuna ekirowoozo ky’okusaba emmese nayo ejje eyambe. Omulimi n’agwa mu nseko kubanga yalowooza nti akamese kantu katono nnyo tekayinza kubaako kye kayinza kuyamba naye olwokubanga teyalinaayo kirowoozo ekisingako ne bagenda ne baleeta akamese.

Kale omulimi, mukyaala we, omutabani, omuwala, embwa, ka pusi N’Akamese ne b’asika ne b’asika ne b’asika. Emboga n’etandiikiriza okukutukayo wansi, netandika okuzunga erudda n’erudda yonna n’egonda, mbagirawo mu kaloboozi nga ak’empewo ‘ewuuma’ n’esigukayo mu ttaka!

Mu nkomerero baasobola okukuulayo emboga olw’obuyambi bw’akamese.

**Ebibuuzo: Emboga e Nnene**

- Olowooza olugero lw’Emboga ennene lutuyigirizaki?
- Lwaki omulimi yagezaako okukuulayo emboga yekka?
- Omulimi kiki kye yasuubira bwe baaleta ekirowoozo ky’okuyita akamese k’ayambe?
- Ani yalina amaanyi amangi okusingako, musajja oba kamese?
- Ku nkomerero buyambi bwani obwaleetera emboga okukuukayo? (Kano kalowoozo: ekyokuddamu tekiri nti amaaso gateekebwe ku muntu omu oba ekisolo ekimu mu lugero!)

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**
Amabaluwa eri amakanisa mu Galatiya ne Kkolinso gombi gawandiikibwa omutume Pawulo. Mu mabaluwa ge, obumu, okukolera awamu n’omutindo mitwe egirabisibwa emirundi emingi. Kino kitegeeza nti mikulu. Kikulu nnyo okusoma ebitabo byamabaluwa byombi okubimalako. Bw’oyagala oyinza okukwanaganya ebyawandiikibwa ebiri mu Bagalatiya n’olugero lwe Mboga ennene lwetwakawulira. Awo ebyawandiikibwa ebiri mu Bakkolinso ne bigoberera.

*[26]Kubanga mu Kristo Yesu mmwe mwenna muli baana ba Katonda olw'okukkiriza. [27]Kubanga mwenna abaabatizibwa okuyingira mu Kristo, mwayambala Kristo. [28]Tewali Muyudaaya, newakubadde Omuyonaani, tewali muddu newakubadde ow'eddembe, tewali musajja na mukazi: kubanga mmwe mwenna muli omu mu Kristo Yesu. [29]Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale muli zzadde lya Ibulayimu, era muli basika ng'okusuubiza bwe kwali.*

*Abaggalatiya 3:26-29*

*[12]Kuba omubiri nga bwe guli ogumu ne guba n'ebitundu ebingi, n'ebitundu byonna eby'omubiri, newakubadde nga bingi, gwe mubiri gumu; era ne Kristo bw'atyo. [13]Kubanga mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu, oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna ne tunywesebwa mu Mwoyo omu. [14]Kubanga n'omubiri si kitundu kimu, naye bingi. [15]Ekigere bwe kyogera nti, "Kubanga siri mukono, n'olwekyo, siri kitundu kya mubiri;" ekyo tekikifuula butaba kitundu kya mubiri. [16]Era okutu bwe kwogera nti, "Kubanga siri liiso, n'olwekyo siri kitundu kya mubiri;" ekyo tekikifuula butaba kitundu kya mubiri. [17]Omubiri gwonna singa liiso, okuwulira kwandibadde wa? Gwonna singa kuwulira, okuwunyiriza kwandibadde wa? [18]Naye kaakano Katonda yassaawo ebitundu buli kinnakimu mu mubiri, nga bwe yayagala. [19]Era byonna singa kyali kitundu kimu, omubiri gwandibadde wa? [20]Naye kaakano ebitundu biri bingi, naye omubiri gumu. [21]N'eriiso teriyinza kugamba mukono nti, "Ggwe sikwetaaga," oba omutwe okugamba ebigere nti, "Mmwe sibeetaaga." [22]Naye, ekisinga ennyo, ebitundu bino eby'omubiri ebirowoozebwa okubeera ebinafu byetaagibwa, [23]n'ebyo eby'oku mubiri bye tulowooza obutaba na kitiibwa nnyo bye twambaza ekitiibwa ekisinga obungi, n'ebitundu byaffe ebitali birungi bye tusinga okulabirira; [24]naye ebitundu byaffe ebisinga obulungi kye biteetaaga. Bwatyo Katonda bwe yakola omubiri, ebitundu ebyandibadde biragajjalirwa n'abiwa ekitiibwa ekisinga obungi; [25]walemenga okubeera okwawula mu mubiri; naye ebitundu biyambaganenga bumu byokka na byokka. [26]Era ekitundu ekimu bwe kibonaabona, ebitundu byonna bibonerabonera wamu nakyo; oba ekitundu ekimu bwe kigulumizibwa, ebitundu byonna bisanyukira wamu nakyo. [27]Naye mmwe muli mubiri gwa Kristo, n'ebitundu byagwo, buli muntu. [28]Era Katonda yassaawo mu kkanisa, okusooka batume, abokubiri bannabbi, ab'okusatu bayigiriza, ne kuddako abakola eby'amagero, ne kuddako abalina ebirabo eby'okuwonyanga, abayambi, abafuga, aboogezi b'ennimi. [29]Bonna batume? Bonna bannabbi? Bonna bayigiriza? Bonna bakola eby'amagero? [30]Bonna balina ebirabo eby'okuwonyanga? Bonna boogera ennimi? Bonna baavvuunula? [31]Naye mwegombenga ebirabo ebisinga obukulu. Era kambalage ekkubo erisinga ennyo obulungi.*

*1 Abakkolinso 12:12-31*



**Ensomesa: Ffenna tulina ekitunfu kyetusonda**

Buli omu asangibwa nga mutuuze wa mukyaalo era nga yakkiriza Yesu, asobola okukozesebwa okukola ebyewuunyisa. Waliwo enzikiriza egamba nti omuntu alina kuba nga waliwo obumanyirivu bwalina mu kintu, omusumba oba omubuulizi w'enjiri okukola omulimu gwonna ogwa Katonda. Newabaawo ne nzikiriza endala nti abantu aba bulijjo mu kibiina tebalina lukusa lwa kukolera Katonda mu kitundu. Kino si kituufu n'akatono!

Tulowooze ku nnyiriri eziri mu Baggalatiya zetwakasoma. Ensonga yennyiriri zino eri nti nga ffenna bwe tulina Mukama waffe nga ye Yesu Kristo tewateekwa kubeerawo njawukana wakati mu ffe. Wadde mu bika, mu mugaso, mu mawanga, mu buyigirize oba mu kintu kyonna. Ffenna twenkanankanira ddala mu maaso ga Katonda. Omusumba tasobola kumala galagira muntu yenna mukibiina okubaako kyakola, obuyinzabwe tebuteekeddwa kukozesebwa bwe butyo. Omuntu asinga obugagga mu kkanisa tayogeza maanyi ganjawulo okusinga omwavu. Ekikakafu kiri nti

ffenna twenkana ekitegeeza nti tuteekeddwa okuddukanya amakanisa gaffe n'Ebibiina by'Obulamu mu ngeri eyisa buli omu nga eyenkana ne munne.

Omutume Pawulo akozesa eky'okulabirako eky'emibiri gyaffe okutuyamba okutegeera kino. Mu 1 Abakolinso 12:12-31 wannyonnyola omubiri gwa Kristo. Buli muntu, buli kitundu kikulu mu kukola obulungi okw'emibiri gyaffe.

**Ebibuuzo: Ffenna tulina ekitunfu kyetusonda**

- Bwe tuba nga ffenna tuli bitundu bya mubiri gumu, kino kitegeezaki eri amakanisa gaffe?
- Kiki kyekitegeeza bwe tuba tulowooza kukuteekawo Ekibiina ky'Obulamu?
- Abantu 'aba bulijjo' basobola okukolera Katonda ebintu ebyewunyisa oba beetaaga kuba ne 'nkizo' ku bantu abalala?
- Lwaki tewateekeddwa kubeerawo njawukana wakati w'abantu abagoberera Yesu?

**Ensomesa: Tewali asaana kusosolwa**
Ekintu ekirungi ennyo mu bbaluwa y'abakkolinso kiri nti ebitundu ebinafu ennyo ebinnyomebwa ku mibiri gyaffe biweebwa ekitiibwa eky'enkizo. Kino kitegeeza nti ebitundu ebyo bye tulowooza nga by'ebisinga okuba ebinafu oba ebinyoomebwa bye bitundu Katonda byassaamu ekitiibwa. Engeri Katonda gyalowooza ku bantu ob'omu bibinja byaffe ne mu byaalo ya njawulo nnyo ku ngeri ffe gye tulowooza ku bo. Abanyoomebwa ennyo wano be balabika nga abali waggulu w'abo abalabibwa nga abeekitiibwa.

Akagere ka nnaswi kayinza okulabika nga akatalina mugaso. Ekirowoozo kiyinza n'okukujjira nti ne bw'ofuna ekiso n'okasalako n'olowooza nti tewajja kubeerawo njawulo, mwekyo obeerera dda mukyaamu. Awatali kagere kannaswi ako kibakizibu ggwe okuyimirira n'otereera ku ttaka. Abantu abafiirwa obugere bwabwe obwa nnasswi baba nga abayiga obuyizi okutandika okutambula.

Ate ekigalo kyo ekya kyalakisajja? Si kiri awo nti kigazi oba nti kya maanyi ku mubiri. Naye, bw'okifiirwa tosobola kukwata kintu mu mukono gwo oba okukironda wansi n'okikozesa. Wadde nga kitono kyamugaso nnyo nnyini ddala!

**Ffenna tulina okukozesa ebirabo byaffe**
Okubeera nga twenkana mu mubiri gwa Yesu nga omutwe, kitegeeza nti ffenna tulina ebirabo era tulina kyetuyinza okusonda. Bwetutunuulira ebyawandiikibwa mu Bakkolinso tulaba eby'okulabirako:

- abatume
- bannabbi
- abayigiriza
- abakola ebyamagero
- abawonya
- ab'obuyambi
- ab'alungamya
- abogera mu nnimi

Waliwo ebirabo ebirala bingi nnyo ebimenyebwa mu Baibuli. Mu lukalala luno Pawulo awa ebyokulabirako eri ab'ekkanisa y'e Kkolinso. Abuuza nti eriyo omuntu asobola okukolabino byonna? Ekyokuddamu kiri nti nedda?

Mu ngeri yemu buli omu yetaaga munne n'ebirabo Katonda bye yawa buli kinnoomu ku ffe. Bwe twegatta tuba b'amaanyi okusingawo olwo ne tulyoka tuba nga tusobola okukola ekyo kyayagala tukole obulungi.

**Abo abali wa bweru w'e kkanisa tebasaana kulekebwa ku mabbali!**

**Ebibuuzo: Tewali asaana kusosolwa**

- Buli omu bwabeera n'omulimu gw'okukola era nga buli omu wa mugaso eri Katonda, kino kitegeeza ki eri abo abali wabweru we kkanisa?
- Basaana bayisibwe nga ab'ebweru oba balina kuzzibwamu maanyi bafuuke kitundu ku maka?

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

Matayo yatuwandiikira ebintu ebyabaawo mu bulamu bwa Yesu tusobole okutegeera biki ebyali ebikulu gyali. Ekyawandiikibwa kino kyakulabirako Yesu we yayaniririza abo abaali ab'ebweru w'a bantu ba Katonda n'amala ekiseera nga ali wamu nabo. Kino kikulu nnyo eri Katonda.

> *[9]Yesu bwe yavaayo n'alaba omuntu, ayitibwa Matayo, ng'atudde mu ggwoolezo;*
> *n'amugamba nti, "Yita nange." N'asituka, n'amugoberera.*
> *[10]Awo olwatuuka, Yesu bwe yali ng'atudde mu nju ng'alya, laba, abawooza bangi ne bajja,*
> *n'abantu ababi bangi, ne batuula wamu ne Yesu n'abayigirizwa. [11]Abafalisaayo bwe baalaba*
> *ekyo, ne bagamba abayigirizwa be nti, "Omuyigiriza wammwe kiki ekimuliisa n'abawooza*
> *n'abantu ababi?" [12]Naye Yesu bwe yawulira, n'agamba nti, "Abalamu tebeetaaga musawo,*
> *wabula abalwadde. [13]Naye mugende muyige amakulu g'ekigambo kino nti, 'Njagala kisa, so*
> *si ssaddaaka,' kubanga sajja kuyita batuukirivu, wabula abantu ababi."*
>
> *Matayo 9:9-13*

**Ensomesa: Okwaniriza ab'ebweru**

Lubeerera mu Kkanisa ne mu Bukristaayo, twekutula ku abo betulaba nga 'aboonoonyi'. Tukkiriza nti tusaanye okubeeyawulako. Tukkiriza nti abamu kubo babi bayinza naffe okutwonoona bwetuba tumaze ekiseera nga tweggasse nabo. Kino sikituufu era Yesu tatusabangako kukola bwetutyo.

Mukyokulabirako kino Yesu yatuula ku kijjulo nabo abaali abawooza bomusolo n'aboonoonyi. Abasolooza bomusolo baatunuulirwanga nga aboonoonyi ennyo. Ekifo mwe yabeeranga, kaakati kimanyiddwa nga Israeli, kyasengebwamu eggye lya Baruumi. Abantu kino bakikyawa. Abasolooza bomusolo baakoleranga Baruumi. Ebiseera ebisinga obungi banyaganga era baali bakumpanyakumpanya era nebeeterekeranga essente nnyingi. Mu palestina kye kibinja ekyali kisinga okukyayibwa. Naye ate Yesu yatwala ekiseera nga atuula nabo.

Tetuteekwa kubeera omubiri buli omu mweyenkanankanira ne munne. Tuteekwa kubeera omubiri ogwaniriza abo abali ebweru okujja batwegatteko. Twaniriza abantu okujja babeere naffe wamu ne Yesu. Ebibiina byaffe Eby'Obulamu bisaanye bibeere biggule eri buli omu mubugazi bw'ekitundu kyonna, si nsonga be baani era baakola ki.

Yesu teyajjirira abo abaali bamumanyi, naye yajja eri abo abaali batamumanyi. Naffe tuteekwa kukola kye kimu.

**Ebibuuzo: Okwaniriza ab'ebweru**

- Bantu ba kika ki abatera okulekebwa wabweru mu kyalo kyo?

*"Waliwo abantu abaamala olunaku lulamba kumabbali gomugga nga banywa, tewali nomu eyabasemberera era tebaabafaako. Bwenabuuza Katonda bennina okwaniriza okujja mu Kibiina Ky'Obulamu ne mpulira nga nteekeddwa kugenda njogereko nabo. Mu kusooka sayagala kubanga baali bawunya ekkalalume era neneebuuza nzekka abantu abalala kyebayinza okundowoozaako. Naye namanya nga Katonda yali abaagala era ayayagala okubaaniriza bajje mu maka ge. Kale nengenda ne ntuula nabo okumala essaawa nnamba, nembabuuza ebifa ku bulamu bwabwe era nebagabana nange obulumi bwe baali bayiseemu nga bwali bungi obwokuboolwa. Nembagamba nti Katonda yali alina ekifo kyabwe mu maka ge era oba baali baagala okumanya ebisingawo mu Kibiina kyaffe Eky'Obulamu. Ne basanyuk nnyo! Era babadde baggya buli wiiki, nabo kati basonda mu kukubaganya ebirowoozo, buli omu abaaniriza, baagala okubeerawo mu kusanyusa Yesu, nga balekera awo okunywa omwenge era nokuyamba abantu beekyalo nabo!"* – ***Agnes***

**Ebyafaayo: Buli omu nga akozesa ebirabo bye**

Olugero luno lulaga engeri Ekibiina ky'Obulamu gye kiyinza okukola. Era lulaga engeri gyekizzaamu amaanyi okulaba nga ebirabo by'abantu eby'enjawulo bwe bisobola okubeera bwe biba bikozeseddwa wamu era engeri gyebisobola okufuula obulamu era nomulimu gw'obuweereza omunywevu.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**

Yitayo abantu babiri bajje mu maaso, omusajja era n'omukazi. Nnyonnyola nti abantu bano ababiri basazeewo okuteekateeka Ekibiina ky'Obulamu mu kyalo kyabwe, amannya gabwe ye Nyirenda ne Masiye.

Obasabe balondeyo abantu abalala mukaaga, abanaabeera abeekibiina kyabwe. Nabo bayimirire mu maaso nga bali mu lunyiriri, nga batunuulidde ekibiina.

Soma olugero mu ngeri ya katemba oyanjule buli muntu ali mu kibiina, obatandise okukola ebikolwa ebiraga ebirabo byabwe eby'enjawulo.

Nyirenda ne Masiye babadde bafumbo okumala emyaka 5 era n'abaana 4. Babeera ku kyaalo Mabanga era bawangaalidde eyo obulamu bwabwe bwonna. Baagala abantu bomu kyaalo, naye ate era nga kirabika bulabisi gyebali nti ebintu byetaaga kukyuuka. Abantu tebafiibwako mu kyaalo, balekebwa wabweru era bayombagana. Baawulirako ku Kibiina Ky'Obulamu nga kiyamba ekitundu mu kyaalo ekiriraanyewo nebasalawo bo bennyini beetandikirewo ekibiina. Neboogerako ne mikwano gyabwe ku nsonga eno, ne bakyaniriza. Nebaaniriza abantu abalala ab'enjawulo okuva mu makanisa agatali gamu. Oluvannyuma lwa emyezi 6 ekibinja ky'abantu kyeyongeddeko mu bungi bw'abantu, n'abantu abava mu makanisa ag'enjawulo wamu n'abo abatagenderako ddala mu kkanisa! Buli muntu akuze mu kutegeerakwe Katonda kyaali n'okwagala bantu bannaabwe. Batandise okukola emirimu mingi mu kyaalo okuyamba buli muntu.

Mu Kibiina Ky'Obulamu mulimu abantu 16. Ogenda kusisinkana abamu kubo kaakati...

Faith ne Beatrice bombi buli omu yazaala abaana basatu, baafuuka ba mukwano ddala wadde nga buli omu agenda mu kkanisa ye. Nyirenda ne Masiye b'akizuula nti bantu balungi mukwogera eri abaana era n'okubasomesa. Ne babazzaamu amaanyi okulaba engeri gye bayinza okuyamba abaana abagenda mu kkanisa. Faith ne Beatrice ne bakisanyukira okuba nti w'agenda kubaano enjawulo gye bakola mu bulamu bw'abaana. Ne basalawo okutandika okusomesa abaana ku Yesu, ne baleetera abaana okweyisa nga engero bwe ziri n'emizannyo emirala egibayigiriza!
Kino kyasobola okubeerawo kubanga bazzibwamu amaanyi okukozesa ebirabo byabwe n'okugenda babeeko kye bakola.

Thandiwe musajja ssemwandu akaddiye. Anyumirwa okutambula nga yetooloola ekyaalo nga bw'alamusa ku bantu nti 'muli mutya eyo'. Ekibiina ky'Obulamu bwe kiba kikungaanye Thandiwe ategeera mangu ebisomesebwa era anyumirwa okubuulirako abalala kiki kyayize. Era agezezzaako emirundi emitonotono okukulembera okuyiga era n'okulaba nga anyumirwa! Nyirenda ne Masiye b'amugamba nti balaba nga aliko okuyitibwa kwa Katonda okw'okusomesa era ne bamuzzaamu amaanyi okugenda ku kyaalo ekiriraanyewo okutandika yo Ekibiina ky'Obulamu, asomese abantu.

Eliya abadde mulimi obulamu bwe bwonna era alina ennimiro ennungi evaamu amakungula amalungi. Chalice mutabaniwe era naye annyumirwa okulima. Bombi bageda mu kkanisa mu kyaalo. Bayaniriza mukwano gwabwe Royd okubeegattako mu Kibiina ky'Obulamu, ye tagenda mu kkanisa naye ayagala okuyamba ekyaalo era naye ayagala okulima kale yatandika okujja nabo mu kibiina. Lwali lumu bwe baali balimira wamu nebafuna ekiteeso ekyokuyamba abantu nga babasomesa emitendera gy'okulima. B'atandika nga baaniriza abantu batonotono ne babasomesa ebisookerwako mu kulima. Ekyavaamu abantu abalala bangi ne basikirizibwa kakati balina ettaka webasobola okulimira awamu ne basimba emmere okusobola okuyamba abaavu. Abamu ku bantu abo abayamba baatandika n'okujja mu Kibiina ky'Obulamu era baagala okumanya ku Yesu

Nyirenda ne Masiye bazziddwamu amaanyi n'abantu bomu Kibiina ky'Obulmu bazudde ebirabo Katonda bye yabawa era babikozesa okukola omulimu gwa Katonda mu kyaalo!

**Kikulu nnyo okutegeera engeri Ekibiina ky'Obulamu kino gyekikoledde awamu, buli omu nga azzibwamu amaanyi okukozesa ebirabo byabwe eby'enjawulo okwagala abo ababeetoolodde. Osaanye oddemu okusoma olugero luno nate okukasa nti olutegeerera ddala.**



*"Waliwo omulenzi omuto eyatandika okujja mu Kibiina kyaffe Eky'Obulamu, yali musirise nnyo era nga yeetya. Mu kusooka nga simanyi ngeri gye nnyinza okumuzzaamu amaanyi okukozesa ebirabo bye, abalala ne bagamba nti yali talina kirabo kyonna. Naye Katonda ayagala okukozesa buli omu, kale ne mmubuuza kiki kye yali ayagala okukola. Nangamba nti yali ayagala kusamba mupiira. Nemmuzzaamu amaanyi asabe Katonda amuyambe okukozesa okwagala kwe n'ekirabo ky'omupiira okwagala era n'okugabana Yesu n'abantu abalala. Oluvannyuma bwewaayitawo wiiki ntonotono n'angamba nti yali atandiseewo ekibiina ky'okusamba omupiira, era yali ayanirizza abalenzi abato n'abawala okuviira mu makanisa ag'enjawulo abaali tebakunganangako n'abalala. Baali bakuzannyanga buli wiiki era n'abategeeza nti ekibiina ky'abazannyi kyenkana kiringa amaka ga Katonda kubanga buli omu yali yenyigiramu era nga buli omu alina ekirabo kya njawulo. Abalenzi ababiri kubo batandise okutwegattako mu kibiina Ky'Obulamu kulwekibiina kyomupiira"-* ***Asisi***

**Ekyokukola: Omubiri gwa Kristo**
Mukataboko akokuwandiikamu, kubamu ekifaananyi ekinene eky'omuntu

- Mu mutwe wandiikamu 'Yesu'
- Wandiika amannya g'abantu abalala mu bitundu by'omubiri by'olaba nga bakwatagana nabyo
- Wandiika lwaki otadde erinnya ly'omuntu mu kitundu ky'omubiri ekyo

Eky'okulabirako, omuntu bwaba nga mulungi mu kulima era nga asobola okusomesa abalala okulima, wandiika erinnyalye mu mikono kubanga bakola nnyo mu nnimiro. Omuntu bwaba nga mulungi mu kusomesa, wandiika erinnyalye ku mumwa.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Funa mu kataboko akokuwandiikamu amannya g'ebitundu by'omubiri. Abantu bwe babeera n'empapula n'ekkalaamu za bwino bagambe buli omu akube ekifaananyi ekikye. Bwe kitaba ekyo, kozesa akataboko ak'okuwandiikamu. Ogambe ekibiina balowooze ku birabo abantu abali mu kibiina oba mukyaalo, bye balina era n'engeri gye bayinza okubikozesamu. Owandiike amannya gabyo mu bitundu by'omubiri by'olaba nga gakwatagana n'abyo.

Eky'okulabirako, omuntu bwaba nga mulungi mu kulima era nga asobola okusomesa abalala okulima, wandiika erinnyalye mu mikono kubanga bakola nnyo mu nnimiro. Omuntu bwaba nga mulungi mu kusomesa, wandiika erinnyalye ku mumwa.

**Ensomesa: Ffe fekka abayinza okukireetera okubeerawo!**
Jjukira nti tuli miti gya maanyi egyobutuukirivu era amayinja amalamu. Ffe bantu Katonda be yalonda n'atuteeka mu byaalo byaffe tulage okwagala era n'okuyamba obalala. Bwe tulowooza nti abantu abalala abaviira ebweru be bagenda okujja bakole ku bizibu ebiri mu byaalo byaffe, tugenda kulinda era tulinde naye tewali kiribeerawo. Kino kigenda kubeera kizibu kinene. Tuteekwa okujjukira kiki Katonda kyeyatukola okubeera era tuteekeddwa okubaako kyetukola okuleeta obulamu bwe mu bitundu byaffe.

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Chalwe*abeera mu Kasempa era asobodde okutandikawo Ebibiina by'Obulamu 3, ekisooka kyatandika mu 2016 era buli luvannyuma lwa mwaka yayongerangako ekirala. Asuubira nga wagenda kubeerawo ekirala mu biseera ebitali byawala.

Yagenda eri ab'ekitongole kya Dignity mulukiiko nawulira engeri Ebibiina by'Obulamu gye bakwataganya ebyaalo era nebaleeta enkyuukakyuuka. Naddayo mu kitundu kyewaabwe nga ajjudde okuyaayaana okutandikawo ekintu ekyewuunyisa. Nga akozesa ebintu by'alina n'okusikiriza, yatandika okukungaanya abantu n'abakolamu Ekibiina ky'Obulamu.

Ekigambo ekikwata ku kubeera n'okukkiriza mu kitundu kyabwe kyali wansi nnyo, era abantu nga balaba ekkanisa nga ekintu kye basobola okubeeramu omulundi ogumu gwokka mu wiiki. Naye Ebibiina by'Obulamu bwe bikungaana Chalwe ezzaamu buli omu amaanyi okugabana bye balina mu bulamu bwabwe, mu mwoyo ne mubibakaluubirira wakati mu bo basobole okuyambagana mu ziri ennaku endala omukaaga eza wiiki.

Chalwe alina ekirabo ky’okulima era ayaayaana okukozesa ekirabo kye nga ekkubo ery’okuyamba ekitundu n’okugabirira emmere mu kyaalo kyonna. Yasalawo okuyingizaamu emisomo gy’Ebibiina by’Obulamu okutandikira ku Misingi olw’okulima. Ekinyusi kiri kukuyiga engeri y’okulima mu ngeri ennungi era nga balongoosa obutundutundu obutonotono nga basimbamu emmere buli muntu asobole okubeera n’emmere gyasobola okugabirira mu maka ge, mu mikwano era ne mu abo abali mu bwetaavu. Ebibiina bya Chalwe Eby’Obulamu byasalawo okubanga buli muntu aleeta liita 5 eza kasooli mu kibiina basobole okuba nga bayamba abantu mukiseera ky’enkuba.

Omuvubuka omuto omu mu kyaalo eyali yafuuka omutamiivu era nga yali talimangako, gyebuvuddeko yegatta ku kimu ku Bibiina By’Obulamu. Yafuuka mukristaayo era yasembezebwa mu maka ga Katonda. Ye nga ekitundu ku maka ga Katonda naye akizudde nti alina ekirabo ky’okulima era yatandika okwerimira enva era kati agabana ku mmere ye ne baliranwa be.

** Amannya gakyuusibwa olwa twekisize*

**Ebibuuzo: Ebyafaayo by’Ekibiina ky’Obulamu**

- Olowooza olugero lwa Chalwe lutuyigiriza ki?
- Chalwe yakola bikolwa ki?
- Ebikolwa bya Chalwe byakwata bitya ku bantu?
- Kiki ekyandituuseewo singa Chalwe yali takozesezza kirabo kye okuyamba abalala?
- 0lowooza omuvubuka ono yawulira atya nga ayaniriziddwa mu maka ga Katonda mu Kibiina Ky’Obulamu?

**Saba**

Twetaaga okusaba nti Katonda aggyewo embeera y’obuteegatta, okuvuganya n’obutasonyiwa mu byaalo byaffe. Mumaleko ekiseera nga musabira bino:

- Musabe Katonda atabaganye amakanisa ag’enjawulo okuyita mu kutandika Ekibiina ky’Obulamu
- Musabire embeera y’okuvuganya eri mu kyaalo kyammwe, esobole okukoma.
- Musabire okusonyiwagana buli wekwetaagisa ku lwebyo ebyabatuukako mu kitundu kyabwe.

**Eky’okulola wiiki eno**

Wiiki eno sisinkanako n’abantu abasooka abomuKibiina kyo Eky’Obulamu. Mulowooze era mwogere ku ngeri ki buli omu gyasobola okukozesa ebirabo bye okutandikawo Ekibiina ky’Obulamu.

Zzaamu buli muntu amaanyi mu kibiina kyo okulowooza ku birabo byabwe n’obusobozibwe, n’engeri gye babikozesaamu kati era n’engeri gye bayinza okubikozesamu nga ekitundu ku Kibiina ky’Obulamu. Bwewabaawo afuba obufubi, buuza ekibiina bye balowooza okuba ebirabo by’omuntu oyo. Omuntu oyo ayinza okuba nga teyeetegerezanga birabo bye era agenda kuzzibwamu nnyo amaanyi n’ekibiina okukozesa ebirabo byabwe.

Oyinza okubuuza ekibiina ebibuuzo bino:

- Waliwo omu mu mmwe nga muwuliriza mulungi? Oba oli awo asobola okugenda n’ayogera n’omukulembeze w’ekyaalo namubuulira ku kutandikawo Ekibiina ky’Obulamu, nga amubuuza kyalowooza era n’engeri ekibiina gye kiyinza okuyambamu ekitundu.

- Waliwo omuntu asobola okufumba? Oba oli awo basobola okufumba ekijjulo wamu ne baaniriza abantu okuviira mu makanisa ag'enjawulo, ne bagabana ku kutandikawo Ekibiina ky'Obulamu n'okubasaba babeere ekitundu ku kyo.
- Waliwo omuntu amanyi okuzimba enkolagana? Oba oli awo bamanyi b'ani be b'ayinza okukwatagana nabo mu kitundu ne babaaniriza okuyingira Ekibiina ky'Obulamu.
- Waliwo omuntu omulungi mu kukola enteekateeka? Oba oli awo omuntu ono ayinza okukuyamba okukola enteekateeka ez'okuyigiriza buli wiiki mu Kibiina ky'Obulamu, ne bakuyamba okusaasaanya amawulire ddi enkungana lwezirina okubeerawo era na kifo ki Ekibiina ky'Obulamu gye kirikunganira era n'okukakasa nti buli ekyetaagisa wekiri.
- Waliwo omuntu omulungi mukukulembera enkiiko ez'okukubaganya ebirowoozo? Oba oli awo omuntu ono ayinza okukuyamba okukulembera enkiiko ezo bwe mulitandika Ekibiina ky'Obulamu n'abalala. Babuuze oba nga bandyagadde okuyita mu ssomo eriri mu katabo kano wamu naawe akannyonnyola ku kukubaganya ebirowoozo.
- Waliwo omuntu omulungi mu kuleeta engero? Oba olyawo omuntu ono ayinza okukuyamba okuleeta engero n'okwongerako katemba bwe muliba mutandise Ekibiina Kyobulamu nabalala.
- Waliwo omuntu nga mulungi mukwaniriza abagenyi? Oba oli awo asobola okubeera nga akozesebwa okwaniriza abagenyi mu kutandika Ekibiina ky'Obulamu, n'aba nga ayogera n'abo abapya era nabatiitiizi.

Osobola okubeera n'ebirowoozo ebisinga ku bino, bino byakukuyamba kulowooza engeri buli omu gyayinza okukozesamu ekirabo kye?

Wiiki eggya mugenda kutandikawo Ekibiina ky'Obulamu nga mwaniriza abalala era nga mukozesa emisomo gya Dignity okukulembera omusomo. Buuza abantu abasooka mu kibiina okweteekateeka okukozesa ebirabo byabwe nokuteekateeka biki byebayinza okukola wiiki eno mukuteekateeka.

**Baako by'owandiika**

- Bwemwayogera ku birabo byammwe wamu, baki abaakizuula nga kyangu okumanya ebirabo byabwe? Baki abaakiraba nga kizibu? Wabayamba otya?
- Nga buli omu amaze okuzuula ekirabo kye n'engeri gyayinza okukikozesa, beeyisa ngeri ki? Baasanyuka? Baatya? Beewuunya?
- Wandiika amannya g'abantu abaasooka mu Kibiina ky'Obulamu bewasisinkana noyogerako nabo. Nate wandiika ebirabo bya buli kinnoomu nga obiriraanyizza erinnyalye nga bwemwakikubaganyakoebirowoozo nga bwe balina okubikozesa okutandika Ekibiina ky'Obulamu. Oyinza okukeberako emabega mu lukalala.

**Eby'okukola Ebirala**

Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Ekyokulondako 1:** Tuli baana ba Katonda era abaana bafaanana bazadde baabwe. Katonda yatuyita tumufaanane era twagale bannaffe.

Lowooza ku bibuuzo bino:

- Nsobola ntya okukozesa amaaso gange okufaanana nga Katonda?
- Nsobola ntya okukozesa amatu gange okufaanana nga Katonda?
- Nsobola ntya okukozesa akamwa kange okufaanana nga Katonda?
- Nsobola ntya okukozesa ebirowoozo byange okufaanana nga Katonda?
- Nsobola ntya okukozesa ebigere byange okufaanana nga Katonda?
- Nsobola ntya okukozesa ebirowoozo byange okufaanana nga Katonda?

**Ekyokulondako 2:** Kozesa emikono gyo okusabira ekyalo kyo! Teeka emikono gyo kulupapula lw'akataboko akokuwandiikamu era okube ekifaananyi ky'engalozo nga oziyisa mu e kkalaamu. Essaala genda nga oziddingana buli lunaku, nga ojjukira buli lugalo kyerutegeeza.

- **Akagalo ka nnaswi:** sabira abaana abomu kyaalo kyo basobole okulagibwa okwagala okuva eri amaka gewaabwe ne mu kyaalo kyabwe.
- **Akagalo akateekebwako empeta:** sabira amakanisa gatandike okukolera awamu era gerabe nga ekitundu ku maka ga Katonda amagazi.
- **Akagalo akawakati:** sabira omukulembeze, asobole okukulembera ekyaalo bulungi nokutwala obuvunaanyizibwa bw'okugattaganya abantu.
- **Olugalo oluddirira kyalakisajja:** saba Katonda akuyambe okutandika Ekibiina ky'Obulamu ekigenda okubeera ekifo ky'amaka n'okwagala
- **Olugalo lwa kyalakisajja:** sabira abo abatafiibwako, saba nti basobole okufuuka ekitundu ku maka gaKatonda era basobole okulagibwa okwagala n'okukkirizibwa

**Ekyokulondako 3:** Twala ekiseera obeere nga otunula mu katabo k'***Emisingi 1***. Kemanyiize nga oyingiza mu bwongo ebiwandiikiddwamu era 'n'engeri yokukozesa akatabo'. Wegezese nga oyitayita mu ssomo 1 era nga bw'ogenda okubeera nga okikola mu Kibiina kyo ekipya Ekyobulamu**.**

6



# Okuddukanya Ebibiina by'Obulamu Ebinene

**Munnamusize ekkanisa ey'omu nnyumba yaabwe. Mulamuse Epayineeto, gwe njagala, kye kibala eky'olubereberye eky'omu Asiya eri Kristo.**

Abaruumi 16:5

**Ekigendererwa**
Ebibiina Bby'Obulamu bikulu nnyo eri Katonda okubanga bikola mu kyaalo kyo, bireeta abantu awamu era ne bireetera enjiri okubeera ennamu! Essomo lino lijja kukuyamba okuddukanya Ekibiina ky'Obulamu mu kyaalo kyammwe.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Otegedde nti obubiina obutonotono bukola okusinga okubuulira obubuulizi
- Oyize emitendera gy'okutambuza emisomo mu bubiina obutonotono
- Oyize engeri Ekibiina ky'Obulamu gyekiyinza okukungaana buli wiiki

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kyewayiga okuva mu musomo ogwaggwa ku ngeri buli muntu okubanga alinako ky'akola mu maka?
- Olina omuntu yenna gwewazzaamu amaanyi wiiki eno nga omubuulira birabo ki byolowooza okuba nti abirina era nti basaanye babikozese okuweereza Katonda? Kiki ekyabaawo?
- Olinako omuntu yenna gwewagabanako naye byewayiga wiiki eno?

**Ebyafaayo: Akasiisira kakutte omuliro!**
Olumu waaliwo ekyaalo ekyewala eyo munsiko. Ekiseera kyenkuba kyaali kiweddeko era nga n'omuddo gukuze nnyo buli wantu. Emisota gyali mingi n'obusolosolo bwekwekanga mu nsiko eyali ekuze nga bwewala akasana akangi.

Precious ne Phiri baali balenzi bato mu kyaalo ekyo. Ekimu ku bintu bye baali baagala okukola buli lunaku kwali kukwata obusolosolo obutono nga emmese. Bwe baabanga baagala okubulaba Precious yakoleezanga oluyiira nga atandikira ku luuyi olumu olwensiko buli kasolo nekalyooka kajja nga kadduka nga koolekedde Phiri gye yabanga ayimiridde asobole okubukwata. Baabeeranga mu muzannyo ogw'engeri eyo lubeerera era n'okufunamu obuliibwa. Oluvannyuma baabufumbanga ne babulya!

Precious ne Phiri baabulangawo ku Sande kumakya. Kubanga ekkanisa teyabanyumiranga ate nga ebeera etwala ekiseera kiwanvu.

Olumu Precious ne Phiri baali bakoleeza oluyiira, kuluno kwaliko kikunta si nga ennaku endala. Omuliro bwe gwakoleera, kibuyaga nasituka era omuliro ne gubumbujja nnyo okusinga bwe gwali gubadde. Mukaseera katono nnyo ekitundu kyensiko kyonna kyaali kibunye omuliro. Nga tegukyasoboka.

Precious ne Phiri ne basattira nga bagezaako okuzikiza omuliro naye nga olubabu luyitirivu. Ennimi zomuliro zaali mpanvu nnyo. Tewaayita kiseera kiwanvu nga omuzindo gw'obusiisira obwali mukitundu ekyo nabwo bukoledde. Ebintu by'abantu ne bibeera mu katyabaga.

Precious ne Phiri nebadduka bagende bafuneyo abanabayamba, naye tewaaliwo muntu n'omu asobola kujja abayambe. Nebajjukira nti lwali lwa sande era nti buli omu yali agenze mu kkanisa. Webaatuukira ku kkanisa, ekigambo kyali kitandise okubuulirwa. Abasajja baali batuula ku luuyi lumu n'abakazi nga batuula ku luuyi lulala. Bonna baali bawuliriza omusumba nga abuulira. Precious ne Phiri baagezaako okutaataaganya emirundi mingi, naye buli mulundi nga abantu b'abagamba nti basirike baleme tutaataaganya kusaba okwali kugenda mu maaso. Nekirabika nga tewaali n'omu asobola kubawuliriza.

Oluvannyu omusumba n'abeetamwa n'abalagira bafulume ekizimbe. Abakebezi babiri ne bajja okukakasa nti basirise. Mukaseera kano Precious n'asalawo okuwoggana nti, "Mwe temutegeera. Obusiisira bwammwe bukutte omuliro!" buli omu n'atya era buli omu n'akankana eno nga bwe badduka okugenda balabe ekigenda mu maaso.

Kyali kutuufu, obusiisira bungi bwali bukutte omuliro. Abantu abaali mu kkanisa ne batandika okukolera awamu okuzikiza omuliro. B'agezaako ne bawonya obusiisira bungiko ne bintu ebyalimu. Obumu ku busiisira bwali bumaze okuggya omuliro n'ebintu ebyalimu byonna eby'abantu abaabeerangamu.

Abantu mu busungu obungi ne babuuza nti, "lwaki temwatubuulidde?" Precious ne Phiri ne batandika okukaaba nga bagamba nti, "Twagezezzaako naye mmwe nga temuwuliriza. Mwabadde nga ebirowoozo byonna mubitadde ku bubaka obwabadde bubuulirwa ne mutatuwuliriza". Wadde nga Precious ne Phiri mu butanwa baali bakoleezezza omuliro, naye era baasonyiyibwa mu bwangu era buli muntu nayambira wamu n'abalala abo abaali bafiiriddwa ebyabwe. Buli omu n'eyeyama nti agenda kuwulirizanga banne mu bwangu okuva mukiseera ekyo!

**Ebibuuzo: Akasiisira kakutte omuliro!**

- Olowooza olugero lwa Precious ne Phiri lutuyigirizaki?
- Waliwo omuntun'omu eyawuliriza Precious ne Phiri? Lwaki nedda?
- Ebintu byandibadde bifuuka bitya eby'enjawulo singa abantu baali bawulirizza Precious ne Phiri?
- Ebintu byandibadde bitya eby'enjawulo singa Precious ne Phiri baali balina ekifo mu kkanisa?

**Ensomesa: Obubinja obutonotono mu Baibuli**

Mu Baibuli tusoma ku ngeri aBakristaayo ggye baakungaananga awamu mu bubinja obutonotono mu maka era ne mu bifo ebirala. Akabinja akatono kafaananira ddala ne Kibiina ky'Obulamu kyetubadde twogerako ebbanga lyonna. Kyekibinja ky'abantu abakungaanira awamu lubeerera oku:

- yiga Baibuli
- gabana obulamu bwa buli muntu ne munne
- jjukira Yesu era n'okuliira awamu
- sabira awamu
- ggulirawo emitima gyaffe eri bannaffe nga tugabiragana, nga ssente n'ebiseera
- sinziza awamu
- buulira enjiri nga tuli wamu[5]

[5] Pastors.com/Rick Warren, 2012. *Seven Marks of a Healthy Small Group*, Bwatuukibwako nga 28 mu mwezi gw'omukaaga 2017. Obusanga ku mutimbagano gwa http://pastors.com/seven-marks-of-a-healthy-small-group

Abantu bangi beebuuza ekirowoozo ky'obubinja obutonotono gye kiviira. Kiviira ku nkola y'aBakristaayo eyasooka gyetulaba mu Baibuli. Amakanisa agaasooka mu Baibuli tegaabanga manene, gaabeeranga tegasussa bantu 50. Ekyokulabirako, bw'osoma ebbaluwa ya Baggalatiya, kirabika nga eringa eyawandiikirwa akabinja akatono kotoyinza na kuteebereza.

Obubinja bwa Bakristaayo bwakungaaniranga mu maka, wabweru mu mpya zayeekaalu oba mumasinagooga (makanisa ga Bayudaaya).

Okukuungaana kw'abantu b'ekkanisa tekwali kwatteeka nti bateekwa kubeera na kizimbe ekizimbiddwa nga bwe kiri ennaku zino. Mu mazima, mu Ndagaano Empya temuli wawandiikiddwa nti mwalimu ekizimbe ky'ekkanisa. Abakristaayo bakungaaniranga mu bubinja obutonotono mu maka. Tugenda kulaba ebyokulabirako bibiri okuva mu Baibuli.

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

Amakanisa mu kitabo kya Baruumi n'e Filemooni byali mu Buruumi era kiteeberezebwa nti kye kyali ekibuga ky'e Kolosaayi. Amakanisa gano gakunganiranga mu maka g'abantu, si mu bizimbe bya kkanisa.

> [3]*Munnamusize Pulisika ne Akula abaakolera awamu nange mu Kristo Yesu,* [4]*abaawaayo obulago bwabwe olw'obulamu bwange; be sseebaza nze nzekka, era naye n'ekkanisa zonna ez'ab'amawanga.*
>
> [5]*Munnamusize ekkanisa ey'omu nnyumba yaabwe. Mulamuse Epayineeto, gwe njagala, kye kibala eky'olubereberye eky'omu Asiya eri Kristo.*
>
> *Abaruumi 16:3-5*
>
> *…ne Apofiya ow'oluganda ne Alukipo mulwanyi munnaffe, n'ekkanisa eri mu nnyumba yo.*
>
> *Firemooni 1:2*

Kikkiririzibwa ddala okukungaana mu bubinja obutonotono nga Ekibiina ky'Obulamu mu kyaalo kyo. Eno nkola yabyawandiikibwa mu Baibuli esaanidde okugobererwa.

**Ebyafaayo: Olugero lw'ebigiiko ebiwanvu**

Ekibinja kyabannakyaalo kyagenda okutandika obutuuze mu nsiko. Buli omu yali musanyufu olw'ekyo kyebaali besunga okutandika n'omukisa gw'obulamu obupya. Bazuula ekifo ky'okutebenkeramu nga kirimu amazzi amalungi agakulukuta okuva mu mugga, n'emiti egibala ebibala ebyabuli ngeri nga biwoomu era n'ettaka ejjimu erisaanira okulimiramu enva eziwooma. B'ateekateeka ebijjulo ebiwoomu era ne basanyukira okubirya. Baalina ekizibu wadde: baali beetaaga ebijjiiko eby'okuliisa emmere, naye ebijjiiko bye baalina byaali biwanvu nnyo, era nga biwanvu n'okusinga emikono gyabwe!

Buli kiseera ky'okulya wekyatuukiranga ekibinja kino kyeyongeranga kusunguwala era n'okulumwa enjala kubanga tebaasobolanga kulya kantu konna anti baali tebasobola kuteeka bijjiiko mu mimwa gyabwe. Nebatandika okwengerera n'okulwala ne baterebuka nga teri akyaalina ssuubi mu munne. Ekyaalo kino ekipya tekyali kyangu kya kubeeramu n'akatono.

Omukyala omu n'asalawo n'agamba nti wateekwa okubaawo engeri esingawo gye basobola okulyamu emmere gye baafumbanga. Buli omu yali yagezangako okweriisa yekka, naye bwe baatandika okwekwata awamu ne balyooka basobola okuzuula enkola entuufu. Ekijjulo ekirara bwekyatuuka, omukyala oyo n'akwata ekijiiko kye n'akifumita mu mmere eyali mu ssowaani, mu

kifo ky'okweriisa n'akiwanvuya nakitwala ku mumwa gw'omusajja eyamuli mu maaso nga batunuuliganye. Yeekanga naye yayasama n'alya emmere omukyala gyeyamusonga mu nga eri ku kijiiko kye n'alabika nga asiimye! Buli omu bwe yalaba ekyo n'ayagala okulya nga oli bwakoze, omukyala bweyeeyongera okuliisa omusajja ekibinja kyonna ne kitegeera nti buli omu ateekwa obutasooka kwefaako naye n'asooka okufaayo ku byetaago bya banne era nga bonna baali balina okukolera awamu. Abantu abalala nabo ne bakola ekintu kye kimu okuliisa bannaabwe ne bannaabwe nabo nebakola bwe batyo ne babaliisa.

Ekyaalo kyonna nekyewaayo buli omu okuliisa munne ku buli kijjulo buli omu nakkutanga emmere era ne baba balamu ddala! Ekyaalo ne kiba kirungi nnyo ekyokuwangaaliramu buli omu n'atandika okuliisa munne mu kwagala era nga buli omu afaayo ku munne

Olugero luno lutusomesa nti tulina omukisa gw'okukozesa ebyo bye tulina okuyamba abalala, naye ekizibu kiri nti ebiseera ebisinga buli omu yerowoozako yekka. Ekyaalo kye kimu kiyinza okubaako ebirungi bye bimu ne kibikozesa okuweereza abantu obulungi buli omu naafiibwako OBA basobola okubeera ba mukono gaamu ne kifuuka ekifo ekibi ennyo nga kizibu okuwangaaliramu eri buli omu.

Oyinza okubeera ekitundu ku kkanisa ekungaanira mu kabinja akatonotono. Mukungaana nga mmwe bwe muwulira nga mwagala kulwa mmwe obamuwulira Katonda alina engeri ey'enjawulo gyayagala mukungaanengamu olw'ekkanisa ye engazi mu kitundu?

Musobola okutandiwo Ekibiina ky'Obulamu mu kyaalo kyammwe ekyaniriza buli omu, si nsonga ava mu kkanisaki oba ayogerwako biki okuyiga ebikwata ku Yesu, okukula n'okwagala abalala. Mwenna wamu musobola okuzuula kyemusobola okukolera ekkanisa engazi wamu ne kitundu. Era nga mu lugero lw'ebijiiko ebiwanvu musobola okwegatta n'abo abalina ebiboogerwako eby'enjawulo ne muyiga ku Yesu, musobole okukula n'okwagala abalala. Mwenna wamu musobola okubaako kyemukolera ekkanisa engazi n'eri ekitundu. Muyinza okubaako kyemukolera awamu olw'obulungi bwekitundukyammwe?

**Ebibuuzo: Olugero lw'ebigiiko ebiwanvu**

- Kyakulabirako ki ky'olabye eky'abantu okukolera awamu okumalawo ekizibu kya buli omu?
- Olowooza kiki ekiziyiza abantu okukolera awamu ebiseera ebingi?
- Kiki ekiyinza okuzzaamu abantu amaanyi nebasobola okukolera awamu okusingawo?

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

Ekitabo kya Yakobo kijjudde okubuulirirwa okusobola okuteekebwa mu nkola era n'amagezi. Ekisinga okumuluma kiri nti abantu tebatera kuteeka kukkiriza kwabwe mu nkola, bakwogerako bwogezi! Ebibiina by'Obulamu bisobola okuba ekifo eky'okuyamba abantu okulowooza ku bintu nebabiteeka mu nkola, kino basobola okukikolera wamu nga ekitole.

*22Naye mubeerenga bakozi ba kigambo, so si bawulizi buwulizi, nga*
*mwerimbalimba. 23Kubanga omuntu yenna bw'aba omuwulizi w'ekigambo, so nga si mukozi,*
*oyo afaanana ng'omuntu eyeeraba amaaso ag'obuzaaliranwa bwe mu*
*ndabirwamu; 24kubanga yeeraba n'agenda, amangu ago ne yeerabira bw'afaananye. 25Naye*
*atunula mu mateeka amatuukirivu ag'eddembe n'aganyiikiriramu, nga si muwulizi*
*eyeerabira naye mukozi akola, oyo anaaweebwanga omukisa mu kukola kwe.*

*Yakobo 1:22-25*

**Ebibuuzo: Ekisukkulumye ku kuwuliriza**

- Olowooza ebyawandiikibwa bya Baibuli bitegeezaki era Yakobo atuzzaamu maanyi ga kukola ki?
- Kiki ekigenda okubaawo singa tukola ekyo?
- Oyinza otya okuteeka okukkirizakwo mu nkola?
- Ekibiina ky'Obulamu kiyinza kitya okuyamba abantu okuteeka okukkiriza kwabwe mu nkola?

"*Mu byawandiibwa bino, Yakobo atuzzaamu amaanyi okujjukira ebigambo byetwasomye mu Baibuli n'okubiteeka mu nkola. Kino bwe tukikola awo tugenda kuweebwa omukisa mu buli kye tukola. Kino nsobola okukikola nga nsoma Baibuli era nga ndowooza ku ekyo Katonda kyangamba okukola era ne nkikola! Kino tusobola okukikola ne mu Kibiina kyaffe Eky'Obulamu. Okusobola okuyamba abalala okuteeka okukkiriza kwabwe mu nkola, njagala okutandika okubabuuza obanga byebaayogera b'abiteeka mu nkola oba nedda nsobole okubayamba*." - ***Asisi***

**Ensomesa: Byetwabadde okusomako akutuusa kati**

Okutuusa kati tusomye ku:

- Ku kungaana awamu mu bubinja obutonotono, mu Bibiina by'Obulamu, nga ekyokulabirako ekya Baibuli
- Bibiina by'Obulamu nga y'e ngeri esobola okufuula buli omu okubeera ekitundu ku kkanisa
- Bibiina by'Obulamu nga ky'ekifo eky'okuyigiramu Baibuli, okugabaniramu obulamu bwaffe wamu, okujjukira Yesu era ne tuba n'okumenyera awamu emigaati, okusabira awamu, okubeera n'emitima emiggule okuyambagana, okugabiragana essente n'ebiseera, okusinziza awamu era n'okujulira nga tuli wamu
- Ebibiina by'Obulamu ye ngeri y'okuyamba ekkanisa engazi era n'ekitundu
- Ebibiina by'Obulamu byaniriza era ne bigatta abantu abaviira mu mitendera gy'ebyafaayo eby'enjawulo ku gyenvudde wa buli omu
- Ebibiina by'Obulamu biyamba abantu okuteeka okukkiriza kwabwe mu nkola nga bali wamu n'abalala

**Kale mu bufunze: Ebibiina by'Obulamu bitegeeza nti buli omu afuuka kitundu ku kkanisa, nga bakungaanira wamu, baaniriza buli omu, bayambagana era nebateeka okukkiriza kwabwe mu nkola!**

**Ensomesa: Engeri y'okukulemberamu Ekibiina ky'Obulamu**

Mu kitundu kino tugenda kuyiga engeri gye tutegeka era n'okukulembera Ekibiina ky'Obulamu.

Wa wetulina okukunganira era ddi lwe tulina okukungaana

Ekibiina ky'Obulamu kisobola okukunganira awantu wonna mu kyaalo. Basobola okukungaanira wansi w'omuti, mu ssomero, mu kasiisira oba mu kisaawe. Ekikulu kwe kulondawo ekifo nga buli omu asobola okuwuliririrawo emirembe era n'ekiseera nga tekirina gwe kikosa. Musobola obutagenda mu kkanisa bwe mulaba nga ekyo kyekiyinza okwesittaza abantu abamu ne batajja.

Engeri yokutambuzaamu enkungaana z'Ekibiina ky'Obulamu

Mu kkanisa omubuulizi ayogera BINGI era abantu ne basigala nga bamuwuliriza. Ebiseera ebimu abantu tebamutegeera olumu abantu ne baba nga bakoowa mangu eby'okuwuliriza ne babivaako. Ebiseera ebisinga abantu tebaba nakiseera kya kubuuza bibuuzo. Abantu bayigira ku mukulembeze.


Mu Bibiina by'Obulamu omukulembeze ayogera KITONO nga annyonnyola ebintu. Babeera n'omukisa gw'okukubaganya ebirowoozo era n'okwogeraganya kiki kino na kiri kyebitegeeza. Abantu bagenda kusobola okubuuza ebibuuzo. Abantu babeere n'ekiseera eky'okusabira awamu ku bintu byebaba bayitamu n'obugubi era n'engeri gyebayinza okuweerezamu Yesu mu ngeri esingawo. Wabaawo omukisa ogw'abantu okwetwalira ekyo Baibuli ky'egamba era n'ekyo ky'etegeeza mu bulamu bwabwe.[6]

Beera wa mukwano: Kikulu okusisinkana abantu wakati mu nkungaana z'Ebibiina by'Obulamu

Kikulu nnyo okuba nti okuzzibwamu amaanyi kwaffe awamu tekubeera mu nkungaana za Bibiina Bya Bulamu mwokka. Kiyinza okuba nti waliwo omu alina ekizibu oba ekyetaago nga yetaaga kuzzibwamu maanyi okukozesa ekirabo Katonda kye yamuwa. Nga omuteesiteesi w'ekibinja, osobola okubeera nga oyitayita mu bantu wakati mu wiiki. Kino kikwata ne ku abo abakungaana mu kibinja kyokka nga tebalokokanga. Bakyaalire, gabana ebiseerabyo nabo nga obazzaamu amaanyi. Kino kigenda kubazzaamu amaanyi.

Ebiseera by'okukungaana bisaana okuba nga tebikyuukakyuuka era nga n'obudde bukuumibwa

Emisomo gy'Ebibiina by'Obulamu giteekwa obutasussa ssaawa 2. Mu ngeri eno abantu basobola okuba nga bazibeeramu nga banguyirwa. Era zisaana zibeerenga mu biseera bye bimu buli wiiki. Bwemutakungaana buli wiiki abantu baggwamu amaanyi. Bwe mukungana olwaleero ate luli nemutakungaana ne mugenda nga mwosayosa abantu bayinza okuterebuka. N'eyo mu bitundu abantu gye basobola okukyuusiza obudde nga bwebababaagadde, kino kikulu.



**Ekyokukola: Omuzannyo gw'Omupiira**[7]

Genda ofune omupiira, bw'oba ogulina, oba akatundu k'ekibala. Tugenda kunnyonnyola embeera ezimu ezisobola okutuukawo mu Kibiina ky'Obulamu.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**

Ekitundu kino bwe kikulagira okufumiitiriza nga ozannya omupiira n'abalala, osobola okwefaananyiriza nga azannya n'abalala era okozese omupiira okunnyonnyola ensonga. Kino kitegeeza nti ogenda kumala ekiseera nga okwata omupiira ku lulwo, abamu babeere nga bakasukiragana omupiira ate era awamu nga omupiira bagukasuka nga bagwetoolooza ekibinja kyonna. Abantu bazzeemu amaanyi babeere nga bakasukiragana omupiira mu kufo ky'okubanga buli agufuna ate aguddiza ggwe.

---

[6] Eky'okulabirako 'eky'okwogera Ekitono n'Ebingi' bijjidwa mu katabo akayitibwa Rooted in Jesus Team Training Manual. Revd. Dr. A. Morgan. The Mathetes Trust. (www.rootedinjesus.net)

[7] Ekikolwa kino kijjiddwa mu The Alpha Course Training Session: How to lead a Small Group. Alpha International.

Wefumiitirize nga oli n’ab’Ekibiina kyo Eky’Obulamu era nga okulembera omusomo. Awo otandike okwezannyira omupiira nga ogukasuka mu bbanga nga bw’ogubaka, emirundi n’emirundi.

Bwozannya n’obupiira wekka awo oba olaga nga onyumirwa wekka kyokka nga tewali mulala gw’oyigirizza kuguzannya. Mu kaseera katono abantu bagenda kukoowa okukutunuulira era obatame. Kino bwe kibeera singa omukulembeze asalawo okubeera nga y’ayogera yekka nga tewali gwawaddeko kazindaalo. Nga wayise akaseera abantu bagenda kulekera awo okuwuliriza era bagenda kuba nga bategeerako katono.

Kakati wefuule akasukira omuntu omulala omupiira era naye nga agukukasukira –oyinza n’okugukuba kukisenge eno nga bwe gukuddira.

Bw’onozannya omupiira n’omuntu omulala bagenda kutandika okutegeera kiki omuzannyo gw’omupiira kyegutegeeza. Bayinza okubuuza ebibuuzo oba okutandika okunnyonnyola ebyawandiikibwa bya Baibuli kye bitegeeza eri obulamu bwabwe. Baba beetabye mu muzannyo gw’omupiira. Naye, kikwata kuggwe n’omuntu omulala oyo yekka. Abalala bonna tebeetabyemu era ggwe akyakola byonna okusomesa n’okwogera.

Kaakati wano wefuule akasuka omupiira mu maaso ne mabega nga muli nabalala - oyinza n’okugubuusabuusa n’osooka ogukuba ku kisenge emirundi 2 oba 3.

Mu Kibiina Ky’Obulamu kiba kirungi singa buli muntu yenyigiramu. Wano buli muntu mu kibinja alina omukisa okubuuza ebibuuzo era n’okwogera kiki obubaka bwa Baibuli kyebutegeeza mu bulamu bwe. Buli omu abeera ayiga. Buli omu abeera yetabyemu mu kintu. Kino kyekisingira ddala obulungi.

N’engeri esingirayo ddala obulungi eri nti singa si mukulembeze yekka nti yabeera addamu ebibuuzo. Kisinga nnyo singa abantu buli omu asobola okuba nti addamu ekibuuzo kya munne era n’okukinnyonnyola engeri gye bavvuunusemu ebizibu ebibaddewo mu bulamu bwabwe. Teebereza nti kiringa ekibinja kyabantu nga bonna bakasukiragana omupiira nga guva ku ono ne gudda kumulala. Eno yenkola esingirayo ddala.

?

**Ebibuuzo: Omuzannyo gw’Omupiira**

- Ngeri ki ey’okuzannya omuzannyo gw’omupiira, oba okuddukanya ekibinja gye kuyamba buli omu okuba nga yetaba mu kintu era n’ayigira waggulu nnyo?
- Oyinza okulowooza ku kiseera kyewali oyize ekintu nga oli mu nkolay’ekibinja? Bwe kiba nga kiri bwekityo wayigaki era wawulira otya mukuyigira mu ngeri eno?



*“Nze nali nkakasa okuba n’obusobozi bw’okukulembera Ekibiina ky’Obulamu. Waliwo ebintu bye nnali nakulemberako ku kkanisa yaffe. Naye bwenatandika okukulembera Ekibiina ky’Obulamu nakizuula nti kyo kya njawulo kubanga Katonda yayagala buli omu okwogera, so si nze nzekka! Nali nnina okuyiga okuyamba abalala okuddamu ebibuuzo era mpe nabalala omukisa gw’okwogera. Kaakati abantu bajja gyendi nebiteeso ku kusinza oba okuwa abaavu sente zaabwe.”–* ***Agnes***

**Ensomesa: Ebizibu ebya Bulijjo n'e Ngeri y'Okubimalawo**

Wayinza okubaawo ebizibu mu kibiina omukulembeze byateekwa okukolako okusobozesa ekibiina okubeera ekyamaanyi. Ekibiina bwe kitandika okutambula obubi abantu bagenda kuggwamu amaanyi era tebagenda kuzzibwamu maanyi ga kukomawo.

Wano waliwo ebyokulabirako:

<u>Omuntu akola emirimu mingi nnyo</u>

Ojjukira engeri gyewakozesezzaamu omupiira okulaga eky'okulabirako ky'okukubaganya ebirowoozo mu kibiina? Teebereza singa wabaddewo omuntu nga ye bwakwata ku mupiira agulemera tayagala kugugabirako mulala yenna. Bulijjo mu bibiina mutera okubeeramu wakiri omuntu omu ayagala okubeera mulungi omu nga yaayagala okuddamu buli kibuuzo n'okwogera ku buli nsonga. Asobola okwogera nga omulala yenna nebwayagala okubaako kyasonda nga talina wasobola kutandikira.

Omukulembeze, kino ggwe okikoleraki?
Oyinza kwogera ki okusobola okuba nga obasirisa?

Singa oyogera nti, "Yokaana oyogedde nnyo lekera awo okwogera," ekyo Yokaana yandikiwulidde atya? Yandinyiise nattadda mu kibiina mulundi mulala.

Naye osobola okwogera mu ngeri nga eno, "Yokaana ekyo kibadde kya kuddamu kurungi naye ate abalala bo bagambaki ku nsonga eno?" Yokaana tagenda kusunguwala naye agenda kutegeera nti alina kati kusirika aweeko n'abalala omukisa ogwokwogerako nabo.

<u>Omuntu ow'ensonyi atayagala kubaako kyaddamu oba okwogera</u>

Teebereza okukasuka omupiira nga ogwetoolooza ekibinja kyonna naye nga waliwo atagukwatako ebiseera byonna oba nga ye tayagala bamuweereze mupiira. Omuntu ono tayagala kwogera, oba olyawo nga wa nsonyi oba atidde nti ayinza okwogera eky'okuddamu ekitali kituufu.

Oyinza kwogeraki okusobola okuyamba omuntu ono okubaako kyayogera?

Singa ogamba nti, "Lwaki toyogera, oli musiru? "Anna agenda kwewulira nga musiru era ayinza n'obutakomawo mulundi mulala. Naye yogera mu ngeri efaananako bweti, "Anna olabika nga alina ekirowoozo ky'oyagala okwogera ate nga kirungi?" Awo ayinza okutandika okuwulira eddembe okubaako kyayogerako.

Ebiseera ebimu abantu basobola okugamba nti,
"Nedda, sirina kye njagala kwogera." Kino bwe kibaawo baleke basigale nga bawuliriza. Ebiseera ebisinga ebibiina bwe bigenda byeyongera okugenda mu maaso abantu batandika okufuna obuvumu ne batandika okwetaba mu kuteesa nga wayiseewo wiiki eziwerako.

<u>Omuntu agamba nti ekiddiddwamu kikyamu</u>

Singa omuntu agamba nti, "Sikkiriza nti Yesu Katonda."

Awo osobola okuddamu bwoti, "nange nalowooza nga bwentyo okutuusa lwe namusisinkana era n'akyuusa obulamu bwange," oba nti, "Abamu kuffe wano tukkiriza mu ngeri ndala, katugende mu maaso nga tuyiga tunaalaba Baibuli kyenetugamba."

Bwewabaawo ayogera ekintu eky'obulalu osobola okuddamu nti, "Ekyo nga kisanyusa siwulirangako ayogera bwatyo."

Olowooza otya singa oyogera nti, "oli mukyaamu, oyinza otya okukkiriza bwotyo?" bagenda kuwulira bubi nnyo. Bayinza n'obutadda mu kukungana kw'ekibiina era n'oba nga ofiiriddwa okugabana na bo ku mazima ga Yesu. Teweeraliikirira bw'olaba nga abantu tebategeera byonna mu wiiki esooka. Si bangi kuffe abaategeera mbagirawo Yesu. Abangi kuffe tutegeera katonotono mpolampola.

<u>Abantu bawakanya Ekibiina kyaffe eky'Obulamu</u>
Ebiseera ebimu abantu bawakanya Ekibiina kyaffe Eky'Obulamu mukyaalo kyaffe. Abantu banguwa okuteeberezateebereza obitaliiyo. Engeri esinga obulungi okuwangula embeera eyo ya kwogera bulungi n'abo abawakanya era n'okubeera nga ogisabira. Nnyonnyola bulungi ky'okola ne ngeri gy'okikolamu. Twala ebiseera nga onnyonnyola abantu. Bw'obaako ekitali kituufu ky'owulira kakasa nti ogenda eri oyo gw'owulidde nga ayogera omunnyonnyole bulungi. Ebiseera ebingi kino tukirabyeko nga kiwangulwa.

Ojjukira olugero lwa Precious ne Phiri ne lwe twalaba ku ntandikwa y'essomo lino? Singa abekyaalo baababawuliriza ekyaalo kyandizze wamu, oba ekisingawo Precious ne Phiri bandifunye ekifo mu kkanisa era tebandizzeemu kuzannyisa muliro nga ate abalala bali mu kkanisa!

*"Nali ntya okukulembera Ekibiina ky'Obulamu naye Katonda yampa obuvumu okukikola, era kati nkyagala! Ebyokukozesa Dignity bye kikuwa byangu era biyamba. Nngenze neyongera okwekakasa era ntandise n'okusomesa abalala okuba nga nabo bakulembera amasomo basobole nabo okutandikawo Ebibiina byabwe Eby'Obulamu." -* ***Mutambo***

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Mabo*yali mukulembeze wa Kibiina Kyabulamu era waliwo wiiki emu gye yayagala okwogera olugero lwa Noah eri ekibiina kye. Yayagala lubeere nga lujjukirwa, lukwata abantu omubabiro era nga lulamu abantu basobole okulujjukiranga era baluteeke mu nkola. Nasalawo aluteeke mu katemba, ng'ayagala azzanye nga Nuuwa era ayogereko ne Katonda ku ssimu.

Kale bwe baali mu lukungaana lw'Ekibiina ky'Obulamu n'ayimirira mu maaso ga bonna ne yefuula nti akubira Katonda essimu. N'ayogera olugero lwa Nuuwa nga addamu eri Katonda kukulola ekyo kye yali amulagidde. Eddoboozilye nerigenda nga lyambuka ate nga bwerikka, eno nga bwatambulatambula n'okuddukadduka nga yetooloola. Buli omu n'awuliriza n'obwegendereza, nga muli bwebeewuunya anti nga kya ngeri naye nga kireeta amakulu mu bulamu. Nebategeera engeri Nuuwa gye yali omuvumu mu kukola ekyo Katonda kye yali amulagidde.

N'omukulembeze omulala yaliwo nga yetegereza engeri Mabo gyaleeta olugero.
Yakyagala nnyo naye nasalawo okugenda naye ayigirize Ekibiina kye eky'Obulamu ne ngero endala! Sengeka engero endala!

** Erinnya likyuusibbwa olwatwekisize*

**Saba**

Wandiika ebintu byonna ebikusanyusa kukutandika Ekibiina ky'Obulamu era n'ebintu byonna by'owulira nga otiiririra okukola mu kutandika Ekibiina ky'Obalamu. Tegeeza Katonda kubikusanyusa ne kubikutiisa era omusabe akuwe amagezi n'okulungamizibwa. Musabe akubikkulire bantu ki b'osaanidde okwaniriza mu kibiina.

**Eky'okulola wiiki eno**

Kye kiseera ekyokutandika Ekibiina ky'Obulamu! Kikwetagisa okuteekawo ekiseera, olunaku ne kifo gye mugenda okukungaanira. Lowooza ku kusalawo kwo kwosazeewo ku kifo na lunaku ki lwe mulina okukunganirako mu ngeri enayanguyira abantu b'ogenda okutuukirira.

Saba abo ababadde bakuyamba okuteekateekera ekibiina kyo okugenda bagabane byonna ebifa ku Kibiina Ky'Obulamu n'abo abali mu kitundu be baayita. Oba olyawo musobola n'okwaniriza abo be mulinako enkolagana wamu nabo ababoolwa mu kitundukyo olw'ensonga emu oba endala. Guno mukisa okuba nga obaaniriza mu maka ga Katonda.

Kyandibadde kirungi okwaniriza abantu nga 20 mu kibiinakyo. Obannyonnyole kye kiri era nakiki ekisuubirwa okubeerawo nga mukungaanye.

Osobola okukozesa ***Emisingi,*** akatabo akawandiikibwa Dignity okulungamya engeri y'okukulemberamu emisomo gy'Ekibiina ky'Obulamu. Wabisomako dda mu Katabo k'ebikozesebwa, ***Okuteekateeka abantu ba Katonda*****.** Bw'oba tolina katabo ka ***Misingi***, osobola okwogerako n'omuntu gw'okolagana naye oba nakyewa wa Dignity oba oyinza okututuukirira ku email: hello@dignityonline.org.uk oba ku WhatsApp on +44 7340 573 937.

**Baako by'owandiika**

- Mwakungaana nga Ekibiina ky'Obulamu wiiki eno? Kiki eky'agenda obulungi?
- Kiki kyemuyinza okukyuusamu omulundi omulala?
- Mukutandika Ekibiina kyammwe eky'Obulamu, mwakubaganya ebirowoozo ku birabo buli omu kummwe byalina. Ebirabo ebyo mwabikozesa mutya?

**Wiiki eno, kola entegeka eyokusisinka omuntu gw'okwatagana naye**

- Babuulire oyo gw'olowooza nti Katonda akulungamya okutuukirira mu kitundukyo.
- Mukubaganye ebirowoozo ku ky'owulira ku kutandika Ekibiina ky'Obulamu.
- Teekateeka ebibuuzo byonna by'oyagala okubabuuza ku bifa ku Dignity oba kukutandika Ekibiina ky'Obulamu.

**Eby'okukola Ebirala**

Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Ekyokulondako 1:** Saba mikwano gyo 3 oba 4 bazannye omuzannyo gw'omupiira wamu naawe. Muyite mu mitendera egy'enjawulo okuzannya omuzannyo mu ngeri ez'enjawulo, nga onnyonnyola mikwano gyo buli gumu kyegutegeeza.

**Ekyokulondako 2:** Soma embeera ez'enjawulo ezisobola okutuukawo mu Kibiina ky'Obulamu, ojulize emabega ku by'obadde oyiga era olowooze ku ngeri gy'oyinza okukwatamu embeera. Wandiika ebirowoozo byo mu kataboko ak'okuwandiikamu.

1. Gyebuvuddeko enkungaana zibadde zitwala essaawa ezisukka mu 2 era abantu nebalekera awo okuteekayo ebirowoozo buli kimu ne kibatama. N'okitegeera nti kino kyabaawo lwakuba nti mulimu abantu babiri abatera okwogera ennyo era ne bava ne kumulamwa. Kino okikwata otya nga oyogera n'abantu abo?
2. Omu ku b'ekibiina atera okuddamu ebibuuzo mu bwangu okusooka banne, bayaayana nabo okuddamu ku bibuuzo naye wetaaga nabo okubakkiriza baddemu ebibuuzo. Olina kukola ki?
3. Omu kubeekibiina abadde ajja mu Kibiina ky'Obulamu okumala wiiki 5, naye era akyaali musirise nnyo era talina kyayogerako wadde okukubaganya ebirowoozo. Oyinza otya okumuzzaamu amaanyi okubaako kyasonda?
4. Omu kubantu ayogera mu nkungaana nti tebakkiririza mu Yesu. Oyogeraki nabo?
5. Omu ku bo akugamba nti alina ebintu ebimutawaanya mu nkolagana n'abomu makage. Oyinza kubayamba otya?



## AKASANDUUKO K'EBIKUKOZESEBWA: Beera Omusumba

Waaliwo lumu omusumba eyali akulembera akkanisa eyalimu abantu abatono mu kyaalo kye. Omusumba ono yali akulembedde bulungi nnyo kkanisa eno okumala emyaka mingi naye kati yali agenda akaddiwa nnyo nga amaanyi agasumba gakendedde. Mu kiseera kitono nateekateeka okuwummula era yali agiteekateekedde mutabaniwe atwala mu maaso omulimu gw'obusumba nga ye avuddewo.

Mu myezi mitono nga giyiseewo mutabaniwe nga tannajja okuva mu kibuga. Omutabani ono yali wanjawulo nnyo ku kitaawe mu buli kintu. Yakyamuukiriza ekyaalo bwe bamulaba nga asowoddeyo omutwe gwe mu motokaye era nga ayambadde essuuti. Abantu ne baba n'ekirowoozo nti oba oli awo ono omusumba omupya agenda kuteeka ssente nnyingi mu mulimu gw'ekkanisa enyirire nga amakanisa amalala gebalaba mu kibuga.

Omulundigwe ogwasooka okusabisa mu kkanisa gwa yuguumya abantu. Yababuulira enteekateeka zeyalina ku lw'ekkanisa. Yayagala okuzimba empya nga nnene wakati mukyaalo. Nti yalina abeemikwano mu nsi z'ebweru abagenda okuyamba mu kugabirira ebyetaagisa okuzimba. Ggwe wamma buli omu n'alowooza nti omusajja ono ddala 'Musajja wa Katonda'.

Mu mwaka gumu ekkanisa yali ekyukidde ddala. Omusumba omupya yali afunye ekyo kye yali ayaayaanira ekyekizimbe ekipya era nga awulira nti ekkanisa ye yali ekulaakulana. Buli lwa sande, abantu abaavanga buli wantu mu kitundu bajjanga nebabeera mu kusabisa kwe era nga bweyakulemberanga n'omuliro mu maaso. Nga bw'omutunuulira ku ngulu, kyalabikanga nti buli kimu kyaali kituukiridde naye ate nga mu buziba ebizibu byali bingi.

Omusumba ono omuto yali yewulira amaanyi nga era atandise obuteesiga muntu n'omu mu kkanisa okubaako kyakola. Abakulembeze n'abakadde baali mikwano gye egy'okulusegere naye nga teyesiga muntu n'omu mu kkanisa. Buli kimu kyakolebwanga mu ngeriye gyeyalowoozanga era omuntu yenna eyagezangako okuleeta ekiteeso oba okuyamba yazzibwanga bbali oba obutafiibwako. Ekyavaamu, tewali n'omu mu kkanisa eyeyongera okukula mu kumanya Yesu mu buziba.

Omulenzi omuto oyo yali yetaaga okufiibwako. Ekiseera bwekyagenda kyeyongera yafuuka owamalalaabantu gyebaakoma okumwesigamako, ate ye nga abassa wansi. Ate era yali munnanfuusi. Mukubuulirakwe yagambanga abantu nti temwewangayo eri ettamiiro naye ate ye nga yebbirira n'agenda mu bbaala ne mu bimansulo ekiro.

Ddaaki, omusumba ono omuto b'amufunira omulimu mu kkanisa ennene ennyo mu kibuga. Okuyaayaana kw'omutima gwe nekutegeerekeka! Olunaku olwo lwennyini, napakira ebisawobye n'agenda nga talina gwanyeze kigambo kyonna. Teyasobola kulowooza nti abantu be abaamwagala mu sanyu eringi baali bamuwendo abasobola okweyongera n'obuweereza mu maaso era abantu bekyaalo tebaddamu kumulaba ne bakosebwa nnyo olwokwebuzaawo kwe. Okubulwa amaka amatuufu

n'okusomesa mu kkanisa byategeeza nti abantu bomu kyaalo tebaategekebwa okubeera ekkanisa bo bennyini. Era ekkanisa ekyatagala nokutuusa gyebuli eno.

Olugero luno kyakulabirako eky'enkukunala ekyobukulembeze kyebutateekwa kubeera. Omusumba omuto yali wa malala, munyoomi ate nga alaga nnyo obuyinza bw'okufuginkiriza. Yayagala buli omu amugoberere n'enfugaye, ebirala byonna tebyalina makulu gyali. Yatunuuliranga bikyamu byokka era nga tafaayo eri bantu beyali akulembera kale natabayamba kukula mu buvunaanyizibwa ne mu kukkiriza.

1 Peetero 5:2-4 atuteerawo ekyokulabirako ekyomukulembeze omutuufu bwateekwa okufaanana.

> [2]*Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, nga mukirabirira si lwa maanyi naye lwa kwagala, nga Katonda bw'ayagala; so si lwa kwegombanga amagoba mu bukuusa, naye lwa mwoyo ogwewaayo.* [3]*Temwefuulanga bafuzi b'abo be mwateresebwa, naye mubeeranga byakulabirako eri ekisibo.* [4]*Era Omusumba omukulu bw'alirabisibwa, muliweebwa engule ey'ekitiibwa etewotoka.*

Abakulembeze bogerwako nga abasumba abalabirira ebisibo byabwe. Buli lunaku, balungamya endiga mu makubo amatuufu. Nebakulembera endiga mu malundiro gyezisobola okuliira omuddo, eri amazzi gezisobola okunywa era baziteekako obukuumi zireme okutaagulwa ebisolo ebikambwe. Abasumba balera era ne balungamya endiga bebaziyamba okukula.

Ebiwandiikiddwa bitulaga nti omulimu gw'omukulembeze gufaanana ogwomusumba. Katonda atadde obulamu bwaffe mu bantu, kitwetaagisa okubanga tubalungamya, okubakuuma eri obubi n'okubayamba okukula mu kukkiriza kwabwe. Bwoba olina omutima gw'okuyamba abalala mu kyaalo kyo, wano obuvunaanyizibwa webutandikira.

Mu Yokaana 10:14. Yesu yeyogerako nga omusumba omulungi nti, "*Ezange nzimanyi nazo zimmanyi*". Bwetukulembera Ebibiina by'Obulamu mu byalo byaffe tuba twetaaga okumanya era n'okutegeera abantu ababirimu, nga tulaga okufaayo okwamazima olw'obulamu bwabwe n'okuwaayo ebiseera kulwabwe.

Ebigendererwa byaffe bikulu nnyo. Tusoomoozebwa obutagoberera magoba agatali ga mazima mu bukulembeze naye okuba nga tuli beeteefuteefu okuweereza. Nga abakulembeze tusaana okwebuuza lwaki twetaaga okukulembera. Lwakuba tuwulira nga waliwo wetugenda okufuniramu mu kifo ekyo mu ngeri emu oba endala? Tukikola lwakuba nga tuwulira tufaayo eri abantu betuweereza era nga twagala okubayamba okukula, nebwekiba kyetaagisa kutoola kubyaffe?

Nga abakulembeze tetuteekwa kufuginkiriza bantu mu bibiina byaffe. Abantu ebiseera ebisinga balaba abakulembeze nga 'abasajja ba Katonda,' abantu ab'omuwendo ddala, naye kino baibuli si ky'eyogera. Pawulo ayogera mu Bakkolinso, nga agamba mu kigambo ky'oluyonaani "huperetes" okunnyonnyola omulimu gw'abakulembeze. Kino kivvuunulwa okutegeeza abakubi b'enkasi – bano baali baddu abakubanga enkasi ku mutendera ogwa wansi we lyaato. Kino kye kyali ekifo ekya wansi, omulimu ogunyomebwa ennyo, era nga abakulembeze twayitibwa okubeera abakubi b'enkasi aba Yesu ku mutindo ogwo.

Kino kitegeeza nti okuweereza abantu Katonda bateese mu bulamu bwaffe ky'ekisingayo obukulu. Tekikwata ku kiki Katonda ky'ayinza okukukozesa, kiteekeddwa kusukkuluma obulamu bwo ne kiyingira mu bulamu bw'abalala. Twetaaga okuyamba abantu bano okukula mu nkolagana yabwe, nga tubatendeka n'okubasobozesa okubeera abantu Katonda b'ayagala babeere.

Ekikulu nga abasumba tulina eky'okulabirako ekituukiridde kye tuteekwa okugoberera mu Yesu. Ye musumba omulungi awaayo obulamubwe kulw'endiga ze. Mu kwogera ku kufakwe, Yesu yayatiikirira mu kutegeeza nti

Omwana w'Omuntu teyajja kuweerezebwa naye yajja kuweereza (Matayo 20:28). Tuteekwa okubeera n'ebirowoozo bye bimu nga ebya Yesu mu Bibiina by'Obulamu bye tukulembera; okwagala, okuweereza era n'okuwa abalala byebeetaaga.



**Kalowoozeeko**

Jjukira okuwandiika ebyokuddamu byo mu katabo ko akokuwandiikamu.

- Nsonga ki zolina ezikwagaza okutandika n'okukulembera Ekibiina ky'Obulamu? Esonga zino zirungamizibwa Katonda oba ziva mu birowoozobyo?
- Oli muweereza eyeeteeseteese mu Kibiina kyo eky'Obulamu? Okukulembera ggwe oweereze oba basobole okukuweereza?
- Kiki Katonda kyayitira abantu okukola abali mu Kibiina kyo eky'Obumu? Oyiza kuyamba otya abantu bano okusobola okuyamba abalala?

# 7



# Okugabana Okwagala n'obubaka bwa Yesu

**Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa.**

Matayo 28:20

**Ekigendererwa**
Enjiri mawulire malungi agewunyisa era Katonda yatuyita tugagabane n'abalala basobole okufuna obulamu obupya! Essomo lino ligenda kukuyamba okugabana okwagala n'obubaka bwa Yesu n'abalala.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Otegedde lwaki abakristaayo bagabana enjiri n'abalala
- Oyize okugabana olugero lwo
- Oyize obukulu obuli mu kubeera mukwano gw'abantu, okubaagala n'okubaaniriza okuyingira mu kibiina okusobola okwefunira obulamu

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kye wayiga okuva mu ssomo eryasooka erikwata ku kukulembera Ekibiina ky'Obulamu?
- Mwakungaana nga Ekibiina ky'Obulamu wiiki ewedde? Kiki ekyagenda obulungi? Kiki kye mugenda okukola mu ngeri ey'enjawulo omulundi ogujja?
- Wagabana kyemwayiga n'omuntu yenna wiiki eno?

**Ekyokukola: Lwaki tubuulira abantu Enjiri?**
Ddako emabega otunuulire essomo 3: Enjiri kye kki? Wandiika mu kataboko ensonga zonna zolowooza lwaki kitugwanidde okugabana enjiri nabalala.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Gamba buli omu awandiike eky'okuddamu kye eri ebibuuzo okusiziira ku ky'okukola kino, olwo buli omu agabane eky'okuddamu kye ne munne buli omu asobole okuwulira banne kye bagamba.

Abantu abamu bayinza okufuna obukaluubirivu mu kuddamu ebibuuzo bino ne baba nga beetaaga okwongerwa obudde oba obuyambi.

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**
Ekiragiro kya Yesu ekyasembayo nga tannaddayo ewa Kitaawe kyaali kino nti:

> 18*Yesu n'ajja n'ayogera nabo, n'agamba nti, "Mpeereddwa obuyinza bwonna mu ggulu ne ku*
> *nsi.* 19*Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza*
> *okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;* 20*nga mubayigiriza*
> *okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna,*
> *okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo."*

*Matayo 28:18-20*

**Ensomesa: Lwaki tugabana enjiri?**
Tulina omulimu omukulu ennyo ogwokukola, omulimu omukulu ennyo mu nsi! Okufuula abantu abayigirizwa ba Yesu, okubabatiza n'okubayamba okumugondera. Guyinza obutaba mwangu gwa

kukola, naye nga mwangu era Yesu asuubiza okubeera naffe mu buli ddaala lyetutukako mu bulamu. Tuli babaka ba Katonda wano ku nsi, tumukiikirira buli wetubeera.

Teebereza singa buli Mukristaayo yewaayo okubuulira enjiri n’okufuula abantu abayigirizwa ba Yesu. Ekyo nga kyandibadde kya makulu nnyo! Teebereza singa ekyaalo kyo kijjudde abantu abamanyi Katonda, nga bamugoberera, n’okwagala abalala, n’ebirabo byabwe nga babikozesa, abalina emirembe nga beeyagala, nga bakolerera obulungi bwa buli omu-ekyaalo kyo kyandibadde kifo eky’enjawulo!

Yesu yayogera ebigambo bino ebyomu Yisaaya mu ndagaano enkadde nayogera nti yali azze okubituukiriza:

> 18 *“Omwoyo gwa Mukama guli ku nze,*
> *Kubanga yanfukako amafuta okubuulira abaavu ebigambo ebirungi:*
> *Antumye okutegeeza abanyage okuteebwa,*
> *N'okuzibula abazibe b'amaaso,*
> *Okuta abanyigirizibwa,*
> 19 *Okulangirira omwaka gwa Mukama ogwakkirizibwa.”*

*Lukka 4:18-19*

Obubaka bwa Yesu mawulire malungi eri abaavu, galeeta eddembe n’okuwonyezebwa! Yesu akungaanya wamu abaavu, babeere bumu. Bwetubuulira amawulire agafa ku Yesu, ebintu bino bisoboka abantu bwe basisinkana Yesu obulamu bwabwe ne bukyuusibwa. Okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe bikyuusa ekitundu kyonna ekitegeeza abantu bangi abasobola okugenda nga beeyongera okumufuna mu bulamu bwabwe.

Mu musomo guno tugenda ku tunuulira engeri ezimu ez’okugabana byombi OKWAGALA kwa Yesu n’OBUBAKA bwe.

Kikulu okugabana OBUBAKA bwa Yesu mu bigambo byaffe kubanga Baibuli egamba nti ‘*okukkiriza kujja nakuwulira kigamba kya Katonda’* (Baruumi 10:17).

Era nate kikulu okulaga abalala OKWAGALA kwa Yesu, kubanga Baibuli egamba nti, *‘Bwe njogera n'ennimi z'abantu n'eza bamalayika, naye nga sirina kwagala, mba nga ekide ekivuga, oba ekitaasa ekisaala.* (1 Abakkolinso 13:1)




**Ekyokukola: Baki betugabana nabo Enjiri?**

**Bw’oba nga osomera mu kibinja**
Leka abantu buli omu ajjuulirize omulimu guno, olwo nno agabane n’omuntu amuliraanye.
Buli bantu ababiri basobola okusabira abantu bebawandiise.

Tandika n’olupapula olupya mu kataboko ak’okuwandiikamu.

Kuba enkulungo wakati walwo era owandiike erinnyalyo mu yo.





Yesu bwe yatusabira, teyatusabira busabizi kyokka naye yasabira abantu abalikkiriza obubaka kubanga tugabana nabo obubaka buno.

*So sibasabira bano bokka, naye n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe.*

*Yokaana 17:20*

Kaakano lowooza ku oyo gwomanyi ali ewala ne Katonda. Oba olyawo nga mukwano gwo, oba wa mu maka oba omuntu gw'okola naye. Kuba enkulungo nga bwowandiikamu erinnya ku buli nkulungo. Leka efaananeko bweti:





Kaakati lowooza ku bantu b'owandiise era nabo bebakwatagana nabo. Balina abakyaala/abaami? Balina abaana? Balina amaka? Balina ab'emikwano? Balina abantu be bakola nabo?

Kuba enkulunga nga buli emu ekwataganye n'omuntu ku kifaananyikyo era owandiike amannya g'abantu be basobola okugabana nabo okwagala n'obubaka bwa Yesu. Kino leka kibe nga kifaananako ekifaananyi ekiri ku lupapula oluddako.

Bw'okuba mapu yo eyemikwano osobola okulaba kyekiyinza okutufuula bwetugabana obubaka bwa Yesu nabalala eranetubasomesa okubugabana n'abalala. Kikulu ffe okubuuliraabalalaobubaka bwa Yesu, enjiri naye era kikulu okuba nti tusomesa n'abalala okugabana enjiri.

Ekifaananyi kino kiringa bw'obeera olaba abantu b'omanyi mu kyaalo kyo bwe bafaananira ddala. Weweeyo okubasabira buli lunaku. Basabire basobole okuwulira enjiri era Katonda akufuule muvumu era akuwe emyagaanya egy'okugabana okwagala, okuwa obuyambi era nobubaka bwa Yesu nabo.






**Ekyokukola: Olugero lwo lw'amaanyi**
Olugero olulaga engeri gyewatuuka okuteeka okukkirizakwo mu Yesu lusobola okuba olw'amaanyi. Abalala bakwanaganya bye wayitamu ne bwoli ne balabira ddala ekyokulabirako kyobulamu ekituufu nebategeerera ddala enjawulo Yesu gyatadde mu bulamu bwo.

Waliwo engero mu Baibuli ezikwata ku bantu abaasisinkana Yesu, ne bamuteekamu okukkiriza kwabwe ne bagabana ne bantu bannaabwe bye baayitamu. Omukazi omu yasisinkana Yesu ku luzzi, yagenda ku luzzi mu ttuntu olwokubanga yali yewala okusisinkana abakazi abalala abaamusaliranga omusango.

Yesu yamukwata bulungi n’okwagala n’amugamba byonna ebyali bifa ku bulamu bwe omuntu omulala yenna bye yali tamanyi. Yamwebikkulira n’amulaga nti yemulokozi we era n’omukazi n’akkiriza. N’asanyukannyo olwamawulire amalungi n’atuuka n’okuddayo mu kibugan’abuulira buli omu gwe yasobola okutuukirira, na bo ne b’atuuka okukkiriza! Soma mu Yokaana 4:1-26,39-42.

> *Ab'omu kibuga omwo Abasamaliya bangi ku bo abaamukkiriza olw'ekigambo ky'omukazi, eyategeeza nti Aŋŋambye bye nnakolanga byonna.*
>
> *Yokaana 4:39*

Buli lugero lwa muntu lwa njawulo – abantu abamu balina eby’afaayo by’okukyuusibwa mbagirawo nga bakasisinkana Yesu, abamu basobola okubanga bategedde Yesu obulamu bwabwe bwonna.

Kiyinza okuyamba okukozesaengeri ennyangu eno ey’okugabana ebikufaako mu bitundu bisatu. Oba oyinza okugabanaebikufaako engerigy’ogenze nga omanya Yesu era na ngeri ki gy’okwatiddwako n’ofuuka ekyo ky’oli.

- Bwe wali tonnafuna Yesu: obulamu bwo bwali butya nga tonnasisinkana Yesu? Oba olyawo wali weeraliikirira, nga okola ebintu nawe byewamanyanga nga bikyamu. Oba olyawo wawuliranga nti wabeeranga mu bulamu obulungi naye nga towulira kumatizibwa nga olina ekikubulako.
- Mu kusisinkana Yesu: wasisinka otya Yesu? Kiki ekyabaawo? Oba olyawo waliwo ey’akubuulira enjiri oba w’agenda mukkanisa n’osalirawo eyo okulokoka. Kyali kitya?
- Bwe wamala okusisinkana Yesu: kaakati obulamu bwo buli butya nga omaze okufunaYesu? Oba olyawo nga kaakati olimusanyufu era olina emirembe, omanyi nga oyagalwa era nga wasonyiyibwa era oli mu bulamu obw’ekigendererwa. Kiki ekyakyuuka mu ggwe olw’okuba nga wafuna Yesu?

Mu kataboko, wandiika eby’okuddamu byo eri ebibuuzo ebyo waggulu, olwo olyoke obeere n’ensonga ez’okujjukira z’osobola okugabana n’abalala mu lugero lwo.


**Bw’oba nga osomera mu kibinja**
Abantu nga bali mu bubinja bwa babiri bagambe bagabane ebyafaayo byabwe.



*“Natyanga okugabana olugero olwange n’abantu kubanga nalowoozanga nti luswaza era saayagalanga bantu kunsekerera. Nagabanako emirundi mitono era omuntu omu neyegatta ku Kibiina kyaffe eky’Obulamu era n’asalawo okubeera mu bulamu nga busanyusa Yesu! Nazzibwamu nnyo amaanyi ne njagala okubeera nga mbuulirako abantu abalala olugero lwange, ebiseera ebimu abantu bansekerera naye ekyo sikifaako kubanga nkikola ku lwa Yesu. Abantu abamu bawuliriza olugero lwange ne baagalaokulokola, ekinneewunyisa!” -* ***Asisi***

**Ensomesa: Baako gw'obuulira**
Ani gw'osobola okugabana naye olugerolwo wiiki eno?

Ojjukira bwetwayiga ku ***Nsonga 4***, engeri eyamba okunnyonnyola enjiri. Ensonga ze zino – oyinza okujjukira zonna kyezitegeeza?



Bw'oba tosobola kujjukira zonna wamu, twalako akaseera nga wejjukanya ku **Ssomo 3: Enjiri kye kki?**

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Nga abantu bali babiri babiri leka ekibiina kyegezese nga buli omu abuulira munne ensonga 4.

Olugero lwo ***n'ensonga 4*** byombi bya kukozesa ebikulu ennyo byosobola okweyambisa mu kugabana OBUBAKA bwa Yesu n'abantu. Ani gw'osobola okugabana olugerolwo naye ***n'ensonga 4*** wiiki eno?

Mu ssomo 3, twayiga nti enjiri esukkulumye kiwanvu ku kusonyiyibwa. Ya buli omu era esobola okukola enjawulo ennene mu kyaalo kyonna oba ekitundu. Bwe tusalawo okukkiriza okwagala kwa Katonda n'okusonyiyibwa awo tuba tutukuzibbwa eri Katonda era tusobola okugenda ne tutereeza ebintu mu kyaalo kyaffe. Tosobola okugabana okwagala kwe.

Enjiri mawulire malungi. Ekwata ku ssuubi, okusonyiyibwa, okwagala n'obulamu. Okutegeera obubaka bw'enjiri, amakanisa gaatuula ne gakola enkungaana okunnyonnyola n'okukkiriziganya ku mazima ga Katonda. Baawandiika 'enzikiriza'ate nga zikolebwa ebinyusi by'okukkiriza bye tukkiriza mu Yesu. Buli lukalalage mazima amakulu agalina amaanyi ag'okukyuusa ffe ne kitundu kyaffe. Enzikiriza y'abatume yemu ku njogera ez'okukkiriza ezaasooka. Yawandiikibwa oluvannyuma lwe myaak a 150 nga abatume bamaze okufa. Ne leero ekyatuyamba mu kutujjukiza biki Abakristaayo bye bakkiriza.

**Enzikiriza y'abatume**

> ***Nzikiriza Katonda, Kitaffe omuyinza wa buli kantu,***
> ***eyatonda eggulu n'ensi.***

Kino kitujjukiza nti waliwo Katonda omu yekka, si ba Katonda enkumi ne nkumi oba bajjajja, era ye yatonda ebintu byonna

> ***Nzikiriza Yesu Kristo, omwanawe omu yekka,***
> ***Mukama waffe, eyagwa mu lubuto ku bw'Omwoyo Omutukuvu,***
> ***n'azaalibwa Mariam Embeerera,***

Kino kitujjukiza nti Yesu Katonda ddala, mutabani wa Katonda era alina amaanyi okutusonyiwa, era Yesu muntu ddala, yayita mu mbeera zonna abantu zebayitamu

> ***Yabonaabona ku mulembe gwa Pontio Pilato,***
> ***nakomererwa, n'afa era n'aziikibwa;***
> ***nakkirira emagombe.***
> ***Ku lunaku olwokusatu n'azuukura mu bafu;***
> ***nalinnya mu ggulu, atudde ku mukono ogwaddyo ogwa Katonda Kitaffe,***
> ***era alijja okulamula abalamu n'abafu.***

Kino kitujjukiza nti Katonda yalina enteekateeka eyokununula abantu, Yesu yafa okusasula omutango ogw'ebibi byaffe naddamu okubeera omulamu n'awangula okufa

> ***Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu,***

Kino kitujjukiza nti Omwoyo Omutukuvu ye wokusatu mu bwaKatonda, eyaweebwa okuva eri Kitaffe, okuyita mu Yesu era bulijjo ali naffe

> ***ekkanisa yabatukuvu ebuna wonna,***
> ***okussa ekimu okw'abatukuvu,***
> ***ekisonyiwo eky'ebibi,***
> ***okuzuukira okw'emibiri,***
> ***n'obulamu obutaggwawo.***
> ***Amiina***[8]

Kino kitujjukiza nti eri abo abakkiriza Yesu, ebiseera byonna, omutango gwamala okusasulwa, kale Katonda asobola okukola amaka ge mu ffe era naffe tusobola okubeera abantu be.

**Ebibuuzo: Enzikiriza y'abatume**

- Wandiika emboozi ssatu okuva mu Nzikiriza eno ezisobola okuleeta essuubi eri ekyaalo kyo era olage lwaki? Eky'okulabirako, '*yabonaabona ku mirembe gya Pontio Pilato'*
- Emboozi eno etuwa essuubi kubanga Yesu amanyi kyekitegeeza okubonaabona era eriyoabantu bangi ababonaabona mu kyaalo kyange bensobola okugabanako nabo kino.
- Lowooza ku muntu atannaba kuwaayobulamu bwe eri Katonda. Mboozi ki esobola okufuuka amawulire amalungi gy'ali? Lwaki gabeera amawulire amalungi gy'ali?
- Lowooza ku muntu afuba obufubi mu kukkirizakwe. Mboozi ki esobola okubeera amawulire amalungi gy'ali? Lwaki gabeera amawulire amalungi gy'ali?

**Ensomesa: Mubeere ba Mukwano**

Okugabana okwagala n'obubaka bwa Yesu kwe kuzimba omukwano ogulungiddwa n'okwagalana n'abantu! Bwe tugabana enjiri n'abalalatetwetaaga kutunuulira muntuoyo ngaekiruubirirwa kyaffe, oba omwonoonyi, naye nga ow'omukwano. Katonda ayagala tubeere mikwano gye, so si balabe. Kale twagala kubeera ba mikwano n'abalala. Omukwano gutegeeza kugabana bulamu bwo n'omuntu omulala, nga omala ebiseera byo nabo, nga obaagala bulungi era nga weewaddeyo gyebali. Twetaaga okutwala ekiseera nga tugenderera okumanya abantu, tubategeere n'obulamu bwabwe, buuza ebibuuzo, baagale era ob'ayambe okutegeera enjiri. Oba oli awo ogabanye nabo

[8] Enzikiriza ya Batume yagungibwa mu byaasa ebyasooka eby'ekkanisa. Bino tubikoppye okuva ku mutimbagano guno: The Church of England, *What We Believe*, Nga okafunye 6 Mukulukusa 2020. Olinako awo: https://www.churchofengland.org/our-faith/what-we-believe/apostles-creed

olugero lwo, era nga ogabanye enjiri nabo naye ne basigala nga tebakkiriza. Bwe kiba bwe kityo tokifaako kiribulungi. Tukkiriza nti Katonda asigala akola ne bwetuba tetukirabako. Sigala nga osabira omuntu oyo, kubanga oli mukwano gwe era olaga OMUKWANO gye bali.

Waliwo ensonga nnyingi lwakiabantubayinza obutakkiriza BUBAKA bwa Yesu mbagirawo. Ekyokulabirako, omuntu omu ayinza okuba nga yayita mu kubeera nomukwanoogumuvvoola ne kitaawe nebakisanga nga kizibu okukwatagana ne Katonda nga Kitaabwe. Oba omuntu ayinza okuba nga tawulirangako kwagalibwa muntu yenna oba maka, kale n’abanga akiraba nga kizibu okukkiriza okwagala okuva eri Katonda. Mu bantu abalinga bano kigenda kubatwalira ekiseera okujja eri Katonda nga balina obulumi obwo n’okubuwa Katonda. Naye bwe bamala ne bajja eri Katonda agenda kubawonya obulumi obwo eraabalage okwagala okwekyewuunyo.

Mu kitabo ky’a Bassesalonika, Pawulo awandiika nti tebaabuulira bubuulizi njiri, naye bayagala abantu ne bagabana nabo obulamu bwabwe.

> *[7]Naye twali bawombeefu mu mmwe, nga maama bw'alabirira abaana be. [8]Olw'okubalumirwa omwoyo bwe tutyo, twetegeka okugabana nammwe si njiri ya Katonda yokka, naye era n'emyoyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo.*
>
> *1 Abasessaloniika 2:7-8*

**Ebibuuzo: Mubeere ba Mukwano**
Okuddako emabega n’otunuulira mapu yo ey’emikwano kijja kukuyamba okuddamu ebibuuzo bino.

- Ani gwolinako omukwano kati?
- Oyinza kumulaga otya okwagala okulinga okwa maama kwalabiriramu omwanawe, nga ogabana Yesu nabo mu kubateekamu obulamu bwo nga mukwano gwabwe?

> *“Nalowoozanga nti enjiri yali yabantu abagenda ku kkanisa kyokka era nesisobola kugabana njiri na bantu abatagenda mu kkanisa. Bwe namala okufuna essomo erikwata ku njiri, nakitegeera nti twetaaga okutegeeza abalala Yesu kubanga aleeta eddembe n’okuwonyezebwa era n’akyuusa obulamu n’ebyaalo! Nasalawo okugabana okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe ne baliraanwa bange nga nfuuka mukwano gwabwe. Nabaanirizanga okuliirako awamu nange, nembabuuza ku by’obulamu bwabwe, nendabirira abaana baabwe ne mbayambako ne mu nnimiro zaabwe. Gyetwakomya okubeera awamu mu mukwano gyebaakomya okubuuza ebibuuzo ebikwata ku Yesu nange ne nsobola okubabuuliranga ku ‘Nsonga 4’era ne baagala okweyongera okumanya!”* – ***Agnes***

**Ensomesa: Mubeere Kwagala**
Ensonga yokka lwaki tuteekwa okwagala, eri nti kubanga Katonda ye yasooka okutwagala ffe.

> *Ffe twagala, kubanga ye yasooka okutwagala ffe.*
>
> *1 Yokaana 4:19*

Tutunuulira Katonda nga eky’okulabirako mu ngeri y’okwagala abalala. Katonda atwagala bya nsusso, nga eyesaddaaka era nga yeweereddeyo ddala. Atuyita twagale abantu mu ngeri eyo. Bwetulaga abantu okwagala, tuba tubalaga okwagala kwa Katonda.

**Ebibuuzo: Mubeere Kwagala**

- Ani gw'oyinza okulaga okwagala wiiki eno?
- Okisanga nga kizibu olaga okwagala era oyinza kubalaga otya okwagala wiiki eno?

**Ensomesa: Mubeere kibiina ky'abantu**

Ekitundu ku kwagala abalala kwe kubaaniriza ne mu beera kibiina. Tetwetaaga kulinda okutuusa nga bamaze kukkiriza Yesu nga tetunnabaaniriza okwegatta ku Kibiina ky'Obulamu. Ebiseera ebingi abantu okubeera ekibiina ye ngeri gye bajja eri Yesu.Omulimu gwaffe kwe kulaga abantu obulamu obupya mu Yesu n'okubalaga obulamu obupya obuli mu kibiina kyaffe.

Ku ntandikwa ye ssomo lino, twakusabye wefumintirize olabe oba nga buli Mukristaayo mu kyaalo kyo agabana enjiri era nga n'abantu basalawo okubeera mu bulamu obulimu Katonda. Wefumintirize singa ekyaalo kyo kyonna kisalawo okubeera mu bulamu obulimu Katonda. Abantu abo babeera bangi ddala! Tosobola kuba nga ggwe wekka agabana enjiri, naye buli Mukristaayo asobola okugabana olugero, okugabana enjiri, okuba wamukwano n'abalala, okulaga abantu okwagala nokubaaniriza mu Kibiina ky'Obulamu.

**Ebibuuzo: Mubeere kibiina ky'abantu**

- Baani b'osobola okwaniriza mu Kibiina kyo eky'Obulamu nga tebannaba kukkiriza?
- Oyinza okubaleetera okuwulira mu bo nti baanirizibbwa era nga bawulira emirembe olw'okubeera nga obalaze obulamu bwo obupya mu Yesu?
- Oyinza otya okuyamba abalala okugabana OBUBAKA bwa Yesu n'OKWAGALA kwe? Lowooza ku bikozesebwa n'amasomo ge waakayitamu – engeri gy'oyinza okugasomesa abalala n'obazzaamu amaanyi okugenda babuulire abantu ababeetoolodde?

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**

Comfort*okuva eri Petauke yagenda mu lukungaana lw'okuyiga Baibuli n'Ekibiina kye eky'Obulamu. Olunanu olumu mwalimu okubuuza ebibuuzo Ekibiina kye eky'Obulamu nekiddamu bulungi nnyo ebibuuzo mu ngeri eyewuunyisa era abantu nebanyumirwa obyokuddamu byabwe. Gyebaakomya okuddamu ebibuuzo, abantu gye baakoma okubategeera ne bababuuza ekyaama ekiri mu bo. Kino ne kibawa omukisa ogw'enkizo okwogera ku Yesu n'Ekibiina kyabwe eky'Obulamu. Bannyonnyola nti baali bakunngaana buli wiiki mu kyaalo era nti baaniriza abantu ne bajja ne bayiga ekigambo kya Katonda. Abantu abamu ne bakisiima ne bajja okukyaalira Ekibiina ky'Obulamu okumala wiiki entonotono. Nebazzibwamu amaanyi okufuluma, okudda mu kyaalo kyabwe, ne batandika nabo Ekibiina kyabwe eky'Obulamu eyo.

Comfort y'agamba nti enjawulo ereeteddwa Ebibiina by'Obulamu mu bulamu bwa ba ssekinnoomu nnene nnyo. Abantu abanywanga omwenge ne bafuuweeta ne sseggereeti bulijjo b'alekera awo oluvannyuma lw'okujjanga mu bibiina. Kyewuunyisa okulaba enjawulo eyajjawo mu kwagala Yesu mu kibiina, nga Ekibiina ky'Obulamu, mu bantu ssekinnoomu.

** Ekigambo ekitegeeza okweyawula kyakyuusibwa olwa twekisize*

**Saba**

Wiiki eno sabira mikwano gyo egiri ku map, saba osobole okufuna emikisa gy'okugabana obubaka, amazima n'okwagala enjiri wamu nabo era basobole okusalawo okubeera mu bulamu ne Katonda era bagabane Yesu n'abantu be bamanyi.

**Eky'okulola wiiki eno**
Wiiki eno gabana OBUBAKA bwa Yesu nga okozesa olugero lwo ***n'eNsonga 4*** nga oli ne mukwano gwo gwotoyogerangako naye ku Yesu. Mubuulire ku Kibiina ky'Obulamu kye mwatandika era obaanirize okubeegattako.

Wiiki eno baako gw'olaga OMUKWANO gwa Yesu. Lowooza ku ngeri gy'oyinza okwagalamu omuntu gw'olonze – ayagala ki? Oba oli awo oyinza okufumbayo ekijjulo, oba okubaako ekintu kyomudaabiririza oba okumwazika eggaaliyo oba okumuwuliriza okumala akaseera era omusabire. Bwabuuza lwaki okikola mubuulire olugero lwo oba enjiri nga weyambisa ***Ensonga 4.***

**Wiiki eno mweyongere okusisinkana nga Ekibiina ky'Obulamu mu kifo kye kimu, olunaku n'ekiseera.**

**Baako by'owandiika**

- Ani gwe wagabanako naye enjiri nga okozesa ensonga 4 oba olugerolwo? Wakisanga nga kyangu oba nga kizibu? Yaddamu atya? Yayagala okuwaayo obulamu bwe eri Katonda?
- Ani gwe walaga okwagala wiiki eno? Wamwagala otya? Wagabana otya enjiri naye?

**Eby'okukola Ebirala**
Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Buli lunaku sabira abantu bewawandiika ku mapu yo.

- Saba nti basobole okuwuliriza enjiri
- Saba nti Katonda akuwe obuvumu era akuwe emikisa gy'okugabana okwagala, obuyambi n'obubaka bwa Yesu nabo

**Eky'okulondako 2:** Wegezese okubaako omuntu gw'owuliriza wiiki eno, oba wa mukwano oba omuntu w'omu maka. Mu mazima wuliriza kye bagamba, obabuuze ebibuuzo osobole okutegeera okusingawo, bwe baba bakunyumiza tobataataaganya era baleke babeere nga be basinga okwogera.

**Eky'okulondako 3:** Bw'okola enteekateeka okulaba mikwano gyo wiiki eno, beebuuzeko oba nga tekibakosa bwe mwanirizayo abantu abalala okumala akaseera nammwe mwenna musobole okuba nga mufuuka ba mikwano eri abantu abo.

**Eky'okulondako 4:** Baako gw'obuulira olugero lw'omukulembeze eyali alina okusalawo wakati w'okwagala n'obwenkanya (mu ssomo 3: Enjiri kye kki?). Wegezese okulwogera nga oteekamu engeri ya katemba era nga ogaziya kunneewulira z'Omukulembeze ku mbeera ne ku ngeri maama gyeyanditekeddwa okuwulira.

# 8



# Okusabira Abantu

**Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.**

Ebikolwa By'Abatume 4:31

**Ekigendererwa**

Okusaba kukola enjawulo era okusabira awamu n'abalala kusobola okubeera okw'amaanyi era ne kuzimba enkolagana yaffe ne Katonda! Essomo lino lijja kukuyamba okutegeera amaanyi g'okusaba.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Otegedde okusabakyekutegeeza era n'engeri gyetusabamu
- Otegedde omugaso gw'okusabira awamu okw'abantu
- Oyize engeri y'okusabira abalala

**Okutunulako Emabega**

Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kye wayiga mu ssomo eryaggwa erikwata ku kugabana okwagala kwa Yesu n'obubaka bwe?
- Wagabana ***Ensonga 4*** n'omuntu yenna? Wasanga nga kyangu oba nga kizibu? Baddamu batya? Bayagala okuwaayo obulamu bwabwe eri Katonda?
  Wagabana byewayiga wiiki eno n'omuntu yenna?

**Ekyokukola: Okusaba kye kki?**

Ddamu ebibuuzo bino mu katabo ko ak'okuwandiikamu:

- Okusaba kye kki? Wandiika buli kigambo ekikujjira mu birowoozo, ekitundu ky'emboozi kyonna ne ngeri ez'enjawulo z'osobola okusabamu.
- Osaba otya era engeri gy'obadde osabamu egenze ekyuuka etya ebiseera gye bigenze byeyongera?
- Ebyokuddamu bye biriwa ebivudde mu kusaba?
  Osabiddeko wamu n'abantu abalala? Kyabadde kitya?

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**

Gamba buli omu awandiike eky'okuddamu kwe eri ebibuuzo mu kwegezesa kuno, olwo nno buli omu alyoke agabane ekyo kyazzeemu ne banne buli muntu awulire ebiva mu munne.

**Ensomesa: Okusaba kye kki?**

> *'Okusaba kutukyuusa era kukyuusa ensi etwetoolodde, kubanga etufuulira ddala nga Yesu Kristo'.*
>
> *Justin Welby, Archbishop we Canterbury*[9]

Abantu abasinga obungi basaba, essaala eyo ne bweba nga tesukka ku, 'Buyambi!' Okusaba y'engeri y'obutonde esingayo mu kuwulizaganya ne Katonda. Gwe 'mukutu' gwaffe ogututuusa eri Katonda era omukulu mu kulaga okukkiriza kwaffe. Tewaliiwo nkola eyateekebwawo nti

[9] @archbishopofcanterbury, 29 Kasambula 2020. Nga okafunye 6 Mukulukusa 2020. Olinako awo: https://www.facebook.com/archbishopofcanterbury/posts/prayer-changes-us-and-it-changes-the-world-around-us-because-it-makes-us-more-li/3109601985760593/

yentuufu mu kusaba. Okusaba tekulina nsengeka yankalakkalira, era kyekintu kyetusobola okukuza n'okugenda nga tuzimba mu ffe gyetukom okugenda nga tukula mu kukkiriza kwaffe.

Okusaba kusobola okubeera:

- Okukaabirira Katonda mu kiseera eky'obwetaavu.
- Eddoboozi eggwanvu eriwangaala nga lya ssanyu, nga liva kukumala kuweebwa kirabo.
- Okusaba nga oyimiridde mu kifo kyebyetaago byabalala.
- Akaseera akokweyawula n'obeera nga wekutudde ku bintu ebirala nga oli mu maaso ga Katonda.
- Ekiseera ekyokubeera awo nga owuliriza mu kasirise mu maaso nga Katonda.
- Okumala ekiseera nga ofuna bufunyi okwagala kwa Katonda.

Okusaba si ky'ekintu nga omulimu gwe tukola nga gutunuulirwa era nga tugukola tusobole okufunamu ebinaavaamu. Okusaba kukulukuta nga kusibuka mu nkolagana ne Katonda. Mu ntandikwa kuyinza okulabika nga kukalubo, naye bwetutegeera nga Yesu ali naffe era nga tusobola okwogera butereevu naye olwo nno kifuuka ekyangu. Gyetukomya okukigezesa, essaala zaffe zisobola okuzimbibwa ne zikula. Tuyiga okuwulizaganya ne Katonda ku nneewulira zaffe ez'ebuziba mu ffe, embeera zetwesangamu era ne nsi etwetoolodde. Essaala zaffe zifuuka ebikolwa era ne zikola enjawulo. Okusaba ye ngeri gyetuyigamu okuwuliriza, okukola n'okugenda mu maaso mu Mwoyo wa Katonda. Bwe tusaba n'abalala ye ngeri Omwoyo wa Katonda mwasobola okutambulira mu bantu baffe ne mu kyaalo.

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

*9 Kale, musabenga bwe muti, nti, "Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya lyo*
*litukuzibwe. 10 Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu*
*ggulu. 11 Otuwe leero emmere yaffe eya leero. 12 Otusonyiwe amabanja gaffe, nga naffe bwe*
*tusonyiwa abatwewolako. 13 Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole mu bibi. [Kubanga*
*obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa, bibyo, emirembe n'emirembe, Amiina."*

*Matayo 6:9-13*

Yesu yatwala ekiseera kiwanvu nga asaba Kitaawe Katonda. Mu byawandiikibwa bya Baibuli bino ayigiriza abagoberezibe essaala kati gye tuyita 'Essaala ya Mukama waffe'. Ate era nga atuyigiriza engeri y'okusabamu, na biki byetuteekwa okusabira.

Tugenda kutunuulira buli kanyomero ka ssaala ya Mukama waffe tuyige Katonda kyaali, kye tuli, biki ebikulu eri Katonda era buyambi ki bwe tumwetaagako. Osobola okukozesa Essaala ya Mukama waffe nga endagiriro y'okusaba mu ngeri ez'enjawulo:

- Oyinza okusaba ku lulwo, oba nga owuliza eddoboozi oba nga osabira muli munda mu mutwe gwo, mu lulimi lw'oba osinga okuwuliriramu eddembe.
- Oyinza okuwandiika essaala yo ku lupapula ekuyambe okubaako n'obutawungukawunguka.
- Oyinza okusaba nga wegasse n'omuntu omulala, nga buli nsonga gye mugendako mumala kugikubaganyako birowoozo ne mumanya kiki Katonda kyayinza okubanga ayogera, nga mugabana essaala zammwe era nga musabiragana.

**Ensomesa**: **Essaala ya Mukama Waffe**

Tugenda kutunuulira buli kanyomero ka Ssaala ya Mukama waffe tulabe kiki ky'etugamba. Mukuyitayita mu kitundu kino, wandiika buli lunyiriri lwa ssaala mu kataboko akokuwandiikamu

era egende nga owummulamu olw'okusaba nga akatundu ako bwekoogera. Buli kyotuukako mu buliwo kiwandiike era okisabire. Mu kukola bwoti osobola okutunulako emabega n'olaba ddi Katonda lwazzeemu essaala.

***'Kitaffe ali mu ggulu'***

Kino kitugamba okujjukira Katonda yani, era n'engeri y'okumwatula. Nga Kitaffe, ali mu Ggulu. Ye si taata butaata owa Yesu, naye era naffe waffe ekyo ne kitegeeza nti afaayo gye tuli: ayagala okuwulira okuva gyetuli**.** Ye Taata ow'omu Ggulu eri buli omu amukkiriza.

- Webaze Katonda olw'okuba nga Kitaffe era nga tuli kitundu ku maka ge.
- Tutegeezebwa mu Baibuli nti buli kirungi kiva wa Kitaffe. Buulira Katonda ekyo ky'omwebaza era n'olwessaala eziddiddwamu.

***'erinnyalyo litukuzibwe'***

Kino kitutegeeza nti Katonda Mutukuvu, ye Kitaffe naye ate era ye Mutonzi w'ensi, musukkulumu okusinga ne bwe tuyinza okufumiitiriza

- Webaze Katonda olw'ebitonde bye era n'olwokukutonda.
- Webaze Katonda olw'okutonda abantu abalala era ne kulwekyo ky'oli n'ekiri mu balala.

***'obwakabakabwe bujje'***

Kino kitutegeeza nti alina enteekateeka era tuteekwa okusaba enteekateeka eyo eteekebwe mu nkola. Yesu yayigiriza nti obwakabaka obwomuggulu bunatera okutuuka: twagala Obwakabaka bwe, ekiseera obuyinzabwe ku bintu byonna ku nsi bwe bulituukirira, bujje mangu.

- Sabira abantu bonna, embeera n'ebifo by'oyagala Katonda ayingiremu.

***'by'oyagala bikolebwe ku nsi nga bwe bikolebwa mu ggulu'***

Mu ggulu okwagala kwa Katonda kukolebwa, kale ekyo tukisabira nti ne ku nsi kibeere bwe kityo – ensi ekyuusibwe.

- Saba nti Katonda akuyambe okugoberera enteekateekaze so si nteekateekazo, era asobole okukulaga okwagala kwe bwe kuli.
- Saba Katonda asoboke okulaga n'abantu abalala okwagala kwe.

***'otuwe emmere yaffe eya buli lunaku'***

Kino kitutegeeza nti twetaaga okwesiga Katonda ku lw'ebyo bye twetaaga buli lunaku. Nti tusigale nga tumwesigamyeko so si kwebeerera ku bwaffe**.**

- Saba Katonda bye weetaaga. Yatulira ddala ekyo kyeweetaaga ate nga oli muvumu.
- Saba Katonda agabirire ebyetaago byabalala.

***'tusonyiwe ebyonoono byaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatwonoona'***

Kino kitutegeeza nti Katonda yatusonyiwa. Gano mawulire makulu ddala naye ekisonyiwo kino kiteekwa okutuuka ne kw'abo abaatukosa oba be tubanja.

- Lowooza ku lunaku olwayita era osabe Katonda akulage ekintu kyonna kyewayonoona. Wetonde olw'ebyo. Bw'oba nga oli n'abalala, oba oli awo n'oyatula ebintu bino gye bali era musabire wamu.

- Oyinza okusaba Katonda akulage oba nga waliwo omuntu yenna gwe weetaaga okusonyiwa olwaleero? Saba Katonda akuyambe okubasonyiyira ddala era n’okubaagala. Oba oli awo weetaaga okugenda wenenyeze omuntu oyo.

***‘totutwala mu kukemebwa naye otulokole mu bubi’.***
Kino kitutegeeza nti tusaana okusaba olw’obukuumi eri ebikemo n’okusumululwa okuva mu busibe bwa Setaani. Saba Katonda akutalize ebikemo n’emirimu gya Setaani.

- Akatundu kano kagamba ‘tutwale’ ne ‘tulokole’kale sabira obukuumi bwa mikwano gyo, amaka, Ebibiina by’Obulamu ne kyaalo kyo.

*“Bwe nali nkula nalowoozanga nti okusaba yali nkola ya kusaba Katonda akuwe ebintu. Kaakati ntegeera nti okusaba lye kkubo ery’e nkolagana ne Katonda era n’engeri gye twewaayo eri okwagalakwe. Kaakati nsaba Katonda akole emirimu gye, so si mirimu nze gye njagala akole. Netaaga okuyamba abalala nabo bategeere kino. Buli wiiki abantu b’omu Kibiina kyaffe Eky’Obulamu bagenda kwetooloola ekyaalo nga basabira abalwadde, tulabye Katonda nga akola ebyamagero ebyewunyisa!”* - ***Mutambo***

**Ebyafaayo: Katonda addamu Okusaba**

> *‘Uganda mu byafaayo byayo emanyiddwa nga eggwanga eryakola endagaano ne bakatonda bamawanga okuyitira mu kusaddaaka obulamu bw’abantu. Enkola y’enjigiriza enkyamu eno yasumulula omwoyo gw’okufa n’okuzikirira ku ggwanga eryali likulira ku misinde emingi. Obukulembeze obwanakyemalira okuviira ddala ku Iddi Amin Dada, Milton Obote, n’abalala kwaleka omuntu wa bulijjo mu ntiisa eya buli lunaku. Mu 1984, okusibibwa, okutulugunyizibwa n’okuttibwa kwalangirirwa ku kkanisa okuyitira mu majje: obukadde bw’abantu ne buttibwa. Wangulu wekyo Ekibiina ky’Ebyobulamu ne kirangirira nti omwaka gwa 1997 kimu kya kusatu eky’abantu kigenda kuba kisanguddwa okuyitira mu ndwadde ya AIDS.*
>
> *Okuyigganyizibwa kuno kwekwaleetera embeera y’okusabira mu mpuku okubeerawo mu Uganda. Amakanisa okwetooloola eggwanga lyonna gatandika okwegatta mu kusaba okwamaanyi, okusaba kwokuterebuka Katonda aveeyo okukomya okufa n’okuzikirira.’*[10]

Kino ky’ekitundu ky’ekitabo ekyawandiikibwa Daniel Bernard. Ebyaava mu kusaba Bernard ajulira nti emisango egyazzibwanga mu nsi gyakka, era nga okubeerawo kwa HIV ne AIDS mu Uganda. Okusaba kukola enjawulo, naddala abantu bwe baba bazze mu bwegassi.

**Ensomesa: Okusabira awamu**
Bangi ku ffe bulijjo tusaba ffekka era ekyo twagala okukikola kubanga kituyamba, si kikyaamu okusaba ku lwebyetaago byaffe. Naye ate bwetusabira awamu wabaawo okunyweera mu kitundu. Kiba ky’amaanyi ddala abakkiriza bwe bakungaana ne basabira wamu, nga bwe tusomye ku byaliwo mu Uganda era n’enjawulo gye kireetawo abantu okusabira wamu. Ekibiina ky’Obulamu kiwa omukisa abantu okusabira awamu, oba oli awo nga tebasabirangako wamu oba basabidde emyaka.

[10] Daniel Bernard, *Praying up a Storm* (Shippensbury, PA.: Destiny Image Publishers Inc., 2004), p122

Ebyawandiikibwa bya Baibuli ebiddako bikitangaaliza ddala. Byawandiikibwa mu kiseera ekyaali ekizibu ennyo eri ekkanisa. Ekkanisa yali eyigganyizibwa ab'obuyinza (okufaananako nga Uganda bwe yali mu 1984). Peetero ne Yokaana, abaali abakulembeze b'ekkanisa mu kiseera ekyo, baali mu katyaabaga era baali baakayimbulwa mu kkomera. Baali bakakibwa okulekayo okukiikirira Yesu Kristo. Mu biseera bino eby'okuterebuka, Peetero ne Yokaana baalina ekkanisa nga ebawagira.

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**

*[23]Bwe baateebwa ne bagenda mu kibiina kyabwe, ne bategeeza byonna bye bagambiddwa*
*bakabona abakulu n'abakadde. [24]Nabo bwe baawulira ne bayimusa eddoboozi lyabwe*
*n'omwoyo gumu eri Katonda, ne bagamba nti, "Mukama, ggwe eyakola eggulu n'ensi*
*n'ennyanja n'ebirimu byonna, [25]ggwe eyayogerera ku bw'Omwoyo Omutukuvu mu kamwa*
*ka jjajjaffe Dawudi omuweereza wo nti,"*

*"Ab'amawanga kiki ekibeesazizza akajegere,*
*N'ebika birowoozezza ebitaliimu?*
*[26]Bakabaka b'ensi baasimba ennyiriri,*
*N'abakulu baakuŋŋaanira wamu*
*Ku Mukama ne ku Kristo we."*

*[27]"Kubanga mazima baakuŋŋaanira mu kibuga muno ku muweereza wo omutukuvu Yesu,*
*gwe wafukako amafuta, Kerode ne Pontio Piraato wamu n'ab'amawanga n'ebika bya*
*Isiraeri, [28]bakole byonna omukono gwo n'okuteesa kwo bye byalagira edda*
*okubaawo. [29]Kale kaakano, Mukama, laba okukanga kwabwe, owe abaddu bo bagume nnyo*
*okwogeranga ekigambo kyo, [30]bw'ogolola omukono gwo owonye, n'obubonero n'amagero*
*bikolebwenga mu linnya ly'omuweereza wo omutukuvu Yesu." [31]Bwe baamala okusaba, mu*
*kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera*
*ekigambo kya Katonda n'obuvumu.*

*Ebikolwa By'Abatume 4:23-31*

**Ensomesa: Okusabira Awamu**

Olunyiriri olwa 23 lutujjukiza obukulu bw'okubeera n'abantu abafaayo gyetuli, era abantu bano bakola Omubiri (oba amaka) ga Kristo. Peetero ne Yokaana wano baalina ekibinja ekiwagizi abaali abakkiriza era nga bagoberezi ba Yesu. Abantu abo beegatta mu kyetuyita okusaba okw'ekibinja. Beetaba mu ssanyu ly'okuteebwa kwabwe naye ate era ne mu kugabana ku bizibu byabwe. Mu bukakafu tewaaliwo kintu kikulu kye baali bayinza kwesiga nga ab'oluganda abeesigwa mu kubawagira.

Mu nnyiriri olwa 25 n'olwa 26 tulaba nti abakkiriza baasaba Zabbuli 2:1-2 wamu. Mu lunyiriri lwa 27 okutuuka ku lwa 29 beetwalira ekyawandiikibwa ne bakisabiramu ku lw'embeera eyali etuuseewo, nga bejjukanya nti enkwe zonna ezikontana ne Katonda, oba okuziyizibwa baleme okumusinza kwali kwa bwerere. Amazima gano gaali galina okubazzaamu amaanyi nga tebannaba kugenda ku ssaala eziddako.

Olunyiriri lwa 29 n'olwa 30 zituganya okuwulira biki bye baddako okusaba. Mu kusaba kwabwe tulaba ebintu ebyenkalakkalira 3 ebyali bisaana okusabira:

- **Baasaba Katonda ayingire mu nsonga ku lwabwe.**
  Baategeera nti ye yalina obuyinza obwenkomeredde; ye MUYINZA WA BYONNA (alina obuyinza obusukkulumye). Ali waggulu wa byonna, era alaba era amanyi entiisa gye baali batuuseemu.
- **Baasabira obuvumu okusobola okwogera ekigambo kya Katonda.**
  Mu butonde twandisuubidde bo okusabira okuyigganyizibwa kuno kuveewo oba okusabira obukuumi ku bulamu bwabwe, naye bwe balungamizibwa Omwoyo Omutukuvu, baasabira BUVUMU okwongera okwogera.
- **Baasabira eby'amagero okuyitira mu mukono gwa Yesu Kristo.**
  Kirabika nga bwe baatiisibwa, bulijjo berwanangako nga beewolereza mu magezi gaabwe: wano baasaba Katonda akole EBYAMAGERO okuyita mu bo. Kino kisobola okwongera okuzimba obumu nga Katonda akoze ebyamagero ne birabwako mu ffe.

Peetero, Yokaana n'abalala ku bagoberezi ba Yesu baasabira emyagaanya emirala egy'okulangirira era n'okwolesa Obwakabaka bwa Katonda, ne wakati mu kuziyizibwa okusukkiridde. Bakkiriza nti abantu baali bagenda kuwulira ku ye era bamulabe mu bikolwa. Nga tewali ekiyinza okumulemesa bwe kyali kirina okubeerawo. Mu lunyiriri lwa 31 tulaba okuddibwamu okwa mbagirawo eri okusaba kwabwe kubanga bwe tusaba, Katonda awulira.

Batutegeeza nti ebintu bibiri ebyatuukawo:

- **Ebyamagero**
  Ekifo mwe baakungaanira kyakankana: ekyo kyamagero. Kiba kikolwa ekiva butereevu eri Katonda mu nsi.
- **Okuddibwamu kw'essaala**
  Baasabira obuvumu era ne babufuna okuyitira mu kujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

Mu byonna tulaba ekkanisa etulaga obukulu n'amaanyi ebiri mu kusabira awamu. Kaakano tutegeera nti ekikolwa ky'okusabira awamu kituleeta mu kubeerawo kwa Katonda mu ngeri ey'enjawulo, era eyamaanyi ebiseera ebisinga okusinga bwe tusaba nga ssekinnoomu.

**Ebibuuzo: miganyuloki egiri mu kusabira mu kibiina ky'obulamu?**

- Miganyuloki egimu egiri mu kusabira awamu nga ekibiina?
- Wali osabiddeko awamu n'abantu abalala? Miganyuloki gye wafunamu?
- Waako eby'okulabirako ebyebiseera ebisaanidde okuba nga bye birungi okusabirako awamu n'abalala.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Buli omu musabe awandiike ebyo byalowooza okubeera emiganyulo gy'okusabira awamu, kati awo buli omu agabane n'abalala ekyo kyazzeemu bonna basobole okuwulira ebyokuddamu ebiva mu banne.

Abamu bayinza okulwanagana n'okufuna ekyokuddamu eri ebibuuzo bino era nga beetaaga ebiseera ebisingawo oba obuyambi.

Gino gye gimu ku miganyulo gy'okusabira awamu. Waliwo n'emirala mingi okusinga gy'oyinza okulowoozaako!

- Tuzimba enkolagana yaffe ne Katonda eyawamu era n'okuzimba enkolagana yaffe n'abalala.

- Tuzimba okukkiriza kwekibiina nga buli omu ayigira ku kwewaayo kwabalala era n'okuwulira kiki Katonda kyakola mu balala.
- Tugabana essaala zaffe era ffenna wamu nga tusabye buli ssaala ebeera ya muwendo mu ngeri ey'enjawulo.
- Ffenna tuba tusaba era nga tulabira wamu ebyamagero!

**Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
Ken*abeera ne mukaziwe n'abaana baabwe mu katale k'ekyaalo akatambulira ku misinde emingi ennyo ake Chibombo, nga 90km ebukiika kkono we Lusaka, ekibuga ekikulu mu Zambia. Ken akola nga omulimi era amala ebiseerabye bingi nga tali wuwe nga ali mu nnimiro ye eye Lunsemfwa. Alima ebimera n'enva okubeezaawo amaka ge. Era atera okufunayo ekiseera okukola omulimu gwa Katonda n'awaayo nekiseera ekyokuyamba abantu okutandikawo Ebibiina by'Obulamu.

Ken yali akoze entegeka ey'okuddukanya omukolo gw'okutendeka eKwekwe okuyamba abantu okumanya engeri y'okutandikamu Ebibiina by'Obulamu. Bwe yatuuka, Ken n'abo abaali bamuyamba ne bawulira nti waliwo okukazi eyali omulwadde mu kyaalo. Erinnyalye nga ye Lucy*era yali amaze ekiseera nga ali kundiiri okumala omwezi mulamba, nga tasobola kuyimirira, kulya wadde okwogera. Nekitegeerekeka nti abamaka ge baayagala Ken ne kibiina kye bamusabire, lye lyaali essuubirye lyokka. Oluvannyuma kulunaku olwo, yasitulibwa natwalibwa mu kifo gye baali bateeseteese omusomo naye nga tasobola na kwogera.

Kyandibadde kyangu nnyo Ken ne banne okusabira Lucy bo bennyini. Kubanga ekintu ekifaananako bwe kiti baali baakikolako dda era tekyaali kipya gyebali. Naye, ekirowoozo kyagwa mu mutwe gwa Ken, nti lwaki tetuteeka kintu kino mu buvunaanyizibwa bw'ekibiina ekigazi kye tuyise mu lukungaana kimusabire nga tuli wamu ffenna? Abakkiriza bwe babeera nga beegattidde wamu baba n'amaanyi mangiko era abantu bonna ba mugaso era benkanankana mu maaso ga Katonda. Ken n'agamba abaali beetabye mu kutendekebwa nti bo bennyini basabire Lucy nga ekitundu ky'omusomo ogwo. Yakkaatiriza ekirowoozo nti buli omu asobola okukozesebwa Katonda era nti essaala zaabwe nazo zaali za muwendo era nga ezize bwe zaali.

** Erinnya likyuusibbwa olwatwekisize*

**Ebibuuzo: Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**
- Olowooza olugero luno lutuyigiriza ki?
- Bikolwa ki Ken byeyakola?
- Ebikowa bya Ken byakolaki mu birowoozo bya Lucy era ne mu bantu abaamusabira?
- Kiki ekyandibaddewo singa Ken yasalawo okusaba yekka?
- Kiki ekyandibaddewo singa Ken yali talinako kyaakoze wadde?

**Ensomesa: Tusobola tutya Okusabira Awamu?**
Waliwo engeri nnyingi zetuyinza okusabira awamu; ezimu zisobola okubeeramu:

- Okuyimbira awamu
- Okusabira mu byawandiikibwa (ekyokulabirako, oyinza okusaba Zabbuli)
- Okusaba nga okozesa Essaala ya Mukama waffe nga muli wamu n'abalala, nga mu mpalo nga onokolayo nsonga ku nsonga.
- Okusaba nga omuntu omu yasaba nga abalala bakkirizaganya naye oba abantu bonna wamu basobola okusabira wamu mu lukale

- Okusaba Omwoyo wa Katonda okulungamya essaala zammwe, ayinza okujjukiza abantu olunyiriri oba okubawa ekigambo oba ekifaananyi nga Katonda waliwo kyayagala okugabana n’abantu mu kibiina.

Oba oli awo oyinza okubeerako n’ebirowoozo ebisingawo by’oyinza okulowoozaako n’obiwandiika mu katabo ko.

Bwemukungana n’abalala okusaba, ne bwemuba nga muli mu Kibiina ky’Obulamu, kisobola okutwala ekiseera abantu okumanyiira okusabira awamu kale tolaga nti oyagala kuyita mu bya mangu olw’okutwala ebiseera ebitono nga muli wamu. Buli muntu alina okuweebwa omukisa okusaba bwe baba baagala, abamu bayinza okubaamu okutya okusaba mu lwatu bwe baba nga gwe mulundi gwabwe ogusooka. Bwe tusabira awamu tekitwetaagisa kusaba ssaala mpanvu nnyo erimu okumenya kino kakiri. Ebigambo ebimu ebikozesebwa oba eggono mu njogera tebifuula ssaala ya muntu kusinga ya mulala. Temutyanga kaseera ka kasirise, kano kawa abantu ekiseera okusaba bwe baba baagala era akasirise kano kayamba abantu ssekinnoomu okuwuliriza Omwoyo Omutukuvu ne kyayagala okwogera.

**Okulungamya**
Bwe tusabira awamu kikulu okukuumira ebintu ebimu mu birowoozo okulaba nga buli omu afiibwako mu kibiina:

- Ebiseera ebimu muyinza okusabira awamu nga ekibiina, ebiseera ebimu musobola okwekwata babiri babiri oba basatu basatu. Bwe muba musabiragana nga waliwo ensonga ezomunda mu bulamu bw’omuntu, mufeeyo okulaba nga abasajja basaba n’a basajja era abakazi basaba n’a bakazi. Mu ngeri eno, buli omu agenda kuwulira emirembe nga asaba okusabirwa. Mwewale abantu okweyawulako ne badda kumabbali bokka mu kusaba.
- Bwe muba musabira omuntu nga mwetaaze okumussaako emikono oba ku kitundu ekikosefu. Mwekakase nti kisaanidde era omuntu oyo mu musabe olukusa. Bwoba oli musajja nga osabira omukazi oyinza okusaba mukazi munne amuteekeko omukono eno nga ggwe bw’omusabira era ne ku mukazi bw’aba yasabira omusajja akole kyekimu.
- Omuntu gw’osabira ayinza okubaako ekyaama ky’obulamu bwe kyakubuulira. Tolaga nti wekanze era tomusalira musango. Kikulu nnyo okukuumira abantu ebyaama byabwe, kale togenda n’obuulira abantu b’omukibiina. Omuntu bwabaako kyagabanye naawe nga kikweraliikiriza, mubuuze oba nga osobola okugabanako ensonga eyo n’omuntu omulala oyo asobole okuyambibwa ekimala era afune okufiibwako okutuufu.

?

**Ebibuuzo: Tusobola tutya Okusabira Awamu?**

- Owulira otya mu kusabira awamu n’abalala?
- Oyinza otya okwaniriza era n’okuzzaamu abantu amaanyi okusabira awamu?
- Oyinza otya okukakasa nti buli omu awulira bulungi mu kusabira awamu?



*“Mu kusooka nali ntya okusaba ab’ekibiina kyange okusabira awamu mu lwatu, nali sagala bawulire bubi. Abamu kubo baalina nga ensonyi mu kusooka naye kaakati buli omu ayagala okusaba okwa wamu, tuwulira nga twekutte kitole nga ekibiina era okukkiriza kwaffe*

*kweyongedde bwetugenze nga tulaba abangi nga baddibwamu. Buli wiiki ekibiina kikungaana okusabira awamu era ne mu kiseera Kyekibiina ky'Obulamu, baba besunga okusabira awamu era nessaala zabwe za buvumu" –* ***Asisi***

**Saba**
Kakati musabe Essaala ya Mukama waffe, mutwale ekiseera kyammwe nga temupapa era musabe Omwoyo Omutukuvu okubalungamya mu ssaala zammwe.

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Bwe muba musabira wamu, mukozese ebirowoozo bye mwagattagattira awamu.

**Eky'okulola wiiki eno**
Mweyongere okukungaana nga Ekibiina ky'Obulamu mu kifo kye kimu, olunaku ne ssaawa.

Wiiki eno kola entegeka okusisinkanako n'abantu abatonotono ab'omu Kibiina ky'Obulamu ekiseera ekirala olw'okusabira awamu.

Mutandike n'okwebaza Katonda ku lw'ebyo byakoze. Muyinza okuyimbayo oluyimba.

Musabe mu lwatu wamu ku lw'ekyaalo kyammwe. Musabire abantu bonna be mugabanye nabo okwagala kwa Yesu n'obubakabwe, musabe basobole okuganya enjiri gye bawulidde eyingire mu bulamu bwabwe era Katonda abawe obuvumu n'emyagaanya gy'okubuulira.

Ekibiina kizzeemu amaanyi okusaba Katonda oba waliwo ekintu eky'okusabira oba omuntu yenna mu butongole, era oba nga waliwo ekintu kyonna kyayagala mukole mmwe nga ekibiina. Eky'okulabirako, muyinza okuwulira nti Katonda ayagala musabire okuwona kw'omuntu naye nga temwekakasa. Mutwalwe eddaala, mu mwesige, era musabe.

**Baako by'owandiika**

- Mwasabirako awamu ne bannakibiina bo mu Kibiina ky'Obulamu? Mwakola ki?
- Mulina emiganyulo gyonna gyemwazuula egyaava mu kusaba kwammwe nga muli wamu? Ekibiina kiwulira nga kisemberedde Katonda era ne buli omu ne munne? Batya?

**Wiiki eno, kola entegeka eyokusisinka omuntu gw'okwatagana naye**

- Yogera nabo ku Kibiina ky'Obulamu kye mwatandika, nga mugabana kwebyo ebibazzaamu amaanyi era n'ebyobyemusanze nga bikaluba.
- Babuulire ku bimu bye musabira, mikwano gyammwe era n'ekitundu kyonna.
- Teekateeka ebibuuzo byotegese okubawa ebikwata ku Dignity oba okutandika Ekibiina ky'Obulamu.

**Eby'okukola Ebirala**

Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Kola entegeka eyokusisinkana n'omuntu yenna wiiki eno oyogereko naye ku kusaba. Muyinza okuyita mu ssaala ya Mukama Waffe mwembi era musabiragane.

**Eky'okulondako 2:** Wandiika olukalala lw'essaala zo eri ekyaalo. Tunulako emabega ku misomo egyaggwa era wetegereze ebintu byetwamala okusabira. Wandiika essaala z'oteeseteese kulwabantu ab'enkalakkalira mu kyaalo oba embeera ez'enkalakkalira. Mu kusabakwo Katonda ayinza okukubagula okugenda okubaako n'omuntu gw'okyaalira omusabire.

**Eky'okulondako 3:** Sabira omulimu gwa Dignity oguli mu bukiikaddyo bwa Sahara mu Afirika. Sabira okutandika kw'Ebibiina by'Obulamu mu byaalo okwetooloola amatwale gamawanga ag'enjawulo mu nsi era bireetewo enjawulo mu byaalo byabwe nga bayamba abantu okukulaakulana mu nkolagana ne Katonda nga basabira wamu.



# AKASANDUUKO K’EBIKUKOZESEBWA: Okuyiga Obutakkiriziganya

Mu bukiikaddyo bw’obugwanjuba bwa Zambia eriyo ekyaalo kye Matondo. Abantu bangi mu kyaalo ekyo abalima emmere nga yakwebeezawo, ebirime byabwe emirundi mingi bitwalibwa bubugabuga obw’okumpi ku mmotoka era ne bitundibwa okusobola okufuna amagoba. Waliwo omwaka, ekitundu ekimu mu nsi eyo kyakubibwa omuyaga ogw’amaanyi. Amataba ne gabuna wonna, embalama z’emigga ne ziwomoggoka n’olutindo olukulu ne lubomoka.

Guno gwali mutawaana munene eri ab’ekyaalo. Nebesanga nga bakutuse ku gutundutundu gw’ensi, nga tebasobola na kwegulira kintu oba okutunda ebirime. Ebbiri ku makanisa ne zibaako kye zikola, zagamba nti zigenda kuddamu okuzimba olutindo olwabomoka. Naye, okuviira ddala kuntandikwa waaliwo ekizibu. Ebibiina ebibiri tebyalina kukkaanya ku nsonga yonna.

Ekkanisa emu yayagala okuzimbisa enkokoto, ate ekkanisa endala nga eyagala kuzimbisa mbaawo. Ekkanisa emu yayagala okupangisa abakozi, ate endala nga eyagala abantu b’ekyaalo be baba bezimbira. Awo nno newataba kkanisa eyagala kuteekamu ssente omulimu bwe guba tegukoleddwa nga yo bweyeetaaga.

Obutakkaanya buno ne bugenda buziba okusinga okugwa kw’olutindo. Amakanisa gano gombi gaalina enjawukana ya maanyi nnyo, emu nga ya buwangwaobwamadiini ate endala nga nkyamufu ya kubwatuka. Obutakkaanya ku byolutindo bwabikkula engeri gye baali bategeeramu Katonda na bo bennyini.

Omulimu gwamala ne gusazibwamu na buli mboozi yonna neyimirizibwa ne wataba kigend amu maaso. Naye ate enkuba yeeyongera okutonnya, ne kyeraga nti kino kyaali kyetaaga kusalira magezi. Olw’obutafuna bugabirizi, obulamu mukyaalo ne bukaluba. Omu kubatuuze b’omukyaalo yali abbidde nga agezaako okuwuga asobole okusomoka omugga. Olwo amakanisa negamanya nti wateekwa okubaawo ekikolebwa. Bonna baamaliriza nga beetaaga olutindo, nebamala gaddamu okutuula bateese ku by’olutindo n’omutima ogusikattira.

Amakanisa gaafuna obutategeeragana ne bakaayana okumala essaawa eziwerako era buli bamu nebatuubagirira ddala. Oluvannyuma lw’essaawa ennyingi, omu ku balimi b’ekitundu n’ayingira mu lukiiko. Yali yetamiddwa enkaayana zabwe. Nabasaba nga agamba nti, “mbegayiridde mukomye okukaayana!” “Ekyaalo kyaffe kyetaaga olutindo luno, lwaki tetukuba kalulu ffenna ne tulaba kyetuyinza okukola?”

Buli kkanisa netewulira bulungi, anti nga buli luuyi lunakuwadde nti kyebaagala kiyinza obutayigamu. Naye ate nga bamanyi nti wateekwa okubawo ekikolebwa! Kale akalulu ne kakubibwa ekyaalo ne kisalawo engeri olutindo gyeruba lukolebwamu era amakanisa ne geteekateeka okukola omulimu.

Ebintu tebyaali byangu. Enjuyi zino zombi zaasigala nga tezikkirizaganyizza naye nebamala gasalawo nti bazimbe olw'ekyaalo kyaabwe n'olwa buli omu, ne bagamba nti enjawukana zaffe tuziteeke ku mabbali. Omulimu bwe gwali gugenda mu maaso, bagenda okwetegereza nga ekkanisa zombi tezirina nnyo njawulo buli bamu ne bannaabwe. Oluvannyuma olutindo ne lumalirizibwa era buli omu mu kyaalo nabugaana essanyu. Amakanisa ne gayiga ekintu ekikulu; nti baalina okuteeka enjawukana zaabwe ku bbali bakole ekintu ekirungi kulwa bantu be kyaalo.

Obutakaanya kitundu ku bulamu. Tetusobola kutambulira mu bulamu nga tetusisinkanye butakkaanya bwonna ne bannaffe oba embeera ezikaluubiriza. Si lubeerera nti tubeera nekyokuddamu ekituukiridde. Tuteekwa okuyiga okukwata obutakkaanya bwaffe mu ngeri ennungi. Mu Baefeso4:2- 6, Pawulo annyonnyola engeri gyetusaanidde okukwatamu obutategeeraganana ne nkaayana.

> *2 n'obukkakkamu bwonna n'obuwombeefu, n'okugumiikiriza, nga muzibiikirizagananga mu kwagalana, 3 nga munyiikiranga okwekuuma obumu bw'Omwoyo mu kusibibwa n'emirembe. 4 Omubiri guli gumu, n'Omwoyo omu, era nga nammwe bwe mwayitibwa mu kusuubira okumu okw'okuyitibwa kwammwe; 5 Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu, 6 Katonda omu, Kitaawe wa bonna, afuga byonna, ayita mu byonna, era ali mu byonna.*

Bwetusisinkana obutakkaanya mu Bibiina byaffe Eby'Obulamu, twetaaga okubeera abakkakkamu, abeetowaze, era abagumiikiriza. Obutakkaanya obusinga obungi busituka abantu bwe balaba embeera oba enzikiriza ezisibuka mu ntegeera ye bintu. Ebiseera ebisinga obungi, singa tuba tutegedde ensonga za bannaffe nendaba gyebalabamu ebintu, twandibadde tetugwa ku luuyi lwenkaayana. Kikulu nnyo okubeera n'okusaasira endowooza z'abalala ne nneewulira zaabwe. Tukubirizibwa okubeera nokugumiikirizaganya mu kwagala. Kino kitegeeza kuleka abantu boogere, tusseemu ekitiibwa ebirowoozo byabwe, okulaga nti ofaayo gye bali, wadde nga olabika nga tokwatagana nabo. Mu mbeera ezimu, kikwetagisa okukkiriza n'okola ekirabika nga ekyobusiru oba ekitali kyamakulu kubanga kyamugaso eri omuntu omulala. Mukukwata embeera enzibu mungeri efaananako bweti, tuba tuleeta embala ya Katonda mu mbeera zaffe.

Waliwo endowooza eteri ntuufu egamba nti bwetutakkaanya na bantu bannaffe, tulekera awo okubaagala. Kino kiyinza obutaba wala namazima. Tunuulira obulamu bwa Yesu. Yafunanga obutakkaanya nabantu bangi nga Abafalisaayo, Abaruumi n'Abayudaaya abatakkiriza. Naye si nsonga oba obutakkaanya bwabanga bwenkana wa oba gyeyakomya obutayagala bikolwa byabwe, yasigala nga abaagala, era yamala n'abafiirira n'asigala nga abawadde omukisa gw'okwefunira okusonyiyibwa. Leka obulamu bwa Yesu bubeere ekyokulabirako.

Tukubirizibwa okukuuma emirembe n'obumu bwa bakkiriza. Yesu naddala yaleeta ensonga yokusabira embeera eno bwe yali mu Gesusemani nga alindirira okukomererwakwe. Yasaba nti 'tubeere bumu' era nga Ye ne Kitaawe bwe bali obumu era nti abakkiriza bonna 'baleetebwe mu bumu obujjuvu' (Yokaana 17:22-23). Katonda ayagala ffe nga Abakristaayo okubeera omubirigumu.

Kino tekitegeeza nti tugenda kufaanagana, twogere ebigambo bye bimu oba tulowooze endowooza ze zimu. Mu Bibiina byammwe Eby'Obulamu muteekeddwa okubaamu abantu abasaba mu ngeri ey'ennjawulo, nga basinza mu ngeri yanjawulo era nga bakkiriza ebintu eby'enjawulo. Ekikulu kiri nti tugabana ennono enkulu ezifaanagana mu kukkiriza kwaffe era ne tuwa omwagaanya abo abatakkiriza. Mu Baefeso, Pawulo awandiika engeri gye tugattibwamu: tulina omubiri gumu, Omwoyo omu, okusuubira kwe kumu, Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatizibwa kumu ne Katonda omu. Zino z'enzikiriza enkulu zetusaana okugabana nga abakkiriza. Ebintu ebirala bya nnono, buwangwa, na buli omu bye yesalirawo, ebiseera ebisinga obungi nga abakristaayo tukwatibwa mu buntu obutono, obutali bwa maanyi ne twerabira Omwoyo gwe tulina mu bumu. Obuwangwa obw'engeri eno n'endowooza wakati muffe Abakristaayo si ntuufu n'akamu. Zikontana n'ekyo Katonda

kyatwagaza okufuba okutambuliramu. Tuteekeddwa okubeera abantu abanoonya emirembe mu kifo ky'okubeera n'obutakkaanya, obumu mukifo ky'okwesalasalamu.

Mu Baruumi 15:7 Pawulo awandiika nti, *Kale musembezaganyenga mwekka na mwekka, nga Kristo bwe yabasembeza mmwe, olw'ekitiibwa kya Katonda.*

Tusobola okugulumiza Katonda nga tukkirizaganya era nga twagala abo betutakkanya nabo.



**Kalowoozeeko**

Jjukira okuwandiika ebyokuddamu byo mu katabo ko akokuwandiikamu

- Bantu ki mu kyaalokyo botakkaanya n'abo?
- Biki bye mutakkaanyako? Gezaako okwefumintiriza ku kino nga osinziira ku ngeri oli gy'alabamu ebintu. Lowooza ku wa ebirowoozo bye n'enneewulira ye gye bisibuka.
- Omuntu ono oyinza otya okubeera n'obutakkanya naye mu ngeri ennungi? Biki by'oyinza okukola okutereeza embeera?

# 9



# Beera n’Okukkiriza

**Okukkiriza kwe kukakasa nti ebisuubirwa birituukirira, era n'obutabuusabuusa newakubadde nga tebinalabika.**

Abaebbulaniya 11:1

**Ekigendererwa**
Essomo lino lijja kutuyamba okutegeera abamu ku bantu abaalina okukkiriza mu Baibuli era kiki kyekitegeeza mu kyaalo kyaffe.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Tuyize okukkiriza kye kiri
- Tuyize ku ngero z'abantu abaalina okukkiriza mu Baibuli era n'engeri gyetusobola okuba n'okukkiriza nga bo
- Tutegedde nti n'okukkiriza okutono kusobola okukola ekyaamaanyi

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Wayiga ki mu ssomo lye twamalako eryali likwata kukusaba n'okusabira abalala?
- Olina omuntu gwewasabirako wiiki eno? Byagenda bitya? Wawulira otya? Kiki ekyabaawo?
- Mwasabirako awamu nga Ekibiina ky'Obulamu wiiki eno? Kyagenda kitya? Embeera yali etya? Kiki ekyabaawo?

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**
Soma ekitundu kyekyawandiikibwa mu lwatu emirundi egiwerako era olowooze n'obwegendereza ku bigambo ebirimu.

> *[1]Okukkiriza kwe kukakasa nti ebisuubirwa birituukirira, era n'obutabuusabuusa newakubadde nga tebinalabika.*
> *[6]Era awatali kukkiriza tekiyinzika kusanyusa Katonda, kubanga buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya.*

*Abaebbulaniya 11:1 and 6*

**Ensomesa: Obwesige kye ki?**
Obwesige kye ki? Enkuluze yolungereza eyitibwa Oxford egamba nti obwesige kwe kukkiriza "okutuukiridde oba obukakafu mu muntu oba mu kintu". Obwesige kwekukkiriza okutuukiridde oba obukakafu mu Katonda.

Eby'okulabirako by'obwesige biibino:

- Waliwo obwesige obutuukiridde era n'obukakafu obulaga nti twalokoka era tulibeera ne Yesu emirembe gyonna. Tulina obukakafu nti twalokoka.
- Waliwo obwesige obutuukiridde n'obukakafu nti Katonda alikola mu kwagala okutuukiridde gyetuli. Talituyisa bubi. Tulina obwesige mu kwagala n'embala ya Katonda.
- Waliwo obwesige obutuukiridde era n'obukakafu nti bwe tufuluma okukola okwagala kwa Katonda, ye agenda kukola ffe byetutasobola kukola.
- Waliwo obwesige obutuukiridde n'obukakafu nti Omwoyo Omutukuvu ali naffe, okutuleetera obulamu era n'okutuyamba okubeera mu kwagala kwa Katonda. Tulina obwesige mu buyambi bwa Katonda okuyita mu mwoyo we.

Si ffe tukola obwesige oba tebuva mu busobozi bwaffe. Tebwesigamye ku ngeri gyetufuba okutambulira mu kukkiriza ekintu kyonna. Si ngeri ya kwogera bwogezi nti waliwo ekitasoboka ekigenda okubaawo, obwo busirusiru.

Naye, obwesige bukwata ku Katonda n'embalaye. Obwesige kuba kukkiriza mu Katonda atwagala, atakyuuka era omwesigwa. Bwetuyimirira mu bwesige okusiziira ku kwagala kwe, Katonda tagenda kutuleka nga ba mulekwa. Agenda kutuyimiririrawo.
Kyetukkiriza ku mbala ya Katonda kyekizimba obwesige bwaffe, obukakafu era ne nneyisa yaffe gyali.

Tusobola okulowooza kubwesige n'obukakafu mu mbala yomuntu okuyita mu kyokulabirako ekyabuliwo. Teebereza owomukwano nga akusabye akwewoleko ssente era nasuubiza okuzikuddiza. Kisoboka ggwe okumuddamu okusiziira ku kyokkiriza ku mukwano gwo oyo.

- Bw'olaba nga mukwano gwo mulungi mu kulabirira ssente ze era nti mwesigwa, oyinza okusalawo okumuwola ssente. Okusiziira ku kikula kyenneeyisaye ofuna obwesige nti ssente zo zijja kukuddizibwa.
- Naye bwokirabanga mukwano gwo si mulungi mu kulabirira ssente ze era nga bulijjo kyayogera si kyakola, oyinza okusalawo nogaana okumuwola ssente. Okusinziira ku kikula kyenneeyisaye ofuna obutamwesiga nti ssente zo zijja kukuddira.

Tukimanyi nti Katonda mulungi, wakisa, mwenkanya era alina okwagala, kale tusobola okwesiga embalaye ne tuteeka obwesige bwaffe mu ye. Tusobola okumuweereza nga tumanyi nti bulijjo mulungi, wakisa, mwesigwa era alina okwagala. Bwe tuba n'okukkiriza mu Katonda nekyo kyaali, tusobola okumugoberera mu mbeera ennungi n'embi.

**Ebibuuzo: Obwesige kye ki?**

- Obwesige kye kki?
- Olina obwesige mu Katonda? Lwaki oba lwaki nedda?
- Wa ekyokulabirako ddi lwewayolesa obwesige bwo mu Katonda oba mu muntu okuyita mu bikolwabyo era onnyonnyole kyewayigamu.

**Ekyawandiikibwa kya Baibuli**
Abaebbulaniya 11 kyogera ku bantu mu Baibuli abayolesa obwesige. Kino kisobola okutuyamba okutegeera obwesige.

> *[1]Okukkiriza kwe kukakasa nti ebisuubirwa birituukirira, era n'obutabuusabuusa newakubadde nga tebinalabika. [2]Kubanga okukkiriza okwo kwavirako abantu ab'edda okusiimibwa Katonda. [3]Olw'okukkiriza tutegeera ng'ebintu byonna byakolebwa kigambo kya Katonda, era ebirabika kye byava bikolebwa nga biggyibwa mu bitalabika. [4]Olw'okukkiriza Abiri yawa Katonda ssaddaaka esinga obulungi okukira eya Kayini, n'ekimuweesa obutuukirivu, Katonda bwe yakkiriza ebirabo bye, era olw'ekyo newakubadde nga Abiri yafa, naye akyayogera. [5]Olw'okukkiriza, Enoka yatwalibwa nga tayise mu kufa n'atalabika kubanga Katonda yamutwala, kubanga bwe yali nga tannamutwala, Katonda yategeeza nga bwe yamusiima. [6]Era awatali kukkiriza tekiyinzika kusanyusa Katonda, kubanga buli ajja eri Katonda kimugwanira okukkiriza nga Katonda waali, era nga ye mugabi w'empeera eri abo abamunoonya. [7]Olw'okukkiriza Nuuwa, bwe yalabulwa Katonda ku bigambo ebyali bitannalabika, n'atya era mu kukkiriza n'azimba eryato olw'okulokola ennyumba ye, kye yava asalira ensi omusango, n'afuuka omusika w'obutuukirivu obuli mu*

*kukkiriza. [8]Olw'okukkiriza Ibulayimu bwe yayitibwa, n'awulira n'okugenda n'agenda mu kifo*
*kye yali agenda okuweebwa okuba obusika; bw'atyo n'agenda nga tamanyi*
*gy'agenda. [9]Olw'okukkiriza n'abeeranga omugenyi mu nsi eyasuubizibwa, ng'etali yiye,*
*ng'asula mu weema wamu ne Isaaka ne Yakobo, basika banne ab'okusuubizibwa*
*okwo, [10]kubanga yalindirira ekibuga kiri ekirina emisingi, Katonda kye yakuba era kye*
*yazimba. [11]Olw'okukkiriza era ne Saala yennyini n'aweebwa amaanyi okuba olubuto*
*newakubadde nga yali ayitiridde mu myaka, kubanga oyo eyamusuubiza yamulowooza nga*
*mwesigwa: [12]n'olwekyo okuva mu muntu omu eyali Afaanana ng'afudde, mwe mwava*
*abantu abangi ng'emmunyeenye ez'omu ggulu obungi, era ng'omusenyu oguli ku ttale*
*ly'ennyanja ogutabalika.*

*Abaebbulaniya 11:1-12*

Abantu bonna mu byawandiikibwa bya Baebbulaniya bava mu Ndagaano Nkadde. Omuwandiisi yali awandiikira Bayudaaya abaali basobola okutegeera abantu bano bonna. Ffe nga bwetukuze nga tuwulira ebyafaayo byabantubano, tulina okuyiga ebyafaayo era ne byokulabirako bye batuwa.

Obwesige kwe kukkiriza n'okuteeka obukakafu bwaffe mu kyetutalaba. Awatali kukkiriza tekiyinzika kusanyusa Katonda. Abantu nga baana ba Katonda bateekeddwa okutambulira ku ntegeka ddala eyebiragiro abalala kwebatali. Ekyokulabirako singa Katonda agamba nti agenda kugabirira, tuteekwa kukkiriza era ne tukolaokusinziira ku kigambokye. Bwagamba nti agenda kututeekako obukuumi, tuteekeddwa okukkiriza ne tukola okusinziira ku kigambo kye.

Bwe tunokolayo abantu babiri okuva mu byawandiikibwa ebiri waggulu tujja kulaba kiki obwesige kyebutegeeza eri abantu abo ababiri mu Ndagaano Enkadde.

**Ensomesa: Olugero lwa Nuuwa (lusangibwa mu Lubereberye essuula 6-9)**

Abaebbulaniya 11:7 kyogera ku obwesige bwa Nuuwa.

Mu Lubereberye 6:22 kyogera nti, *"Nuuwa yakola buli kintu nga Katonda bwe yamulagira."* Katonda yali agenda kuleeta amataba naye ate Katonda yayagala okulokola abo abaali bamwesiga. Yalagira Nuuwa okuzimba eryato mu kiseera nga amazzi tegannabeerawo! Abantu nebajerega Nuuwa ne balowooza nti aliko akazoole ku mutwe. Oluvannyuma amataba ne gajja era buli omu nattibwa okujjako Nuuwa namaka ge. Obwesige bwa Nuuwa mu Katonda bwalokola obulamu bwe.

Obwesige bwetaaga kuteeka mu bikolwa. Kino kitegeeza nti tulina kukola ekyo Katonda kyatulagira wadde nga tetutegeerera ddala kiki kyatugamba wadde ensonga.

**Ebibuuzo: Olugero lwa Nuuwa**
Soma Lubereberye 6-9 ne Baebbulaniya 11:7 era oddemu ebibuuzo mu katabo ko akokuwandiikamu.

- Nuuwa yalaga atya obwesige bwe mu Katonda era bikolwaki bye yateeka mu nkola olw'obwesige bwe?
- Kiki ekyatuukawo olwobwesige bwa Nuuwa?
- Kiki ekyandibaddewo singa Nuuwa teyalina bwesige?

- Olowooza lwaki Nuuwa yalina obwesige mu Katonda era kiki kyetusobola okuyigira ku kyokulabirako kye?

> *"Nuuwa yalina obwesige obutuukiredde n'obukakafu nti Katonda yali alina entegeka engazi okusinga ye. Nsobola okubeera n'obwesige nga Nuuwa okukkiriza nti Katonda bwandagira okukola ekintu kyonna kye sitegeera nsobola okwesiga enteekateeka ye."* - **Agnes**

**Ensomesa: Ebyafaayo bya Yibulaimu** (bisangibwa mu Lubereberye essuula 12 ne 17)

Abaebbulaniya 11:8-12 kyogera ku bwesige bwa Yibulaimu ne mukaziwe Saala.

Yibulaimu yagambibwa Katonda nti agenda kuzaala omwana ow'obulenzi wadde nga yali mukadde era ne mukazi we nga mugumba. Mukazi we teyakkiriza kino n'akamu, yaseka era naseka bwe yategeezebwa. Katonda n'amugamba nti bazzukulube bagenda kubeera bangi nga emmunyeenye. Yibulaimu yalwanagana n'okukkiriza. Yagezaako n'okukyekolerako kibeewo mu maanyi ge, bwe yebaka n'omukoziwe. Naye, oluvannyuma yamala nakkiriza ku nkomerero. Katonda yawa Yibulaimu ne mukaziwe omwana era natuukiriza kye yabasuubiza.

Yalina obwesige wadde nga yafa nga tannafuna kisuubizo kyonna ekijjuvu. Abazzukulu be baali tebannaba kufuuka nga emmunyeenye ez'omu bbaga. Ebiseera ebimu tulina kulindirira okumala ekiseera kiwanvu nga Katonda tannaddamu ssaala zaffe oba okutuukiriza ebisuubizo bye. Bazzukulu ba Yibulaimu kati be bantu abalina obwesige mu Katonda wa Isiraeli. Katonda yakuuma ebisuubizo bye eri Yibulaimu.

**Ebibuuzo: Ebyafaayo bya Yibulaimu**
Soma Lubereberye 12 ne 17 ne Baebbulaniya 11:8-12 era oddemu ebibuuzo bino mu kataboko akokuwandiikamu.

- Kikolwa ki Yibulaimu kye yakola bwataalina bwesige mu Katonda?
- Kikolwaki Yibulaimu kye yakola bweyalina obwesige mu Katonda?
- Kiki ekyabaawo olwobwesige bwa Yibulaimu?
- Lwaki olowooza Yibulaimu yalina obwesige mu Katonda era kiki kyetuyinza okuyigira ku kyokulabirako kye?

**Ensomesa: Yimirira nga onywedde mu bwesige**
Wadde nga abantu b'amusekerera, Nuuwa bulijjo yabanga n'okukkiriza nga yesiga Katonda. Obulamu bwe n'obulamu bw'abantu b'omu maka ge bwalokolebwa! Yatuuka okulaba nga Katonda atuukiriza ebisuubizobye.

Ssaala yasekerera Yibulaimu era ne Yibulaimu bulijjo teyabanga na bwesige, yakikaka mu maanyi ge kibeerewo. Naye ku nkomerero yakkiriza n'afuna omwana. Yatuuka okulaba ekisuubizo kya Katonda ekyokumuwa omwana ye ne Ssaala nga kituukirira, naye teyasobola kutuuka ku kisuubizo mu bujjuvu bwakyo kyonna ekiramba nti aliba nabazzukulu abenkana nga emmunyeenye zokuggulu. Kino kyali kirina bubaawo nga emyaka mingi gisussewo ku gy'okubeerawo kwa Yibulaimu ku nsi.

Ebiseera ebimu abantu bagenda kutusekerera.

Ebiseera ebimu tugenda kwewulira nga abatalina bwesige.
Ebiseera ebimu tetugenda kulaba buli kintu Katonda kye yatusuubiza.

Naye era nga Nuuwa ne Yibulaimu, tusobola okubeera n'obwesige nga bo kubanga tuweereza Katonda y'omu!

**Ekyokukola: Obwesige obwagalira ki?**
Nga tutandika okutambuza Ekibiina ky'Obulamu kikulu ffe okuteeka obwesige bwaffe mu Katonda.

Kiki ggwe kyeweetaaga okukkiriza era n'okubeera n'obwesige mu Katonda? Jjukira nti Katonda asobola ebitasoboka! Mu katabo ko, wandiika olukalala lw'ebintu eby'enkalakkalira mu bulamu bwo ne mu kyaalo kyo, ekyokulabirako omuntu okubeera nga awonyezebwa, oba okugabirirwa, oba omuntu okumanya Yesu. Wandiika olukalala nga bwoyagala!

Waliwo embeera ey'enkalakkalira mu kitundu kyo gy'olaba nga enkonge eri Ekibiina ky'Obulamu okutuuka okukkirizibwa? Waliwo ekisoomooza ekikosa ekitundu kyo nga kireeta obuzibu eri abantu?

Waliwo abantu abalina ebizibu era n'okubonaabona mu ngeri emu oba endala?

Kitwala bwesige okusabira embeera era n'abantu, naddala bw'oba nga tolaba bintu nga bikyuukako. Okubeerawo olw'obwesige waliwo bye tuteekwa okukola mu bulamu bwaffe ne mu kitundu nga twesigamye ku kukkiriza engeri Katonda gyaali omulungi!

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Mukole omulimu guno wamu nga ekibiina, nga mugabana embeera n'abantu be mwagala okusabira. Mweweeyo okuyimirira mu bwesige wamu era musabire bulijjo ebintu bye muwandiise.

*"Nali sikkiriza nti ekyaalo kyaffe kirikyuuka, nalowoozanga nti lubeerera munabeerangamu bantu ababonaabona, abalwadde era n'abakadde. Saalina bwesige okukkiriza nti Katonda asobola okukyuusa embeera eyo. Okutuusa lwe nategeera nti obwesige tebuva mu nze oba mu kyaalo kyange, naye buva eri Katonda n'ekyo ky'ayinza okukola! Ayagala ekyaalo kyange era ayaayanira okuyamba abantu baamu. Kale natandika okusabira ebintu bye nalowoozanga nti tebisoboka – era Katonda yanziramu! Yawonya omunakyaalo era nateekawo engeri yamakanisa okukolera awamu. Katonda awuliriza buli ssaala, ayinza obutagiddiramu awo mbagirawo naye nzikiriza nti akola ebiseera byonna."* - ***Mutambo***

**Ebyafaayo: Owoluganda Andrew**
"Mutabani w'omusazi w'ebyuuma, Owoluganda Andrew teyamaliriza na bibiina bya haaya. Naye Katonda yakozesa omusajja ono owabulijjo Omudaaki, eyalina omugongo omulwadde, ow'obuyigire obutono, nga talina bugabirizi bwa ssente za kusoma era nga talina na nsimbi kukola bintu abangi bye bagambanga nti tebisoboka. Okuva e Yugoslavia okutuuka Ebukiikakkono we Korea, Owoluganda Andrew yayingira amawanga nga tasalikako musale mu kutwala enjiri nga

atwala ebitabo bya Baibuli era n’okuzzaamu amaanyi mu bakkiriza. Ebiseera bingi yeteekanga mu mbeera ez’akatyabaga n’emitawaana ku lwa balala.

Ekyokulabirako kyekyamagero kyobugabirizi bwa Katonda kyaali mu kiseera Andrew we yeetaagira okusasulira viza ye. Andrew bwe yakyaaza omugenyi olunaku olwakeesa olwo lweyayagalirako okuweereza ebbaluwa ye esaba viza, yalina obukakafu nti omugenyi ono yali azze kumuleetera ssente asasulire viza eyo. Naye omugenyi yali Richard, omusajja Andrew gwe yali yasisinkana mu bifo ebyebbali wekibuga Glasgow ebyaali ebyaavu. Richard yali tazze kugaba wabula okusabiriza. Andrew annyonnyola nti teyalina ssente okusobola okuwa Richard, naye nga bwayogera, Andrew yalaba ekinusu ku ttaka. Ekinusu kino kyaali kiweza omuwendo gwennyini Andrew gwe yali yeetaaga okusasulira viza ye nga asobola okusigala mussomero lya Baibuli. Mu kifo ky’okweterekera ekinusu kino, Andrew yakigabira Richard. Andrew yali akoze kyeyali amanyi nti kye kyaali ekituufu, naye Katonda yali agenda kugabirira atya? Nga wayiseewoko obudakiika, Andrew yafuna ebbaluwa era muyo mwalimu ebinusu 30! Katonda yali agabiridde mu ngeri Ye, eyekyamagero.

Mu myaka egyaddirira, Andrew yewaayo obulamu bwe ku lw’ebyetaago by’ekkanisa mu nsi zabakozesa ebintu mu lukale nga tewali akkirizibwa kubeera na kintu kye yekka. [Mu nsi ezo, Baibuli tezikkirizibwa kutundibwayo, okukubibwa, wadde okusomebwa. Gavumenti yawakanyanga Abakristaayo n’Amakanisa, nga esiba abasumba mu makomera era n’okuzibuwaza obulamu bw’abasajja n’abakazi aba bulijjo].

Katonda yagabirira Andrew ne motoka empya eyekika kyaVolkswagen Beetle era Ow’oluganda Andrew yakukusanga ebitabo bya Baibuli n’ebiwandiiko eby’emisomo eby’omwoyo nga abiyingiza mu mawanga agaalimu obwetaavu. Mu kukola yekka emyaka egyasooka, Andrew yakola obutakoowa mu kugabirira amakanisa mu mawanga ago. Andrew bwe yamala nga olutambula luno nga addayo e Holland gyeyagabaniranga nebanne byayiseemu ate natanula okukwata olugendo olulala mu nsi endala. Buli lugendo lwabanga lujjudde eby’okulojja engeri Katonda gye yali agabiridde mu ngeri yekyamagero nga amulungamya eri abakkiriza abatya Katonda.”[11]



**Ensomesa: Entandikwa Entono**
Ekirabo ky’obwesige kya mwoyo. Yakobo 1:6 kigamba nti bwetusaba, kitugwanira okukkiriza nga tetubuusabuusa. Tusobola okusaba ennyongeza y’obwesige nga tumanyi nti Katonda agenda kutwongera!

Yesu yagamba nti twetaaga kuba na kukkiriza okwenkana nga ensigo ya kaladaali okusiguukulula ensozi. Kino yakyogera kubanga ensigo ya kaladaali ye yali ensigo esinga obutono, naye bweyameranga yafuukangamu omuti nga egimu kwegyo egisinga okuba eminene! Wali okutteko ensigo mu galo zo? Eba ntono nnyo, wewaawo? Ntono nnyo kyenkana neba nga eteriiwo nga nzibu ya kulaba. Naye ate bw’ogisimba, n’ogirabirira bulungi, ekula n’ekula n’ekula! Katonda agamba nti eringa obwesige bwaffe. Singa tuba n’obwesige bwa kufuna buntu obutono, awo nno ddamu amaanyi era nga bw’okkiriza Katonda olwobuntu obutono obwesige bwo bugenda kukula. Era olisobola okubeera n’obwesige obw’okufuna ebintu ebinene.

Omwana omutono asobola okukula nafuuka omuntu omunene era ow’amaanyi.
Akawuka akatono ennyo kasobola okuzikiriza ebimera mu ngeri embi ennyo.
Ettofaali ettono lisobola okumaliriza ennyumba ennene.

[11]Wortes, David N. (10 Mukutulansanja 2012), *Brother Andrew Biography*. Nga okafunye 28 Kafuumuulampawu 2020. Olinako awo: https://www.inspirationalchristians.org/evangelists/brother-andrew-biography/

Obuntu obutono bukulu era busobola okuleetawo enjawulo ey’amaanyi!

Akasigo ka kaladaali bwe kaba kakulidde ddala kasobola okusuula ensigo zaako era bweziba zisimbiddwa nazo zigenda kukula zifuukemu emiti eminene! Katonda agenda kukukozesa okusimba ensigo z’obwesige mu bantu abalala era obayambe nabo okukula. Teebereza singa ekyo okikolera omuntu omu okukkirizakwe nekukula. Era mwembi ne mukikolera abantu abalala babiri era bwe bamala okukula nabo nebasimba ensigo endala mu bantu abalala. Era ekintu ekyo nekigenda nga kyeyongerayongera. Enjawulo yenkana etya egenda okubeerawo? Abantu bangi nnyo mu kyaalo kyammwe bandibadde n’obwesige mu Yesu ne Katonda naakola ebyewuunyisa!



**Ebyafaayo by’Ekibiina ky’Obulamu**
Frank ne Geoffrey*bombi babeera mu Kapwila, ekifo ekisangibwa 20km mu bukiikakkono bwa Nakonde, okuliraana ensalo ya Tanzania.

Bombi Frank ne Geoffrey balimi ba mukyaalo abaawulira ku kibiina kya Dignity okuyitira ku mukwano gwe owe Nakonde. Mukwano gwabwe yabagamba nti bagenda okusuubizibwa ebintu bingi wadde emisaala, naye baalina okubuusabuusa.

Ekibinja ky’abantu okuva mu kitundu ne kisaba Frank ne Geoffrey okugenda okuzuula amazima nga batuula nabakozi ba Dignity abaali bagenda okukyaalira Nakonde. Wadde baalina okubuusabuusa, Frank ne Geoffery baasisinkana ekibinja kya Dignity era beewuunya okuwulira obubaka bwebaali bagabana. Tebwali kiki Dignity kyesobola okubawa wadde emisaala – mukwano gwabwe nga bwe yali abalimbye. Naye baawulira nti baali tebeetaaga kubeerawo kwa wamukwano owamaanyi oba omugabirizi alabibwako; baalina bo bennyini, enkolagana zebaalina, ebyokukozesa byabwe nemikono gyabwe. Naye ekikulu ddala: baalina Katonda. Mukuwuliriza ennyo Frank ne Geoffrey batandika okutegeera nti kino kyaali kimala bumazi! Bwe baddayo ku kyaalo kyabwe, baali basanyufu bya nsusso okugabana nti waliwo omuntu eyabakkiririzamu n’obusobozi Katonda bwe yabawa okuba nga beezuulira obulamu bo bennyini.

Frank ne Geoffrey baddayo ewabwe ne bagabana bye baali bayize wamu n’abo abaali babasindise era baali basobola okunnyonnyola ekyo kye baali bayize eri buli omu mu kitundu kyabwe. Baagabana enzikiriza nti abo ab’amanyi Katonda mu kitundu basobola okugatta ebitundu by’ebyaalo, ne basomesa okubeera **n’obwesige** era n’okutandika okukolera awamu okusalira ekyaalo amagezi kyefunire obulamu.

Kaakati mu kyaalo kyabwe mulimu Ebibiina by’Obulamu bisatu ebiyiga ku Yesu n’okukolera awamu kulwe kitundu. Katonda atadde obulamu n’okukyuusibwa wakati mu mutima gw’ekitundu omwo mwennyini, okuyitira mu batuuze baamu.

** Amannya gakyuusibwa olwa twekisize*



*“Oluvannyuma lw’okusisinkana Dignity mu lukungaana lwakyo nawulira nga Katonda anngamba okutandika Ekibiina ky’Obulamu, naye nalowooza nti nali netaaga ssente, emmere n’amaka amanene okusobola okwaniriza buli omu. Bwe nasoma ku Nuuwa era nti yalina obwesige mu Katonda okusobola okukola byonna Mukama bye yali amulagidde okukola – nawulira nga Katonda ayogera nange! Nayagala okukola ekyo Katonda kye yali angambye okukola wadde nga nali sinnategeerera ddala. Nakizuula nti nali netaaga kubeera*

*na bwesige mu Katonda okutandika Ekibiina ky'Obulamu, nali seetaaga ssente, mmere wadde amaka amanene!" -* ***Agnes***

**Ebibuuzo: Ebyafaayo by'Ekibiina ky'Obulamu**

- Kiki Frank ne Geoffrey kye baali beetaaga okusobola okuteekawo enjawulo mu kyaalo kyabwe?
- Baali beetaaga ebintu ebirabika nga binene (nga omusaala) oba baalina bwesige nti Katonda agenda kukozesa ebyo bye baalina ebyalabika nga ebitono (nga enkolagana n'abantu)?
- Frank ne Geoffrey baalaga batya obwesige bwabwe mu Katonda era kikolwa ki kyeyakola olw'obwesige bwabwe?
- Oluvannyuma kiki ekyabaawo nga Frank ne Geoffrey bamaze okubaako kye bakola?
- Olowooza ebikolwa byabwe kiki kyebyalina okukola kubwesige bwa bantu abalala?

**Ensomesa: Mu bufunze**
Mu ssomo lino tutunuulidde ebyokulabirako bingi eby'abantu abaalina obwesige. Nuuwa ne Yibulaimu baalina obwesige. Owoluganda Andrew yalina obwesige. Frank ne Geoffrey baalina obwesige.

Olwokubanga baalina enkolagana ne Katonda, baali bamanyi embala ya Katonda, ne bakkiriza nti mwesigwa. Baawulira eddoboozi lye, baamanya nti tagenda kubavaamu, baali balabye Katonda nga akola ebintu ebyewuunyisa emabegako nebafuna obwesige nti agenda kuddamu akikole. Bonna ne babaako kye baakola nga besigamye ku ekyo kye bakkiriza ku Katonda.

Obwesige kiba kirabo ekiva eri Katonda era ekirabo kino eky'obwesige kisobola okukula oluvannyuma lw'ekiseera. Tutandika okwesiga Katonda olw'ebintu ebitono era bwe tumulaba nga agabirira ne kiyimusa obwesige bwaffe okukkiriza nti asobola okukola ebinene okusingirawo ddala. Obwesige bwaffe bukula nga tulina kyetukola netulyooka tulaba Katonda nga abituukiriza.

**Ebibuuzo: Mu bufunze**

- Kiki ekikuzzizzaamu amaanyi ku byafaayo by'abantu bano abenjawulo?
- Olina obwesige n'obukakafu mu Katonda olwekikulakye? Lwaki oba lwaki nedda?
- Kukkiriza kwa ngeri ki kwewandyagadde okubeera nakwo era bikolwa ki byoyinza okutwala okusobola okutandika okukuteeka mu nkola?

**Saba**
Tunulako emabega ku lukalala olwembeera ez'enkalakkalira eziri mu kyaalo kyo z'oyagala Katonda akyuuse. Saba nti Katonda akuwe ekirabo ky'obwesige era otandike okukkiriza Katonda okukwongerako obwesige okusinga bw'obadde na bwo. Sabira olukalala lwo olw'embeera. Saba Katonda akole mu mbeera zino era n'okusiga ensigo z'obwesige mu bantu abalala ezisobola okukula nga zigenda zeyongera!

**Eky'okulola wiiki eno: Mukungaane wamu mwesabire okuba n'okukkiriza**
Mweyongere okukungaana nga Ekibiina ky'Obulamu mu kifo kye kimu, olunaku ne ssaawa.

Wiiki Eno kola entekateeka eyo'kusisikanako n'abantu bekibiina ky'oburamu abatanotono musobole okukubaganya ebirowozo ku soomo lino eryokukkiriza. Gabana nyabo lino era nyabo obabuuze bye wawandiika mu ssomo lino era nyabo obabuuze byakusabiraki byebayinza okugattako. Oba olyawo nga wandibaawo abantu abenkalakkalira oba embeera mu kyalo Kyo ggwe oba ekibiina Kyo ekyobulamu byekiyinza okukkiriza nti bisibola okukukyusibwa.

Musabire wamu Katonda asobole okugaziya okukkiriza kwammwe, eramusabore na kubuli mbeera zino. Ekyokulabirko, wayinza okubaawo abantu balujuuju mu kyaalokyo mu sabire era mwesabire okuba n'okukkiriza okulaba nga enkyukakyuka ebeerawo. Wayinza okubaawo abantu abayala mukyalokyo abeetaga okuliisibwa mubasabire - era nokufuna okukukkiza okutwala eddala mu kukola enteeka yokubaliisa.

**Baako by’owandiika**

- Wakungaanako n’abantu b’Ekibiina ky’Obulamu okusabira obwesige? Ekibiina kyalaba nga enkola eyo eyamba? Lwaki?
- Olina eby’okuddamu by’ofunye eri essaala zino?
- Olina omukisa gw’ozudde nga guyinza okubeera ekitundu kukuddamu essaala zino?

**Eby’okukola Ebirala**

Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by’oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw’owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky’okulondako 1:** Tunuulira olukalala lw’essaala zo, londako bbiri oba ssatu era ozisabire. Ate oziwandiike ku lupapula era olupapula olwo olukweke awantu awali obukuumi nga olirukeberako nga wayiseewo omwaka. Kirikuzzaamu amaanyi okulabanga Katonda yakuddamu mu mwaka ogwo!

**Eky’okuddamu 2:** Funayo ensigo, ogitunuulire olabe obutono bwayo era olowooze kiki kyeyina okufuuka nga ekuze. Ensigo gisimbe era ogirabirire, ogitunuulire nga ekula okumala ekiseera. Bwe tusimba ekintu tukkiriza nti waliwo ekigenda okubaawo era netufuna obwesige nti ekimera kigenda kukula nga kiva mu yo. Buli lw’ogitunuulira wejjukize nti tusobola okufuna obwesige mu Katonda obwenkana n’akasigo akatono naye Katonda agenda kutuyamba okukula nga tweyongera mu kukkiriza.

**Eky’okuddamu 3:** Yoswa bweyakulembera aba Yisilayiri okusomoka Omugga Yoludaani, mu Yoswa3, yagamba abasajja kkumi nababiri okutoola amayinja mu nnyanja bagateeke entuumo ey’ekijjukizo. Eno yali ngeri ya kujjukira Katonda bwe yali abaleese nga bayisa mu Mugga Yoludaani era entuumo eyo yali yakufuuka kijjukizo eri emirembe egiriddako egy’obwesigwa bwa Katonda. Kikulu okujjukira ebiseera Katonda byagenze nga addamu essaala zaffe. Jjukira ebiseera ebimu Katonda azzeemu essaala zo, buli kiseera kyojjukira ekimu kubiseera bino londayo akayinja akatono era okateeke waggulu ku ddirisalyo. Ogenda tutuuma entuumo entonotono egenda okukujjukiza obwesigwa bwa Katonda kikuyambe okuzimba obwesige bwo ku lwebiseera ebyomumaaso.

# 10



## Mu bufunze – Ngizemunki?

**Era nkakasiza ddala ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo.**
Abafiripi 1:6

**Ekigendererwa**
Kaakati omalirizza ***Olugendo lwomukyaalo***. Twagala kati okukuwa ekiseera ky'okulowooza ku kyoyize era nekyogenda okuzzaako.

**Essomo lino weriggwerako ogenda kuba nga:**

- Ojjukidde kiki ekibadde kikuyamba oba ekitakuyambye gyovudde.
- Ojjukidde by'oyize mu ***Lugendo Lwomukyaalo*** na kiki ekisinze okukuyamba
- Oyize bwe kiri ekikulu okulemerako n'ototerebuka

**Okutunulako Emabega**
Ku ntandikwa ya buli ssomo twagala okukuzzaamu amaanyi okutunula emabega ku ssomo eriba lisembyeyo olowooze ku by'okoze era n'ebyo Katonda byakuyigirizza**.**

- Kiki kye wayiga mu ssomo eryayita ku kubeera n'obwesige?
- Wasisinkanako n'abantu abaasooka mu Kibiina kyo eky'Obulamu okukola olukalala lw'ebintu byemweetaaga okufuna obwesige ku lwabyo? Olina essaala zo eziddiddwamu wiiki eno?
- Wagabanako n'omuntu yenna ku byewayiga wiiki eno?

**Ebyafaayo: Olugendo**

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Yaniriza nakyeewa okuzannya ekifo ky a Mulubwa. Mukwase ebintu bingi okusitula nga agenda mu lugendo lwe. Yaniriza n'abantu abalala okumuwa ebintu ebirala ebyokusitula mu lugendolwe. Musabe agezeeko okutambula nga yeetooloola mu kisenge kyemulimu nga asitudde ebyo byemumuwadde!

Mulubwa yatandikako olugendo lwe nga ayingira ensiko. Yali amaze wiiki nnamba nga apakira. Yali apakidde nga apakidde nga apakidde nate. Yayagala okukakasa nti buli kyeyali yeetaaga mu lugendo lwe yali akirina. Nasalawo okupakira buli kintu ekyaali mu nju ye egende!

Yatandika okutambula nga yebagadde ensawo ku mugongo gwe n'obulobo bubiri mu ngaloze.

Oluvannyuma lwe nnaku ennyingi, Mulubwa yali talinako wey'atuuse mu lugendo lwe! Anti nga buli kintu kye yapakira kizitowa bulala nga kyayinza okukola kwe kutambula empolampola.

Naye era yasigala nga egenda yerondalonda nga akungaanya ebintu byalowooza nti bigenda ku muyamba.

Kati Mulubwa nga alina ensawo ku mugongo gwe, ekisero ku mutwe, obulobo busatu mu ngalo ze n'embuzi nga egenda emugoberera emabegawe.

Era n'asigala nga asolooza ebintuntu bingi, nga ayagala kwekakasa nti yeeteeseteese okwanganga ekintu kyonna ekiyinza okubaawo nga ali mu nsiko!

Mulubwa naweza ensawo bbiri ku mugongo gwe, ekisero ku mutwe gwe, obulobo busatu mu ngalo ze, ebikebe bisatu eby'omubisi gw'enjuki n'amazzi ne mbuzi ne nkoko nga bimugoberera.

Kati Mulubwa weyali atuuse nga asooba busoobi!

Yakizuula nti buli muntu eyamuvangako emabega yamuyisanga buyisa. N'alaba abantu abaalina obuntu obutono nga batambula mangu ku misinde egisinga ku gigye.

Bwe yali yakeyongerayo katono nasisinkana mutambuze munne eyalina obumanyirivu obusingako ku bubwe ng'amaze mu nsiko ekiseera kiwanvu. Nebamala ekiro kyonna nga bali wamu omusajja n'abuuza Mulubwa ensonga eyali emutambuza nga yebagadde entwala y'ebintu ebyo byonna. Mulubwa n'alaga omusajja ebintu bye yatandika olugendo nabyo era n'ebintu bye yali asoloozezza nga atandise okutambula. Ebintu ebimu byakozesebwa bulungi kubanga yabisanga nga bya mugaso. Ebintu ebimu tebyaali bya mugaso era Mulubwa nga tabyetaaga! Omusajja n'amugamba nti teweetaaga bintu bingi mu lugendo lwo wabula yetaaga bintu bitono ddala, obuzito bwonna bwali bumulemesa okwanguwa. Omusajja n'amulonderako ebyo ebyaali bisinga okuba ebyomugaso.

Oluvannyuma nga wayiseewo ennaku Mulubwa yayimirirako awali akawolereze nasalawo okupakulula ebisawo bye, nalaba nga tasobola kweyongera kugenda mu maaso na bintu bino byonna! Kati nga yalina kusalawo okubaako kyakola – kwekulondako biki byalina okugenda nabyo? Na biki bye yalina okuleka? Era na biki ebipya bye yalina okwongera ku biri bye yali asazeewo okutambula nabyo?

**Ensomesa: Olugendo lwo**
Otandise olugendo lwo mu kutambula nga ogoberera Katonda okusobola okulaba enkyuukakyuuka mu kitundu kyo!

Era nga olugendo olulala lwonna, tufuna ekisawo netupakira buli kyetwetaaga mu lugendo n'obwegendereza. Tetumala gapakira buli kintu ne kyetuteetaaga. Tuyinza n'okutunula mu kisawo netusosolamu ebintu ebimu byetuteetaaga.

Tuyinza okuba nga twazingiramu ebintu ebyatukosa mu bisawo byaffe, oba embeera oba ekirowoozo ekyamaliriza nga kitumazeemu amaanyi. Oba oli awo nga twategeera bubi ebintu ebimu ebikwata ku Katonda. Era nga Mulubwa, oba oli awo nga watandika omusomo gw'akatabo kano n'ebirowoozo ebitakuyamba ngeri gyoyinza okukolamu ebintu wamu ne Katonda n'engeri y'okuleetawo enjawulo mu kyaalo kyo. Twetaaga okupakulula ebirowoozo bino byonna n'embeera ze wayitamu kubanga bigenda kututambuza mpola nnyo bwetunaasigala nga tubyetisse.

Waliwo n'ebiteeso wamu n'ebirowoozo ebituyamba mu lugendo. Bituyamba okutambula nga twanguwako. Tuwandiise Olugendo okuKUwa amakubo ag'okukola enjawulo ENNENE. Teweetaaga biteeso byawaggulu nnyo oba ennyinyonnyola. Weetaaga kutambulira mu makubo Katonda yennyini g'akutemedde. Waliwo ebiteeso bye twagala okukakasa nti tukuuma.

Kaakati olina okusalawo kw'oteekwa okukola. Okuva mu by'oyize mu ***Lugendo Lwomukyaalo*,** biteeso ki era na birowoozoki by'olina okutwala mu lugendo lwo? Biteeso ki era birowoozo ki by'olina okwejjako?

*“Nawulira era nga omusajja oli owomu lugero nga netisse ebisawo ebinene. Nali nga nkola nnyo ku kkanisa ne mpulira omugugu okukola kino na kiri okusobola okubeera Omukristaayo era n’okutambulanga Omukristaayo. Naye olugero luno lwannyamba okutegeera nti kintu kyangu. Njagala okugoberera Katonda n’okumubuuza kiki kyayagala nkole, kale ne ntwala nga buli lunaku ekiseera okumubuuza andage kiki kyayagala nkole. Olumu kwali kuyamba muliraanwa, olulala kwali kusabira mukwano gwange eyali omulwadde, olulala kwali kubuulira bantu ebinkwatako engeri gye nasisinkanamu Yesu.”* - ***Asisi***

**Ekyokukola: Osituddde Biki?**
Twala eddakiika 20 nga oddamu ebibuuzo bino mu katabo ko akokuwandiikamu.

- Biteeso ki era birowoozo ki by'ogenda okwetikka mu lugendo lwo?
- Biteeso ki era birowoozo ki byogenda okwejjako?

Bw’oba oddamu ebibuuzo bino, lowooza n’obwegendereza ku bintu bino wammanga:

- Katonda afaanana atya?
- Katonda akola atya mu kyaalo kyo?
- Abantu abalala obalaba otya? Ba muwendo oba omala gabalaba mu luguudo?
- Obulamu bw’otambuliramu bukuzzabuzza mabega?
- Engeri gyewategeeramu kkanisa ekuyambye oba ekukugidde ggwe ne kyaalo kyo?
- Ozziddwamu maanyi oba gakuweddemu buggwi mu mirimu oba ebiteeso byogezezzaako gyebuvuddeko?
- Abalala bye bagenze bakwogerako byakukosa oba ggwe wakosa omuntu n’ebyo byewayogera?
- Waliwo embeera eyali ebaddewo nga yakukuteekako bulumi mu bulamu bwo era nga okyawulira obulumi obwo?

**Bw’oba nga osomera mu kibinja**
Buli omu mugambe awandiike ebyokuddamu bye eri ebibuuzo bino, olwo buli omu agabaneko ne banne mu bubinja.

**Ensomesa: Okutunulako emabega**
Buno bufunze bwa bintu ebikulubyetuyize mu***Lugendo Lwomukyaalo.***

**Essomo 1: Emiti Egyamaanyi egy’Obutuukirivu era Essomo 2: Olugendo lwa Dignity**
Abantu ba Katonda balinga **Miti Egyamaanyi egy’Obutuukirivu,** baleeta ekisiikirize n’obuddukiro eri abalala. Ggwe oli Muti gw’amaanyi era olina omulimu omukulu gw’olina okukola mu kyaalo kyo okutabaganya abantu n’okufuula abalala emiti egy’amaanyi! **Abantu ba bulijjo basobola okukola ebintu ebyekitalo ku lwa Yesu!** Osobola okubaako ekintu ekipya ky’otandika mu kyaalo kyo n’oyamba abalala okukolera awamu.

**Essomo 3: Enjiri kye kki? n’Essomo 7 okugabana Okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe**
Enjiri ge mawulire amalungi nti Katonda yatwagala nnyo natutumira n’Omwana we atwale ekibonerezo kyaffe ekyobutabeera mu bulamu bwa Katonda. Tusobola okwetwalira ekisonyiwo

kino ne tusumululwa mu kibonerezo, netweweerayo ddala eri Katonda netutandika okutambulira mu kkubo lye okutandika n'olwa leero. Bwetusalawo bwetuti, tutuukirira mu maaso ga Katonda era tusobola okugenda mu byaalo byaffe ne mu bitundu byaffe ne mu nsi yonna naffe ne tutereeza ebyakyaama! **Tusobola okugabana obubaka, amazima n'okwagala okuli mu njiri eri abalala nga tukozesa ebigambo byaffe n'ebikolwa. Kino kiyamba abalala okuzuula obulamu mu Yesu,** kikyuusa ebitundu n'ekisobozesa n'abalala bangi okuwulira enjiri ne basisinkana Yesu.

**Essomo 4: Obulamu buyitira mu maka n'Essomo 5: Buli omu alina Ekifo**
Katonda atwaniriza mu maka ge! Amaka gakolera wamu, gakolera mu kugabanyizibwa kwago, gatunuulira ebyo ebigagatta ne gaaniriza abantu abalala okwegatta nago. **Buli omu ali mu maka alina ekyokukola,** buli muntu alina omulimugw'alina okukola okusobola okugasa buli agalimu era naawe osobola okubeera omuntu oyo okusobola okuyamba abantu okutegeera kino. **Katonda yayita buli muntu okubeera ekitundu ky'amaka ge** era buli omu gw'ayita yegatta ku munne n'ebafuuka amaka ga Katonda okugendera awamumu kyaalo kyabwe okukiraga okwagala nga bali wamu.

**Essomo 6: Okuddukanya Obubinja Obutono nga bwa Maanyi**
Ebibiina by'Obulamu bikulu nnyo eri Katonda mu kukola mu kyaalo kyo, bireeta abantu awamu nebireeta enjiri ennamu! Akabinja akatono mu kyaalo kyo kyakulabirako kya mu baibuli: **Ekibiina ky'Obulamu, nga buli omu asobola okukyetabamu, nga bakungaanye, mukuyiga, nga kyaaniriza, nga kiyamba abalala n'okuteeka obwesige mu bikolwa!**

**Essomo 8: Okusabira abantu**
Essaala zikulukuta nga ziva mu nkolagana yaffe ne Katonda. Essaala ye ngeri gyetuyigiramu okuwuliriza, okukola era n'okutambulira mu Mwoyo wa Katonda. **Bwetusaba n'abalala tuzimbagana mu kukkiriza,** tuwuliriza Katonda ku lwa balala ne ku lwe kitundu kyaffe, ne tulaba engeri Omwoyo wa Katonda bwakola mu kyaalo kyaffe.

**Essomo 9: Beera n'Okukkiriza**
Okukkiriza bwe bwesige obutuukiridde n'obukakafu mu Katonda. Tusobola okubeera n'obwesige kubanga tulina enkolagana ne Katonda, tumanyi embala ye era tumanyi nti tayinza kutwabulira. **Ekibiina ky'Obulamu kiyamba abantu okuteeka okukkiriza kwabwe mu bikolwa nga beegasse!**



*"Ekintu ekyasinga okunkolera amakulu mu LugendoLwomukyaalo kyali nti Katonda yali anjagaliza kubeera muti ogw'amaanyi n'okufuula abalala emiti egy'amaanyi! Nali sirowoozangako nti nsobola okubaako ekintu ekipya kyentandikawo oba kyenkola nga sikya bulijjo, naye kino kyampa obukakafu okukikola! Era kati ntendeka abalala okubeera emiti egy'amaanyi n'okutandika ebintu ebipya mu byaalo ebirala kale tusobola okusaasaanya okwagala kwa Yesu n'obubaka bwe buli wantu!" –* ***Mutambo***



**Ekyokukola: Biteeso ki okuva mu *Lugendo Lwomukyaalo* by'ogenda okusitula mu lugendo lwo**
Twala eddakiika 20 nga oddamu ebibuuzo bino wammanga mu katabo ko akokuwandiikamu. Soma mu buli ssomo nate mu kitabo kino okukuyamba okujjukira.

- Ssomo ki erisinga okukukolera amakulu? Lwaki?
- Ssomo ki eryakwewuunyisa ennyo? Lwaki?
- Ssomo ki erigenda okukubeerera eryangu okuteeka mu nkola mu kyaalo kyo? Lwaki?

- Ssomo ki erigenda okukuzibuwalira okuteeka mu nkola mu kyaalo kyo? Lwaki?
- Ssomo ki ly'olowooza nga ligenda kukola enjawulo esinga okuba ey'amaanyi mukyaalo kyo? Lwaki?
- Bintu ki ebisinga obukulu by'oyize mu ***Lugendo Lwomukyaalo***byotoyagala kwerabira? Lwaki?

**Bw'oba nga osomera mu kibinja**
Gamba buli muntu awandiike ekyokuddamukye eri ebibuuzo mu kyokukola kino, olwo balyoke bagabane mu bubinja obutonotono.

**Ensomesa: Toterebukanga!**
Mu ntandikwa y'olugendo olupya tusobola okuba nga tujjudde essanyu, okwesunga n'obwesige. Waliwo ebiseera bingi mu maaso ebigenda okukwewunyisa – nga olaba enkolagana z'abantu nga zirongooka, ng'olaba abantu balokoka, ng'olaba abalwadde bawonyezebwa, okuyamba ababonaabona, okuzimba obumu wakati wamakanisa, nga olaba ekyaalo kifuuka ekirimu okwagala. Katonda agenda kukola ebintu ebyewuunyisa nga akozesa ggwe n'Ekibiina kyo Eky'Obulamu!

Naye, era nga bwekiba mu buli lugendo, ebintu byonna tebigenda kuba byangu era wagenda kubeerawo ebisoomooza mu maaso eyo. Mu biseera ebyo ogenda kwetaaga okusitula obugumiikiriza.

Wano wammanga Pawulo yawandiika olunyiriri mu bbaluwa y'aBassessaloniika nga abazzaamu amaanyi obutaterebukanga naye babeere nga bazzibwamu amaanyi mu bwesige, okwagala nessuubi.

> *nga tujjukira bulijjo mu maaso ga Katonda, omulimu gwammwe ogw'okukkiriza, n'okufuba okw'okwagala, n'okugumiikiriza okw'essuubi lyammwe mu Mukama waffe Yesu Kristo.*
> *1 Abasessaloniika 1:3*

Tusobola okugumiikiriza n'okulemerako kubanga tulina essuubi mu Mukama Yesu Kristo. Buli kintu tekyesigamye ku ffe. Obugumiikiriza butegeeza butaggwamu maanyi naye kusigala nga ogenda mu maaso mu buli mbeera.

Wagenda kubeerawo ebiseera okugoberera Katonda lwekulibeera okuzibu era n'ekikemo kiribeera kubivaako, naye Katonda atulagira kweyongera kugenda mu maaso, agenda kutugumya mu kukkiriza era tugenda kulaba ebyewuunyisa!

Wano waliwo ebintu bisatu okujjukira tusobole okuyambibwa mu kugumiikiriza:

**1. Katonda agenda kumaliriza omulimu gwe yatandika**

> *[3]Nneebaza Katonda wange buli lwe mbajjukira, [4]buli lwe mbasabira mwenna nsaba nga nzijudde essanyu, [5]olw'okuba nga okuviira ddala ku lubereberye n'okutuusa kaakano muli wamu nange mu mulimu ogw'okubunya Enjiri. [6]Era nkakasiza ddala ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo.*
> *Abafiripi 1:3-6*

Katonda yatandika ekintu ekipya mu bulamu bwo, mu ***Lugendo Lwomukyaalo***Katonda agenda kuba nga ayogera gyoli kubintu ebipya byakulagira okukola. Asuubiza nti agenda kutuukiriza omulimu gwe yatandika era osaana okubeera ekitundu ku gwo. Katonda taterebuka mu ebyo ebikwata ku ffe n'abantu be!

**2. Temulekanga kukungana wamu**

> *[23]Tunyweze okwatulanga essuubi lyaffe obutasagaasagana; kubanga eyasuubiza mwesigwa, [24]era tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi; [25]obutalekanga kukuŋŋaana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira, era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwe mulaba Olunaku luli nga lunaatera okutuuka.*
>
> *Abaebbulaniya 10:23-25*

Nga bwe tuyize mu kitabo kino, okukungaana awamu era n'okusabira awamu kikulu nnyo era birina amaanyi okukyuusa ekitundu! Mwenyweze ku ssuubi lyemulina mu Yesu Kristo, muzzinganemu amaanyi era temulekangayo kukungaananga wamu.

Waliwo olugero olugamba nti: *'bw'oba oyagala okwanguwa, genda wekka. Bw'oba oyagala okugenda ewala, gendera wamu n'abalala nga muli bangi.'*

Bwetuba twagala okugumiikiriza ebiseera ebizibu, twetaaga abantu bannaffe abatwetoolodde abagenda okutujjukiza ku bwesigwa bwa Katonda era batuzzeemu amaanyi tusobole okugenda mu maaso mu buli mbeera.

**3. Temulekangayo kukola bulungi**

> *Tuleme okuddiriranga mu kukola obulungi: kubanga bwe tutakoowa, ebiro bwe birituuka, tulikungula, nga tetuzirise.*
>
> *Abaggalatiya 6:9*

Kisoboka ffe okwanguyirwa okuterebuka mu kukola ebintu ebirungi bwetutalaba njawulo yonna oba bwetuwulira nti abantu tebalabye muwendo gwa birungi byetubakoledde. Naye Katonda asuubiza nti bwetusigalanga tugenda mumaaso tugenda kukungula amakungula. Buli ky'okola mu kukkiriza n'okwagala eri abalala, tolekeranga awo kukikola kubanga kikola enjawulo wadde nga togiraba! Katonda alaba byokola. Wagenda kubaawo empeera y'abo abanyiikira okukolera Katonda, empeera teribeera ssente naye empeera y'Obwakabaka bwa Katonda.

Nekisembayo, ekisumuluzo kyokulemerako kwekusigala nga otunuulidde Yesu. Yesu yayita mu kugezesebwa kungi era n'ebizibu n'okugaanibwa n'okugenda ku musaalaba olw'essanyu eryamuli mu maaso. Tusigala nga tumutunuulidde eyakola ebyo byonna nawangula naffe tulyoke tusobole okuwangula nga tuyise mu Yesu.

Essuubi lyetulina mu Mukama Yesu Kristo liri nti buli ekibaawo mu bulamu buno, abeera naffe era naffe tulibeera naye emirembe gyonna.

**Ebibuuzo: Toterebukanga!**

- Kiki ekyaali kikuzzizzaamu amaanyi mu biseera ebizibu gye buvuddeko?
- Ani gw'omanyi nga muntu mulungi mukukuzzaamu amaanyi? Kiki ekimufuula omulungi mu kukuzzaamu amaanyi?

- Baani abakwetoolodde b’osobola okwebuuzaako basobole okukuzzaamu amaanyi mu kweyongerayo mukukulembera Ekibiina ky’Obulamu (Bano bayinza n’okubeera abantu bennyini abali mu Kibiina Ky’Obulamu)

**Ebyafaayo by’Ekibiina ky’Obulamu**

Dignity kibadde kikola n’abantu bekyaalo mu Siavonga okuviira ddala mu mwezi gwomusanvu mu 2012. Ebibiina by’Obulamu ebyali bitandikiddwawo byaali bitono naye byali tebinnakula oba okutandikawo Ebibiina by’Obulamu ebipya. Abakozi ba Dignity baalina okugumiikiriza mu mbeera eno n’okukkiriza Katonda okubayamba. Webaayagalira okuterebuka, nebagenda mu maaso. Ab’ekibiina nebasalawo lubeerera okukyaaliranga ebitundu nga basisinkana abantu Katonda beyali yateeka eyo okukulembera Ebibiina by’Obulamu okuleera enkyuukakyuuka mu bitundu. Emiti egy’amaanyi egya Katonda! Okuva mu mwezi gw’omunaana 2018 bannakibiina bazudde abantu abeeteefuteefu okutandika Ebibiina by’Obulamu. Okuva mu kiseera ekyo Ebibiina by’Obulamu byatandika okubeerawo. Omu ku bannakibiina yagamba bwati: *“okulemerako kwaffe mu Siavonga kuwangudde okuziyizibwa kwetwasanga.”*

**Saba**

Sabira obugumiikiriza obutaterebukanga mu biseera ebizibu. Sabira Ekibiina kyo eky’Obulamu kireme okuterebuka mukukungaananga awamu era n’okukola obulungi. Webaze Katonda olw’ebintu ebirungi by’oyize ebigenda okukuyamba okugabana okwagala kwa Yesu n’obubaka bwe wamu n’abalala.

**Eky’okulola wiiki eno**

Mweyongere okukungaana nga Ekibiina ky’Obulamu mu kifo kye kimu, olunaku ne ssaawa.


Wiiki eno, nga olukungaana lw’Ekibiina ky’Obulamu terunnatuula oba nga lutudde, mumaleko ekiseera nga mujaguliza wamu. Nnyonnyola nti mumalirizza **Olugendo lw’omu Kyaalo.** Kubanga kisaanidde okujaguza! Nammwe mutandise okukungaana nga Ekibiina ky’Obulamu nga muli wamu. Kino kisaanye okujaguzibwa! Mumale ekiseera nga mujjukira ebintu byonna Katonda byabayigirizza ne ssaala zazzeemu mukukungananga awamu.

Munoonyeyo engeri yokutenderezamu nga muli wamu. Musobola okuyimba oluyimba, okugabana ebibakwatako byemuyiseemu n’abalala, musobola okuwangana ssente oba ebiseera okusobola okuyamba omuntu yenna n’eba nga engeri yokuddiza Katonda ettendo.

Musabire buli muntu alimu Kibiina kyammwe eky’Obulamu. Musabe Katonda okubawa obulamu obupya, abazimbe okufuuka emiti egy’amaanyi egisaasaanya okwagala n’obubaka bwa Yesu eri abalala. Musabire Ekibiina ky’Obulamu kisobole okukolera awamu okusobola okuteekawo enjawulo mu kyaalo kyammwe.

**Baako by’owandiika**

- Mwakunngaanako n’Ekibiina kyo eky’Obulamu okujaguza n’okwebaza Katonda? Mwajaguza mutya?
- Mwawulira mutya mu kujjukira Katonda byabakoledde okuyita mu kitabo kino?
- Muwulira nga muli basanyufu ku lwebiseera byomumaaso eby’Ekibiina kyammwe eky’Obulamu?



**Wiiki eno, kola entegeka eyokusisinka omuntu gw'okwatagana naye**

- Abantu bagambe nti mumalirizza ***Olugendo Lwobulamu***era nti amasomo gaali makulu nnyo gy'oli.
- Babuulire engeri Ekibiina ky'Obulamu kyemwatandika gyekitambulamu. Bwe muba mufuna okusoomoozebwa osobola okugabana n'omuntu gwokolagana naye. Agenda kusobola okukuzzaamu amaanyi.
- Tegeka ebibuuzo byobategekedde ebikwata ku Dignity oba okutandika Ekibiina ky'Obulamu.
- Bw'oba oyagala okweyongera n'olugendo luno era n'okuyiga ***Olugendo Lwomukitundu*** yogera n'oyo gwokolagana naye ku nsonga eno. Kyandibadde kirungi okutwalako ekiseera okwefumiitiriza ku ebyo by'oyize era n'okwemanyiiza okukulembera Ekibiina ky'Obulamu nga tonnatandika ku kitabo ekiddako. Naye, kirungi okukola entegeka ddi lw'ogenda okutandika ***Olugendo Lwomukitundu***. Kino kigenda kukuyamba okusigala nga oli ku mulamwa.



**Eby'okukola Ebirala**
Bino bijja kukuyamba okulowooza ku by'oyize, obiteeke mu nkola era onnyikire mu kutegeera. Tekikwetaagisa kukola mirimu gyonna egyeyongerako naye twagala okukuzzaamu amaanyi obeere nga okolako gumu oba ebiri mu buli ssomo. Oli wa ddembe okulondako gw'owulira nga gwe gusinze okukuyamba oba ogukunyumira ennyo!

**Eky'okulondako 1:** Tunulako emabega ku Ssomo 1 n'eryo 2 ne mirimu gy'obadde okola egikuyambye okulowooza ku mbeera eriwo mu kyaalo kyo. Wandiika ebisoomooza by'olabye.

- Omuntu eyali abonaabona yawona?
- Waliwo eyalokoka?
- Abantu abomumakanisa ag'enjawulo batandise okukolera awamu?
- Abantu batandise okuyambagana? Kino bakikola batya?
- Abantu batandise okukozesa ebirabo byabwe mu Bibiina by'Obulamu ne mu kyaalo?

Twesunga okuwulira ebibafaako tujagulizeko wamu nammwe, tegeezaako oyo gw'okolagana naye ku by'okuddamu byo eri ebibuuzo ebyo waggulu.

**Eky'okulondako 2:** Wandiika akagero akampimpi ku muntu asisinkanye okusoomoozebwa era weteeke mu mbeera eraga nti omuntu oyo agenda kuterebuka abiveemu. Mu lugero lwo, wandiika engeri Katonda gyamuzzaamu amaanyi, oba oli awo okuyitira mu muntu omulala, okumuyamba okugumiikiriza asigale nga agenda mu maaso.

**Eky'okulondako 3:** Ekitabo kino kiweko omuntu omulala gw'olowooza nti Katonda amuyita okugabana okwagala n'obubakabwe mu kitundu. Weweeyo okubeera omuntu gwakolagana naye, awomukwano mu lugendo lwe. Oyinza okumuyamba okutandika ku lugendo olwewuunyisa ne Katonda!

**Mukulikire ddala!**

Kaakano mumalirizza ***Olugendo Lwomukyaalo***! Tusuubira mufunye amaanyi era musoomoozebbwa n'ebyo bye muyize. Tusaba nti Katonda abakozese okuleeta enkyuukakyuuka mukyaalo kyammwe ne mu bulamu bwe byaalo.

Ekitabo kino asobola okukiwaako omulala aviira ku kyaalo ekirala basobole nabo okutandikayo Ekibiina ky'Obulamu.

Beera nga okwatagana n'omuntu gwokolagana naye era omumanyise kiki ky'okoze okutuusa kati. Bw'oba tolina muntu gwokolagana naye osobola okuweereza email gyetuli ku hello@dignityonline.org.uk oba tutuukirire ku WhatsApp ku +447340573937.

Mu kiseera kino osaanidde okuba nga oteeka mu nkola buli ky'oyize mu kitabo kino era nga oddukanya Ekibiina ky'Obulamu. Nga tonnaba kugenda ku kitabo ekiddako, twagala okukuyamba okukusobozesa okusimba omulimu gwa Katonda okusinga okugusomako obusomi. Kino kye kiseera ggwe okusiga mu bantu abomu Kibiina kyo Eky'Obulamu basobole okufuuka emiti egy'amaanyi era n'okugabana okwagala kwa Yesu mu kyaalo!

Bw'oba onyumiddwa ***Olugendo Lwomukyaalo*** era nga oyagala okweyongera mu lugendo lwo, osobola okubuuza oyo gwokolagana naye akubuulire kubikwata ku kitabo ekiddako. ***Olugendo Lwomukitundu*** lukutendeka okusobola okukula era nokugaziya omulimu gw'Ebibiina byabwe Eby'Obulamu, okutandika Ebibiina by'Obulamu ebirala era n'okuyamba Ebibiina by'Obulamu okweyongera.

# Olukalala lw'ebifaananyi

| | |
|---|---|
| Olupapula olwokuddiba ly'omu maaso | Ebifaananyi byakubibwa Concha Mayo ku Unsplash |
| Essomo 1 | Ekitooke - ebifaananyi byakubibwa Jametlene Reskp ku Unsplash |
| Essomo 1 | Banyan - ebifaananyi byakubibwa Brandon Green ku Unsplash |
| Essomo 2 | Ebifaananyi byakubibwa Jon Tyson ku Unsplash |
| Akasanduuko k'ebikukozesebwa: Tambula ne Yesu | Ebifaananyi byakubibwa Hu Chen ku Unsplash |
| Essomo 3 | Ebifaananyi byakubibwa Loren Joseph ku Unsplash |
| Essomo 4 | Ebifaananyi byakubibwa Roman Nguyen ku Unsplash |
| Akasanduuko k'ebikukozesebwa: Okuteekateeka Abantu ba Katonda | Ebifaananyi byakubibwa Ratanjot Singh ku Unsplash |
| Essomo 5 | Ebifaananyi byakubibwa Nick Fewings ku Unsplash |
| Essomo 6 | Ebifaananyi byakubibwa Denys Argyriou ku Unsplash |
| Akasanduuko k'ebikukozesebwa: Beera Omusumba | Ebifaananyi byakubibwa Nick Fewings ku Unsplash |
| Essomo 7 | Ebifaananyi byakubibwa Trevor Cole ku Unsplash |
| Essomo 8 | Ebifaananyi byakubibwa Trevor Cole ku Unsplash |
| Akasanduuko k'ebikukozesebwa: Okuyiga Obutakkiriziganya | Ebifaananyi byakubibwa Sheir Hooley ku Unsplash |
| Essomo 9 | Ebifaananyi byakubibwa Zoltan Tasi ku Unsplash |
| Essomo 10 | Ebifaananyi byakubibwa Maxime Agnell ku Unsplash |
| Olupapula olwokuddiba ly'emabega | Ebifaananyi byakubibwa Free-Photos ku Pixabay |

# - OLUGENDO -

Abatume be baali abantu ab'atumibwa mu ntandikwa y'ekkanisa. Pawulo n'abatume abalala b'atambula engendo empanvu ennyo ez'okukkiriza. B'azuula enkola ez'okubuulira abantu ku bubaka bwa Yesu era b'atwala ebiseera okulaga okwagala kwa Yesu n'amaanyi ge mu bitundu by'ebyaalo bingi. Okuva ku ntandikwa b'ayigiriza abantu okutambulira mu mazima ga Yesu, okusaasaanya obubaka nga beteekera okwagala kwa Yesu mu nkola. Kino tekyesigamizibwa ku batume bokka, kyesigamizibwanga ku buli kinoomu mu bo.

Kati ggwe wano w'oyingiriramu. Dignity ezimbye omusomo oguyitibwa ***Olugendo***, okukuyamba okutambulira mu bigere by'abagoberezi ba Yesu abaasooka. Twagala ggwe obeere nga oyiga engeri y'okwetwalira eddaala eryo.

Mukuyigirizibwa kw'***Olugendo*** ojja kuba n'omukisa gw'okumanya engeri y'okukolera awamu ne Katonda, nga otandikira mu kitundu ky'ekyaalo kyo oba mu kifo mw'owangaalira. Tekigenda kukwetaagisa kugenda mu ssomero. Ogenda kubeera nga oyigira awo wooli, wamu ne mikwano gyo egikwetoolodde. Omusomo gye gunaagenda nga gweyongera ogenda kugabana obubaka bwa Yesu n'okwagala kwe okwa buli lunaku mu bitundu mw'obeera.

***Olugendo*** lusengekeddwa mu butabo buna. Mu buli katabo ogenda kuyigiramu engeri y'okugabana okwagala kwa Yesu n'obubaka bwe nga otondawo Ebibiina by'Obulamu oba okuyamba obalala okukikola. Kikulu okuba nga oteeka mu nkola ebyo ebikwetaagisa n'emirimu. Kino kigenda kukuyamba okusimba omulimu gwa Katonda nga ogulaga mu bikolwa okusinga okugusomako obusomi. Olwo olyoke ogende ku katabo akalala nga omulimu gw'otadde mu nkola guggweredde ddala.

***Olugendo Lwomukyaalo*** luyamba abantu ssekinnoomu okutegeera embeera eba eriwo mu kiseera kyennyini kye baba balimu mu kyaalo kyabwe era n'engeri Ekibiina ky'Obulamu gye kiyinza okuleeta okwagala kwa Yesu n'okuzimba obumu. Akatabo kano we kaggwerako nga buli omu atandiseewo Ekibiina ky'Obulamu.

Tutuukirire ku **hello@dignityonline.org.uk** oba ku **+447340 573 937**.
Okulaba emitwe gyonna ne miwendo gya ssente kyalira omutimbagano gwaffe guno: **www.dignityonline.org.uk/publications**

Luganda 2nd Edition

Ekitongole ©Dignity kye kinnannyini musomo guno, era kye kyesigaliza obuyinza bwonna obw'okufulumya omusomo guno mu nsengeka yaagwo. Kyawandiisibwa mu butongole nga ekibiina ekigaba obuyambi ku no. 1122656. Dignity (Worldwide) kitongole ekyawandiisibwa mu mateeka mu Bungereza ne mu Wales ku no. 6394480 era nga amabanja gaakyo galina kusasubwa gavument singa gazitowerera Dignity.

DIGNITY

www.dignityonline.org.uk